

## ***ESSAALA EY'OKWEGAYIRIRA.***

Olusoma luno luli kitundu ku “Harvestime International Institute, ng’enteekateeka egenderera okuyamba abakkiriza okufuna amakungula g’omwoyo agatuukiridde.

Omulamwa omukulu mu kutendekebwa kuno kwe kusomesa ekyo Yesu kyeyasomesa, ekyaleetera abavubi, abawooza n’abalala okufuuka abakristaayo ab’omugaso, abaatambula amawanga n’enjiri nga boolesa amaanyi.

Ekitabo kino ssomo ery’etongodde ku ago agasomesebwa, okuseeseetula abakkiriza okuviira ddala ku kwetaba nga bayita mu busigire, okw’ekubisaamu, okwetegeka n’okwekuhhaanya okutuuka ku kiruubirirwa eky’okubuulira enjiri.

© Harvestime international institute

<http://www.harvestime.org>

## EBIRI MU KITABO KINO.

Enkozesa y'ekitabo.....	3
Ebyandikoledwa abasomera mu bibinja. ....	4
Ennyanjula y'olusoma. ....	5
Ebigendererwa by'olusoma. ....	6
1. Ennyanjula ku ssaala. ....	7
2. Essaala ey'okwegayirira. ....	14
3. Ebikozesebwa eby'omwoyo olw'okwegayirira. ....	21
4. Engeri y'okwegayirira. ....	33
5. Ebiziyiza okwegayirira okutuukiridde. ....	42
6. Okweyambisa essaala ey'okyokulabirako mu kwegayirira. ....	46
7. Okwegayirira olw'okuzzibwa obuggya. ....	57
8. Okutandikako n'okusigala nga weeyongerayo. ....	70
Okujuliza okusooka: Obulambe bw'essaala eziri mu Baibuli. ....	79
Okujuliza okwokubiri: Okuluhhanya mu kusoma: okwegayirira okwa Baibuli. ....	95
Eby'okuddamu ku bibuuzo by'okwegezaamu. ....	96

## ENKOZESA Y'EKITABO KINO.

### (Ensengeka y'ekitabo)

Buli ssomo lirimu bino:

**Ebigendererwa:** Bino by'oba osuubira okutuukako oluvannyuma lw'okusoma essuula. Bisomeemu nga tonnatandika ssomo.

**Olunnyiriri olukulu:** Luno olunnyiriri luba luteeka essira ku kintu ekikulu ekiri mu ssuula, osaana olukwate.

**Ebiri mu ssuula:** Soma ekitundu weeyambise Bayibuli ojulize ebyo ebiteereddwa mu kitabo kino.

**Okwegezaamu:** Funa omulimu gw'okwegezaamu oluvannyuma lw'okusoma essuula. Gezaako okuddamu ebibuuzo nga teweyambisa Bayibuli yo yadde ekitabo kino. Bw'omaliriza okwegezaamu, genda ozuule ebiddibwamu ku ebyo ebikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.

**Okweyongerayo okusoma:** Ekitundu kino kijja kukuyamba okweyongera okusoma ekigambo kya Katonda, okulongoosa engeri gy'osoma n'okugiisa ebyo by'osomye mu bulamu bwo ne mubuweereza.

**Ebigezo ebyakamalirizo:** Bwoba nga weetabye mu lusoma luno, waweebwayo ebigezo eby'akamalirizo, era ku nkomerero y'olusoma luno oteekeddwa okubikola byonna bw'omala obikomyewo ku mutendera omulala okusuumuusibwa ku ddaala nga bwe kirina okuba.

## EBINTU EBIRALA EBYETAAGIBWA.

Weetaaga Bayibuli eya King James version.

## **EBYANDIKOLEDDWA ABASOMERA MU BIBINJA.**

### **OLUTUULA OLUSOOKA.**

**Okuggulawo:** Mugguleewo na kusaba olwo mweyanjule. Funa ebyetagisa era owandiike abayizi.

**Tegeka ebinaagoberewanga mu kibinja:** Funayo anaakubiriza entuula ezo, obudde, ekifo, n'ennaku zokutuulirangako.

**Okutendereza n'okusinza:** Mwanirize okubeerawo kw'omwoyo omutukuvu mu musomo gwammwe.

**Gabira abayizi ebitabo:** Banjulire omutwe gw'ekitabo, ensengeka yaakyo n'ebigenderewa by'olusoma nga bwe kiba kirambikiddwa mu miko egisooka mu kitabo.

**Tegeka omulimu ogusooka:** Abayizi bajja kusoma essuula eziba zibaweereddwa era batwale ebyokwegezaamu nga tebanaddamu kutuula mulundi guddako. Obungi bw'essuula ez'okusoma mu buli lutuula bujja kusinziira ku buwanvu bwazo, ebirmu, n'obusobozi bw'ekibinja kyo.

### **OLUTUULA OLWOKUBIRI N'EZIDDIRIRA.**

**Okuggulawo:** Musabe, yaniriza era owandiise abayizi abapya bonna era obagabire n'ebitabo. Abaliwo beewandiise. Mweweeyo akaseera k'okutendereza n'okusinza.

**Okwejjukanya:** Mubufunze bajjukize ku bye mwayigako mu lutuula olwayita.

**Essomo:** Nnyonyola buli kitundu ekiri mu ssuula, nga weyambisa emitwe egiri mu nnukuta z'ekyapa enkwafu nga bw'olambika. Buuza abalina ebibuuzo oba ensonga yonna ku bisomeseddwa. Giisa ebisomeseddwa mu bulamu bwabwe n'obuwereza.

**Okwegezaamu:** Yita mu byokwegezaamu ebyaggwa. (**Weetegerere;** Bw'oba nga toyagala bayizi kulaba biddibwamu biri mu kitabo, empapula kwe biri osobola okuzijjamu mu kitabo).

**Okweyongera okusoma:** Bino bisobola okukolebwa omuntu kinoomu oba ng'ekibinja.

**Ebibuuzo ebyakamalirizo:** Bwe kiba ng'ekibinja kyo kiri kitundu ku lusoma luno, era ofuna ebigezo ebyakamalirizo ku lusoma luno lwenyini. Fulumiza buli muyizi omulimu ogugwe era otwale obuvunanyizibwaku bigezo ebyo okutuuka ku nkomerero y'olusoma.

## ENNYANJULA:

Onootera okutandika ku lugendo lw'ebyo omwoyo ebisannyusa. Mu miko gy'ekitabo kino ojja kuyiga ku kyetaago eky'amaanyi ekitali kyabulijjo ekiri mu mubiri gwa Kristo, eky'essaala ey'okwegayirira.

Mu ssomo lino, ojja kuyiga essaala ey'okwegayirira kye kitegeeza n'engeri y'okukikola obulungi ng'okozesa ebyetaago eby'omwoyo ebyenjwawulo ebyateekebwawo olw'omulimu guno. Ojja kuyiga eby'okusabira, engeri y'okuvvuunuka ebiziyiza essaala y'okwegayirira n'okutandikako wamu n'okusigala nga weeyongerayo.

Obulamu bwo obw'omwoyo n'obuweereza bwo tebirisigala ky'ekimu. Oli mwetegefu okutandika olugendo lwo eri amagenda g'omwoyo gano agasanyusa?

Waliyo ekifo gy'otosobolera kukwata ku maaso

G'abazibe okufuna okulaba okwembagirawo;

Waliyo ekifo gy'otosobolera kugamba "Golokoka"

Eri abawambe abafa, abasibiddwa enjegere mu kiro.

Waliyo ekifo gy'otosobolera kutuuka mu tterekero

Lya zzaabu ow'omuwendu n'omuggyayo ku lwa Mukama;

Waliyo ekifo ekiri ku lubalama olw'ewala

Gy'otosobola kutuma mukozi oba ekigambo;

Waliyo ekifo amaanyi g'eggulu agalemesa okuddibwamu

Okuddibwamu we gakolera kw'oyo asaba obuteddiza:

Waliyo ekifo eky'okusisinkaniramumu mu kasirise.

Ekyo Katonda yennyini mw'akkira n'alwanirira ggwe;

Ekifo ekyo eky'ekyama kiri wa? Tobuza wa?

Ggwe emmeeme, ky'ekifo eky'essaala eky'ekyama!

Omuwandiisi Tamanyiddwa.

## **EBIGENDERERWA EBY'OLUSOMA.**

Ng'olusoma luno luwedde, onooba osobola:

- Okunnonnyola essaala.
- Okunnonnyola engeri essaala gy'eddibwamu.
- Okufunza obukulu bw'essaala mu bulamu bwa Yesu Kristo.
- Okuzuula emitendera gy'essaala.
- Okuzuula ebika by'essaala eby'enjawulo.
- Okunnonnyola essaala ey'okwegayirira.
- Okunnonnyola ekyesigamizibwako mu Baibuli eri obuweereza bw'omukkiriza ng'omwegayirizi.
- Okuzuula Yesu Kristo ng'ekyokulabirako kyaffe eky'okwegayirira.
- Okunnonnyola engeri okwegayirira gye kukolebwamu.
- Okunnonnyola lwaki okwegayirira kwamugaso.
- Okweyambisa ebyetaago eby'omwoyo olw'okwegayirira, omuli amaanyi n'obuyinza ebyatuweebwa okusiba n'okusumulula, erinnya lya Yesu, omusaayi gwa Yesu, n'okusiiba.
- Okunnonnyola engeri y'okwegayirira.
- Okufunza ennono z'okwegayirira ezituukiridde.
- Okuzuula ekyo eky'okwegayirira.
- Okweyambisa ebisuubizo bya Katonda mu kwegayirira.
- Okuzuula n'okuggyawo ebiziyiza by'okwegayirira okutuukiridde.
- Okumanya ddi lw'otosaba.
- Okuwa okujuliza kw'ebyawandiikibwa ng'ekyokulabirako eky'essaala.
- Okunnonnyola lwaki essaala ya Mukama waffe, ssaala ddala ey'okwegayirira.
- Okuddamu essaala y'ekyokulabirako ng'okuluhhanya mu kwegayirira.
- Okunnonnyola okuzzibwa obuggya.
- Okunnonnyola engeri gye tuyinza okwetegekeramu okuzzibwa obuggya.
- Okumanya ddi okuzzibwa obuggya lwe kwetaagisibwa.
- Okuzuula ebiraga embeera y'okuseerera.
- Okufunza ennono za Baibuli ez'okuzzibwa obuggya.
- Okuzuula emiziziko egiri mu kuzzibwa obuggya.
- Okunnonnyola engeri y'okukozesa "enteekateeka ya Katonda ey'okuzzibwa obuggya" okwegayirira olw'okuzzibwa obuggya.
- Okukola enteekateeka y'essaala esengekeddwa obulungi.
- Okukolayo ekitabo eky'essaala.
- Okwetaba mu kwegayirira okw'amawanga ag'enjawulo.
- Okuzuula ebizibu n'engeri z'okubivvuunukamu ng'otandiseeko n'okusigala nga weeyongerayo.
- Okwewaayo wenna eri obuweereza obw'okwegayirira.

## ESSUULA ESOOKA.

### ENNYANJULA KU SSAALA.

#### EBIGENDERERWA:

Bw'onomala essuula eno, onooba osobola:

- Okunnonnyola essaala.
- Okunnonnyola engeri essaala gy'eddibwamu.
- Okufunza obukulu bw'essaala mu bulamu bwa Yesu Kristo.
- Okuzuula emitendera gy'essaala.
- Okuzuula ebika by'essaala eby'enjawulo.

#### ENNYIRIRI ENKULU.

**Musabe, munaaweebwa. Munoonye, munaazuula. Era mukonkone munaggulirwawo.**

**Kubanga buli asaba awebwa, n'oyo anoonya, azuula, n'oyo akonkona aggulirwawo. (Matayo 7:7-8).**

#### ENNYANJULA.

Essuula eno etwanjulira ekinyusi ky'essaala. Ojja kuyiga okunnonnyola okw'essaala n'omugaso Yesu gwe yagiteekako. Ojja kuyiga engeri essaala gy'eddibwamu n'emitendera wamu n'ebika by'essaala.

#### OKUNNONNYOLA KW'ESSAALA.

Essaala kwe kuwuliziganya ne Katonda. Kuba mu ngeri ez'enjawulo, naye kusinga kubaawo ng'omuntu ayogera ne Katonda era nga Katonda ayogera n'omuntu. Essaala ennyonnyolwa bweti;

- |                                  |                                   |
|----------------------------------|-----------------------------------|
| • Okukowoola erinnya lya Mukama  | Oluberyebereye 12:8.              |
| • Okukaabira Katonda.            | Zabuli 27:7, 34:6.                |
| • Okusemberera Katonda.          | Zabuli 73:28, Abaebbulaniya 10:23 |
| • Okutunula waggulu.             | Zabuli 5:3                        |
| • Okuyimusa emmeeme.             | Zabuli 25:1                       |
| • Okuyimusa omutima.             | Zabuli 62:8.                      |
| • Okuyiwa emmeeme.               | 1 Samwiri 1:15.                   |
| • Okukaabirira eggulu.           | 2 Eby'omumirembe 32:20.           |
| • Okwegayirira Mukama.           | Okuva 32:11.                      |
| • Okunoonya Katonda.             | Yobu 8:5.                         |
| • Okunoonya obwenyi bwa Katonda. | Zabuli 27:8.                      |
| • Okuleeta okwegayirira.         | Yobu 8:5, Yeremiya 36:7.          |

Essaala si kwogera bwogera na Katonda, kubaamu n'okuwuliriza. Essaala kuba kuwuliziganya, era okunyumya okw'omu tekulwawo. Bw'osaba, suubira Katonda okwogera naawe. Ebiseera ebisinga kino ajja kukikola ng'ayita mu Kigambo kye oba mu "ddoboozi ettono ery'eggonjebwa" eriba "ng'eryogera" eri omutima gwo. Oluusi ayinza okukuwa okwolesebwa oba okuddamu okwetegereza mu mwoyo ebyo by'osabidde mu lulimi lwo olw'okusaba ol'weggulu.

Topakuka ng'oleeta buli ky'oyagala okusaba eri Katonda ate n'omaliriza okusaba. Muweeyo akadde ayogereko naawe. Ajja kukuwa eby'okuddamu ku bibuuzo byo, okuluhhamya kw'olunaku oluddako, n'okukuyamba okutegeka by'osinga okwetaaga. Oluusi ayinza okukuwa obubaka obw'enjawulo obuzzaamu amaanyi obw'okugabana n'oyo gw'oba weegayiririra.

Tewali ngeri ntongole gy'olina kubeeramu ng'osaba. Osobola okusaba nga;

- Oyimiridde: 1 Bassekabaka 8:22, Makko 11:25.
- Ovunnama: Zabuli 95:6.
- Ofukamidde: 2 Eby'omumirembe 6:13, Zabuli 95:6, Lukka 22:41, Ebikolwa 20:36.
- Ogwa n'ovunnama: Okubala 16:22, Yoswa 5:14, 1 Eby'omumirembe 21:16, Matayo 26:39.
- Oyanjala emikono gyo ku ttaka: Isaaya 1:15, 2 Eby'omumirembe 6:13.
- Oyimusa emikono: Zabuli 28:2, Okukungubaga 2:19, 1 Timoseewo 2:8.

#### **ENGERI ESSAALA GY'EDDIBWAMU.**

Baibuli etubikkulira nti essaala eddibwamu;

- Mbagirawo ebiseera ebimu: Isaaya 65:25, Danyeri 9:21-23, Lukka 18:7.
- Erwawo oluusi: Lukka 18:7.
- Okwawukanako ne byetwagala: 2 Abakolinso 12:8-9.
- Okusingako ne bwe tusuubira: Yereimiya 33:3, Abaefeso 3:20.

#### **OBULAMU BWA YESU OBW'OKUSABA.**

Essaala eteekwa okuba nga yamugaso kubanga yali yamugaso eri Mukama waffe Yesu. Yesu ky'ekyokulabirako kyaffe ekisinga eky'essaala ey'okwegayirira. Soma ebijulira bino ku bulamu bwa Yesu obw'okusaba.

#### **YESU YAFUULA ESSAALA EKYETAAGO EKISINGA:**

- Yasaba mu budde bwonna obw'emisana oba ekiro: Lukka 6:12-13.
- Essaala yamusingira okulya: Yokaana 4:31-32.
- Essaala yamusingira eby'enfuna: Yokaana 4:31-32.
- Yayigirizanga abayigirizwa be essaala ye: Matayo 6:9-13.



## ESSAALA YAGOBBERERANGA BULI KYE YAKOLANGA EKYOMUGASO MU BULAMU BWE:

- Ku kubatizibwa kwe: Lukka 3:21-22.
- Omulundi gwe ogwasooka ku lugendo olw'obuwereza: Makko 1:35, Lukka 5:16.
- Nga tannalonda bayigirizwa be: Lukka 6:12-13.
- Nga tannaba era ng'amaze okuliisa abantu 5000: Matayo 14:19, 23, Makko 6:41, 46, Yokaana 6:11, 14-15.
- Mu kuliisa abantu 4000: Matayo 15:36, Makko 8:6-7
- Nga Peetero tannayatula: Lukka 9:20.
- Nga tannafuusibwa: Lukka 9:28, 29.
- Mu kudda kw'abo ensanvu mu omusanvu. Matayo 11:25, Lukka 10:21.
- Ku ntaana ya Lazaaro: Yokaana 11:41-42.
- Mu kuwa abaana omukisa: Matayo 19:13.
- Ku kujja kw'aba Yonaani: Yokaana 12:27-28.
- Ku lwa Peteero: Lukka 22:32.
- Ku lw'okuwa Omwoyo Mutukuvu: Yokaana 14:16.
- Mu kubo ng'agenda Emawu. Lukka 24:30-31
- Ng'anatera okugenda mu Ggulu. Lukka 24:50-53.
- Ku lw'abagoberezi be: Yokaana 17.
- Nga tannaba kugezesebwa: Matayo 26:26-27, Makko 14:22-23, Lukka 22:17-19.

## EMITENDERA GY'ESSAALA.

Mu ssaala mulimu emitendera emikulu esatu: okusaba, okunoonya, n'okukonkona.

**Musabe, munaaweebwa. Munoonye, munaazuula. Era mukonkone munaggulirwawo.**

**Kubanga buli asaba awebwa, n'oyo anoonya, azuula, n'oyo akonkona aggulirwawo. (Matayo 7:7-8)**

Okusaba gwe mutendera gw'essaala ogusooka: kuno kuba kutuusa kusaba kwo eri Katonda n'ofunirawo ekyokuddamu mbagirawo. Okusobola okufuna, akakwakulizo kali kusaba;

**...kubanga mulemeddwa okubisaba. (Yokobo 4:2)**

Okunoonya kintu kya ssaala ekyomunda. Kiba kitundu ky'essaala ebyokuddamu mwe bitajjira mbagirawo nga bwe kiri ku mutendera ogwookusatu.

Ekikumi mw'abiri (120), baakuhhanira mu kisenge eky'awaggulu gye beeyongerera okusaba. Kino kyakulabirako kya kunoonya. Abasajja n'abakazi bano baanoonya okutuukirizibwa kw'ekisuubizo eky'omwoyo omutukuvu era beeyongerayo ddala okutuusa lwe baafuna okuddibwamu (Ebikolwa 1-2).

Okukonkona nagwo mutendera gwa munda nnyo. Eno y'essaala ey'okulemerako singa ebyokuddamu birwawo okufunika. Kino kiragibwa mu lugero lwa Yesu lwe yanyuma mu Lukka 11:5-10. Era kulagibwa mu kulemerako kwa Danyeri eyeeyongerera "okukonkona" ng'oggyeko okuba nti yali tannalaba ekyo kyeyali asabidde kubanga Sitaani yaziyiza okuddibwamu kwe okuva ewa Katonda (Danyeri 10).

## **EBIKA BY'ESSAALA.**

Paulo akoowoola abakkiriza okusabanga bulijjo “Essaala yonna” (Abaefeso 6:18). Enzivvunula ya Baibuli endala egamba; “Okusaba n’essaala yonna.” Kino kitegeeza ebika by’essaala eby’enjawulo omuli:

### **1. OKUSINZA N’OKUTENDEREZA:**

Yingira mu kubeerawo kwa Mukama n’okusinza n’okutendereza:

**Muyingire mu miryango gye nga mwebaza, ne mu mpya ze n’okutendereza; mumwebaze mutendereze erinnya lye. (Zabuli 100:4)**

Okusinza kwe kussa ekitiibwa n’okwewaayo. Okutendereza kwe kwebaza n’okulaga okusiima kwo si lw’ebyo byokka Katonda by’akoze naye olw’ekyo kyali. Oli wa kusinza Katonda mu mwoyo ne mu mazima.

**Naye ekiseera kijja, era kituuse, abo abasinza mu mazima bwe banaasinzizanga Kitaffe mu mwoyo ne mu mazima. Kubanga Kitaffe anoonya abo abamusinza era n’abo abamusinza kibagwanira okumusinzanga mu mwoyo ne mu mazima.**

**Kubanga Katonda Mwoyo n’abo abamusinza kibagwanira okumusinza mu mwoyo ne mu mazima. (Yokaana 4:23-24).**

Okusinza Katonda mu mwoyo kitegeeza okumusinza ng’osinziira ku ekyo ekibikkuliddwa mu kigambo kya Katonda. Okumusinza mu mwoyo kwe kukikola ng’okitegeeza mu maanyi ag’omwoyo Omutukuvu, okuva mu ndaayo, n’omusukkulunya ku byonna. Bw’osinza mu mwoyo, okkiriza Omwoyo Omutukuvu okuluhjama okusinza kwo. Tokozesa magezi na nkola za muntu oba obulombolombo bw’okusinza. Tomala gaddihjana nnyimba, oba essaala mu ndowooza yo wonna wosanze.

Wabula ggulawo ebisenge by’omutima gwo eby’omunda, oyimuse ettendo n’okwagala kw’olina gy’ali mu bigambo byo. Ebiseera ebimu, Omwoyo Omutukuvu ajja kukulemberamu wonna era ojja kutandika okusinza mu “nnimi endala” ez’olulimi lwo olw’okusaba.

Okutendereza n’okusinza biyinza okuba:

- Okuyimba: Zabuli 9:2, 11, 40:3, Makko 14:26.
- Okutendereza mu ddooboozi ery’awaggulu: Zabuli 103:1.
- Okuleekaana: Zabuli 47:1.
- Okuyimusa emikono waggulu: Zabuli 63:4, 134:2, 1 Timoseewo 2:8.
- Okukuba engalo: Zabuli 47:1.
- Ebivuga: Zabuli 150:3-5.
- Okuyimirira: 2 Ebyomumirembe 20:19.
- Okuvunna: Zabuli 95:6.
- Okuzina: Zabuli 149:3.

- Okufukamira: Zabuli 95:6
- Okugalamira wansi: Zabuli 149:5.

## 2. OKWEWAYO.

Eno y'essaala ey'okuwaayo obulamu bwo n'okwagala kwo eri Katonda. Mubaamu essaala ey'okweyawulako n'okwewonga eri Katonda, omulimu gwe, n'obukulu bwe.

## 3. OKUSABA:

Essaala ez'okusaba kuba kulaga bwetaavu ku ekyo ky'otalina. Okusaba kuteekeddwa okukolebwa nga kusenziira ku kwagala kwa Katonda nga bwe kubikkulirwa mu kigambo kye. Okwegayirira kusobola okubeera ku mutendera ogwokusatu, okunoonya n'okukonkona. Okwegayirira kye kigambo ekirala ekitegeeza ekika ky'essaala eno. Kuno kwegayirira obutakoowa ku lw'abo abali mu bwetaavu.

## 4. OKWATULA N'OKWENENYA.

Essaala y'okwatula eba yakwenenya na kusaba kusonyiyibwa bibi.

**Naye bwe twatula ebibi byaffe, ye mwegigwa era mutuukirivu okutusonyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna. (1 Yokaana 1:9)**

## 5. OKWEGAYIRIRA.

Eno eba ssaala eri abalala. Omwegayirizi y'oyo abeerawo mu kifo ky'omulala oba eyeegayirira ku musango gwa munne. Era ekika ky'essaala eno, ekitundutundu ky'ekitabo ekisigaddeyo kye kitunuulidde.

**OKWEGEZAAAMU.**

1. Wandika ennyiriri enkulu okuva mu mutwe gwo.

.....  
.....  
.....  
.....

2. Nnyonyola essaala.

.....  
.....  
.....  
.....

3. Nnyonyola engeri essaala gy'eddibwamu.

.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....

4. Funza obukulu bw'essaala mu bulamu bwa Yesu Kristo.

.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....

5. Zuula era onnyonyole emitendera gy'okusaba eginnyonyoddwa mu ssuula eno.

.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....

6. Wandika mu bufunze ebika by'essaala nga bwe binnyonyoddwa mu ssaala eno.

.....  
.....  
.....  
.....

### OKWEYONGERA OKUSOMA.

1. Bino bikuluhhanye mu kusaba kwo eri ssemazinga n'ensi yonna.  
Ku bbalaza Sabira Asia.  
Ku lwokubiri Sabira Europe.  
Ku lwokusatu Sabira Afirika.  
Ku lwokuna Sabira Amerika ey'omumambuka.  
Ku lwokutaano Sabira Latini Amerika.  
Ku lwomukaaga Sabira Oceania (Amawanga g'okubizinga)  
Ku ssande Sabira ensi yonna.
  
2. Soma ebyawandiikibwa bino oddemu obigezese ng'oyita mu kusaba mu ngeri ez'enjawulo.  
Ng'oyimiridde: 1 Bassekabaka 8:22, Makko 11:25  
Ng'ovunnamye wansi: Zabuli 95:6  
Ng'ofukamidde: 2 Eby'omumirembe 6:13, Zabuli 95:6, Lukka 22:41, Ebikolwa 20:36  
Ng'ogwa n'ovunnama: Okubala 16:22, Yoswa 5:14, 1 Eby'omumirembe 21:16, Matayo 26:39.  
Ng'oyanjadde emikono gyo: Isaaya 1:15, 2 Eby'omumirembe 6:13.  
Ng'owanise emikolo waggulu: Zabuli 28:2, okukungubaga 2:19, 1 Timoseewo 2:8.
  
3. Yongera okusaba ennyiriri zino, weeyongere okwegezaamu ng'otendereza n'okusinza Katonda mu ngeri ez'enjawulo ng'ebyawandiikibwa bwe biruhhanya.  
Ng'oyimba: Zabuli 9:2, 11, 40:3, Makko 14:26  
Ng'otendereza waggulu ng'owulirwa: Zabuli 103:1  
Ng'oleekaana: Zabuli 47:1  
Ng'oyimusiza emikono waggulu: Zabuli 63:4, 134:2, 1 Timoseewo 2:8  
Ng'okuba mu ngalo: Zabuli 47:1  
Ng'olina ebivuga: Zabuli 150:3-5  
Ng'oyimiridde: 2 Ebyomumirembe 20:19  
Ng'ovunnama: Zabuli 95:6  
Ng'ozina: Zabuli 149:3  
Ng'ofukamidde: Zabuli 95:6  
Ng'ogalamidde wansi: Zabuli 149:5

## ESSUULA EYOOKUBIRI.

### ESSAALA EY'OKWEGAYIRIRA.

#### EBIGENDERERWA:

Bwomaliriza essuula eno, onooba osobola;

- Okunnonnyola essaala ey'okwegayirira.
- Okunnonnyola Baibuli ky'eraga okwesigamizibwa obuweereza bw'omukkiriza ng'omwegayirizi.
- Okuzuula Yesu Kristo ng'ekyokulabirako eky'omwegayirizi.
- Okunnonnyola engeri y'okwegayirira.
- Okunnonnyola lwaki okwegayirira kwa mugaso.

#### OLUNYIRIRI OLUKULU.

**Era kyava ayinza okulokolera ddala abajja eri Katonda ku bubwe, kubanga abeera mulamu ennaku zonna okubawolereza. (Abaebbulaniya 7:25)**

#### ENNYANJULA.

Mu ssuula ewedde, oyize nti okwegayirira kwe kusabira abalala. Omwegayirizi y'oyo atwala ekifo ky'omulala, n'awoza kul'omulala. Bw'osaba mu ngeri eno oba mwegayirizi.

*“Okwegayirira kusobola okunnonnyolwa nga; Essaala entukuvu, ey'okukkiriza, era ey'okwewaayo omuntu omu nga yeegayirira Katonda ku lw'omulala oba abalala abeetaaga ennyo okubeerawo kwa Katonda.”*

Ku kika ky'essaala eno, ekitundu ky'ekitabo kino ekisigaddeyo kwe kyesigamye. Mu ssomo lino mw'ogenda okuyigira okwegayirira okwesigamiziddwa ku Baibuli n'ekyokulabirako eky'okwegayirira ekya Yesu Kristo. Ojja kuyiga engeri okwegayirira n'ensonga lwaki kwa mugaso mu buweereza.

#### OKWEGAYIRIRA OKWESIGAMIZIDDWA KU BAIBULI.

Ekyesigamizibwako ekya Baibuli eky'obuweereza bw'omukkiriza mu ndagaano empya obw'essaala ey'okwegayirira kwe kuyitibwa kwaffe nga “Bakabona” eri Katonda. Ekigambo kya Katonda kiraga nti; tuli bakabona abatukuvu (1 Peetero 2:5), bakabona ab'obwakabaka (1 Peetero 2:9) era obwakabaka obwa bakabona (Okubikkulirwa 1:5).

Ebyafaayo ku kutegeera okuyitibwa kw'okwegayirira okwa bakabona biri mu ndagaano enkadde, eky'okulabirako kye ky'abakabona Abaleevi. Obuvunaanyizibwa bw'abakabona kwali kukulemba na kuyimirira wakati. Yayimiranga mu maaso ga Katonda mu kuwaayo saddaaka n'ebiwebwaayo. Ne

bakabona baayimiranga wakati wa Katonda omutukuvu n’omuntu omwonoonyi okusobola okubagatta mu kifo ekyo omuli saddaaka ey’omusaayi.

Abaebbulaniya 7:11-19, ennyonnyola enjawulo eri wakati w’obuweereza bwa kabona obw’endagaano enkadde n’endagaano empya. Kabona w’Abaleevi mu ndagaano enkadde yateekebwangawo mu buli mulembe ng’alina kuva mu bantu b’ekika ekya Leevi. Obwa kabona bwa Merukizeddeeki obwogerwako mu kitundu kino “Y’enkola empya” eya bakabona ab’omwoyo era nga Mukama waffe Yesu ye kabona omukulu. Kino kyatuweebwa okuyita mu musaayi gwe n’okuzaalibwa kwaffe okw’omwoyo ng’ebitonde ebiggya mu Kristo.

### **EKYOKULABIRAKO KY’OMWEGAYIRIZI.**

Baibuli eraga nti ekigendererwa kya Katonda okutuma Yesu yali wakuweereza nga omwegayirizi.

**N’alaba nga tewali muntu, ne yennyamira nti tewali muntu ayinza kudduukirira. Noolwekyo kwe kusalawo okukozesa omukono gwe ye kennyini okuleeta obulokozi n’obutuukirivu bwe okuwangula. (Isaaya 59:16)**

Yesu ayimirira mu maaso ga Katonda ne wakati we n’omwonoonyi, nga bakabona ab’endagaano enkadde bwe baakola:

**Kubanga Katonda ali omu, era omutabaganya w’abantu ne Katonda ali omu, ye muntu Kristo Yesu (1 Timoseewo 2:5)**

**...Kristo Yesu yafa, kyokka okusinga byonna yazuukizibwa, era ali ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, ng’atwegayiririra. (Abaruumi 8:34)**

**Era kyava ayinza okulokolera ddala abajja eri Katonda ku bubwe, kubanga abeera mulamu ennaku zonna okubawolereza. (Abaebbulaniya 7:25)**

Yesu aleeta wamu omuntu ono omwonoonyi awali Katonda omutuukirivu mu kifo awali saddaaka ey’omusaayi ey’ekibi. Tekikyetaagisa musaayi gwa bisolo nga bwe kyaali mu ndagaano enkadde. Kati tusobola okutuukirira Katonda nga twesigamye ku musaayi gwa Yesu gwe yayiwa ku musaalaba e Calivaaliyo olwokuggyawo ekibi. Olw’omusaayi gwa Yesu, osobola okutuukirira Katonda n’obuvumu awatali kutya kwonna (Abaebbulaniya 4:14-16)

Yesu yali muwolereza ng’akyali ku nsi. Yasabiranga abo abaali abalwadde n’abaalina emizimu. Yasabira abayigirizwa be. Naawe yakusabira bwe yali asabira abo abali mukkiriza. Yesu yeeyongerayo n’obuweereza bwe obwokwegayirira ng’amaze okufa n’okuzuukira bwe yaddayo mu Ggulu. Kati yakola ng’omuwolereza waffe mu ggulu.

### **ENGERI Y’OKWEGAYIRIRA.**

Ng’abeegayirizi abagoberera emikolo gya bakabona egy’endagaano enkadde, n’enkola ey’endagaano empya eya Yesu, tuyimirira mu maaso ga Katonda ne wakati wa Katonda omutuukirivu n’omuntu omwonoonyi. Ng’oyagala oyimirirewo bulungi “wakati” tuteekwa okuyimirira mu maaso ga Katonda okukolawo enkolagana ey’amaanyi okusobola okutuukiriza omulimu guno.

Okubala 14, ky'ekimu ku byawandiikibwa ebyamaanyi mu Baibuli ebiraga essaala ey'okwegayirira. Musa yalina obusobozi bw'okuyimirira wakati wa Katonda n'omuntu omwonoonyi kubanga yali yayimirirako mu maaso ge nga yalina enkolagana naye eyamaanyi.

Okubala 12:8, kiraga nti Katonda yayogera ne Musa nga mukwano gwe eri ow'omukwano so si mu kwolesebwa n'ebirooto nga bwe kyali eri bannabbi.

Ng'abakkiriza ab'endagaano empya, tetukyasaddaaka bisolo nga bwe kyali mu biseera eby'endagaano enkadde. Tuyimirira mu maaso ga Mukama okuwaayo saddaaka ez'omwoyo ez'ettendo (Abaebbulaniya 13:5) ne saddaaka z'obulamu bwaffe (Abaruumi 12:1). Okusenziira kunkolagana eno eyamaanyi ne Katonda kyetuva tusobola okuyimirirawo wakati we n'abantu abalala, nga tukola ng'ababeezi abeegayirizi ku lwabwe.

Peetero akozesa ebigambo bibiri okunnyonyola obuweereza buno obwa bakabona; "obutukuvu ne obwo bwakabaka." Obutukuvu kyetaagisa okuyimirira mu maaso ga Mukama (Abaebbulaniya 12:14). Tusobola okukikola nga twesigamye ku butuukirivu obwa Kristo so si obwaffe. Okuba okw'obwakabaka kiraga buyinza obwa Kabaka obwatulekerwa ng'abali ekitundu ku "nnyumba ey'obwakabaka" olw'okwogera n'okutuuka mu kisenge kya Nnamulondo ya Katonda.

Ebiseera ebimu okwegayirira kuno okwa bakabona kukolebwa mu kutegeera. Kino kibaawo nga weegayirira ku lw'abala mu nnimi ennansi era na ng'otegeera ky'oyogera.

**Okusookera ddala, mbasaba, musabenga, mwegayirirenga, era mwebazenga Katonda ku lw'abantu bonna.**

**Era musabirenga bakabaka n'abafuzi abalala bonna, tulyoke tube bulungi nga tuli mirembe, nga tussaamu Katonda ekitiibwa, era nga twegendereza mu buli ngeri. (1 Timoseewo 2:1-2)**

Ebiseera ebirala okwegayirira kukolebwa omwoyo omutukuvu. Kusobola kuba okw'okusinda okuleeta omugugu omuzibu mu mwoyo. Kusobola okuba n'emululimi olutamanyikiddwa. Kino bwe kibaawo omwoyo omutukuvu ayogerera mu ggwe ng'osaba butereevu eri Katonda ng'okwagala kwe bwe kuli.

**N'Omwoyo bw'atyo atubeera mu bunafu bwaffe. Tetumanyi kusaba nga bwe kitugwanira, naye Omwoyo yennyini atwegayirira n'okusinda okutayogerekeka. (Abaruumi 8:26)**

**Kubanga ayogera mu nnimi tayogera n'abantu, wabula ayogera na Katonda. Kubanga tewali n'omu ategeera by'agamba. Aba ayogera bya kyama mu Mwoyo. (1 Abakolinso 14:2)**

Totegeera kwegayirira kuno mu ndowooza yo, naye ly'eddaala ly'essaala y'okwegayirira erisinga okuba ery'ewala era erisinga okuba ettuufu kubanga kukolebwa "okusenziira ku kwagala kwa Katonda." Endowooza yo n'okwagala kwo tebikosa ssaala yo gy'osabye mu mwoyo omutukuvu mu ggwe ng'oyita mu nnimi ezitamanyikiddwa.

### **LWAKI OKWEGAYIRIRA KWA MUGASO?**

Okwegayirira kituufu kwa mugaso olw'essira Yesu lye yakuteekako mu buweereza bwe obw'ensi. Omugaso gwakwo gubikkulirwa mu byawandiikibwa ebya Baibuli, kujulirwa abasajja n'abakazi bangi abaasisinkana amaanyi amangi okuyita mu kwegayirira okutuukiridde.



Okuyita mu kwegayirira kuno okutuukiridde, osobola okweyongerayo mu nsi yonna mu mwoyo. Essaala zo teziziyizibwa lwa lugendo era nga zisobola n’okuyingira mu mawanga n’okuyita mu by’obutonde, obuwangwa n’ensalo. Osobola okukoma ku magenda g’abantu n’amawanga gonna. Osobolera ddala okuyamba okulokola obulamu n’emmeeme z’abasajja n’abakazi, abalenzi n’abawala n’okweyongerayo enjiri y’obwakabaka bwa Katonda okwetoloola ensi yonna ng’oyita mu ssaala.

---

Bw’oba oyagala okwongera okumanya ebikwata ku kwogerera mu nnimi endala genda mu lusoma olwa Harvestime International Institute oluyitibwa “Obuweereza obw’omwoyo omutukuvu.”

**OKWEGEZAAMU.**

1. Wandika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.

.....  
.....  
.....

2. Nnyonnyola essaala ey'okwegayirira.

.....  
.....

3. Nnyonnyola ekyesigamizibwako obuweereza bw'omukkiriza ng'omwegayirizi ekiri mu Baibuli.

.....  
.....  
.....  
.....

4. Ani kyakulabirako kyaffe eky'okwegayirira?

.....  
.....  
.....

5. Nnyonnyola engeri okwegayirira gye kukolebwa.

.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....

6. Nnyonnyola lwaki okwegayirira kwa mugaso.

.....  
.....  
.....  
.....  
.....

(Ebidibwamu ku kwegezaamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.)

**OKWEYONGERA OKUSOMA.**

Emu ku ssaala z'okwegayirira ez'amaanyi y'eyo eya Yesu eragibwa mu Yokaana 17. Kozesa ebikuweereddwa osome ku ssaala eno.

**Yesu yeesabira:**

**Yokaana 17:1-5:**

Funza bye yeesabira.

---

---

---

**Yesu yasabira abayigirizwa be be yali nabo:**

**Yokaana 17:6-19.**

Funza bye yasabira abayigirizwa be.

---

---

---

---

**Yesu yasabira abayigirizwa be abalijja:**

**Yokaana 17:20-23.**

Leeta bye yasabira eby'enjawulo eri abayigirizwa be abalijja.

---

---

---

---

**Yesu yamaliriza essaala ye:**

**Yokaana 17:24-26.**

Funza engeri Yesu gy'amaliriza essaala ye.

---

---

Kiki kyasinga okwagala?

---

Kiki kyeyalangirira eri abagoberezi be?

---

Kiki ky'ayagala kibe "mu bo"?

---

---

# ESSUULA EYOOKUSATU.

## EBIKOZESEBWA EBY'OMWOYO OLW'OKWEGAYIRIRA.

### EBIGENDERERWA:

Bw'omalriza essuula eno, onooba osobola;

- Okuzuula ebikozesebwa eby'omwoyo, omuli;
- Amaanyi n'obuyinza ebyakuweebwa.
- Okusiba n'okusumulula.
- Erinnya lya Yesu.
- Omusaayi gwa Yesu.
- Okusiiba.
- Okukozesa ebikozesebwa by'omwoyo bino mu kwegayirira.

### OLUNYIRIRI OLUKULU.

**Awo olunaku lwali lumu Yesu n'ayita abayigirizwa be ekkumi n'ababiri bonna awamu, n'abawa obuyinza okugoba baddayimooni ku bantu n'okuwonya endwadde. (Lukka 9:1)**

### ENNYANJULA.

Katonda atuwadde ebikozesebwa eby'omwoyo ku lw'obuweereza buno obw'okwegayirira bwe twayitibwa. Mu ssomo lino ojja kuyiga engeri y'okukozesaamu ebikozesebwa bino omuli; amaanyi n'obuyinza ebyatuweebwa, okusiba n'okusumulula, Erinnya lya Yesu, Omusaayi gwa Yesu, n'okusiiiba.

### AMAANYI N'OBUYINZA EBYATUWEEBWA.

Bwe twegayirira mu ssaala, tuba tulwanira ddala na mulabe Sitaani, olw'emmeeme z'abasajja n'abakazi, abalenzi n'abawala olw'amawanga, n'abakulembeze ab'omwoyo ne bannabyabufuzi. Tetukola kino mu maanyi gaffe, obusobozi oba embavu zaffe naye okusinziira ku maanyi n'obuyinza eby'omwoyo ebyatuweebwa Yesu.

**Awo olunaku lwali lumu Yesu n'ayita abayigirizwa be ekkumi n'ababiri bonna awamu, n'abawa obuyinza okugoba baddayimooni ku bantu n'okuwonya endwadde. (Lukka 9:1)**

Waliwo enjawulo wakati w'obuyinza n'amaanyi. Labira ku ky'okulabirako eky'omusirikale. Alina akabonero n'ekyamabalo kye obubonero obulaga obuyinza bwe. Obuyinza bwe bujja olw'ekifo kyalina mu bukulembeze. Olw'okuba si buli muntu nti asa ekitiibwa mu buyinza obwo, omusirikale ono aba n'ekyokulwanyisa era nga gano g'emaanyi ge. Obuyinza bwo okusukkuluma ku mulabe bujja kuva mu Yesu Kristo n'ekifo ky'olina mu ye ng'omukkiriza. Amaanyi go okusukkuluma ku mulabe gava wa mwoyo Omutukuvu.

**Laba mbaweereza ekisuubizo kya Kitange. Mubeere mu kibuga okutuusa lwe mulyambazibwa amaanyi agava mu ggulu." (Lukka 24:49)**

Ng'omusirikale, oteekwa okuba n'amaanyi n'obuyinza okusobola okutuukiriza okweggayirira, kubanga oba olwanira ddala olutalo lw'omwoyo ne Sitaani. Abakkiriza bafuna obuyinza olw'okuzaalibwa okuggya n'ebifo byabwe mu Kristo. Naye abamu tebeeyongerayo kufuna maanyi ga mwoyo mutukuvu agateekeddwa okuba awamu n'obuyinza okusobola okweggayirira obulungi.

Sitaani yakendezebwa ku maanyi, naye talina buyinza wadde. Ffe Yesu yatuwa obuyinza n'amaanyi okusukkuluma ku maanyi g'omulabe gona. Amaanyi ga Yesu ge yawa maanyi agaluhhamizibwa ag'okukozesa mu bintu by'okweggayirira eby'enjawulo.

#### **AMAANYI AGASUKKULUMA KU MULABE.**

Olina obuyinza obw'okweggayirira mu ssaala ku lw'abo abeetaaga okuwonyezebwa n'okusumululwa.

**Awo olunaku lwali lumu Yesu n'ayita abayigirizwa be ekkumi n'ababiri bonna awamu, n'abawa obuyinza okugoba baddayimooni ku bantu n'okuwonya endwadde. (Lukka 9:1)**

#### **AMAANYI AGASUKA KU KIBI.**

Olina obuyinza okweggayirira olw'abo abeetaaga okulokolebwa.

**Buli muntu gwe munaasonyiwanga ebibi bye anaabanga asonyiyiddwa. Abo be munaagaananga okusonyiwa, banaabanga tebasonyiyiddwa.”(Yokaana 20:23)**

#### **AMAANYI AG'OKWONGERAYO ENJIRI.**

Olina obuyinza okusabira abakozi okwongerayo enjiri:

**N'agamba abayigirizwa be nti, “Eby'okukungula bingi nnyo, naye abakozi abakungula batono. (Matayo 9:37)**

#### **OKUSIBA N'OKUSUMULULA.**

Ekigambo “okusiba” kiva mu ky'olwebbulaniya “ASAR” ekitegeeza; “okusiba, okuggalira, okutugga, okwambala, okunywezebwa.” Ekigambo ekyo kirabika emirundi nga 70 mu ndagaano enkadde ey'olw'ebbulaniya nga kyakozesebwanga okutegeeza okusiba kw'embalaasi n'endogoyi (2 Bassekabaka 7:10).

Yesu by'akonaako mu Matayo 12:28-29 bya mugaso nnyo.

**Naye bwe mba ngoba baddayimooni n'amaanyi g'Omwoyo wa Katonda, kale Obwakabaka bwa Katonda buzze gye muli.**

**Oba omuntu ayinza atya okuyingira mu nnyumba y'omuntu ow'amaanyi, n'amunyagako ebintu bye okuggyako ng'asooka okusiba ow'amaanyi oyo? Olwo n'alyoka anyaga ebintu bye. (Matayo 12:28-29)**

Tekisoboka kutwala bya bugagga bya musajja ow'amaanyi nga tasoosa kusiba musajja ono. Yesu mu kwogera ku musajja ow'amaanyi, yali ategeeza sitaani. Ebyobugagga byalina bye tumuggyako by'ebyo ebimusingira, abantu abaabulira mu busibe bwe nga kw'otadde n'abo abalina dayimooni.

Yesu yawa abakkiriza amaanyi g'okusiba n'okusumulula.

**Era ndikuwa ebisumuluzo by'obwakabaka obw'omu ggulu; era kyonna ky'onoosibanga ku nsi, ne mu ggulu kinaasibwanga, na buli ky'onoosumululanga ku nsi, ne mu ggulu kinaasumululwanga. (Matayo 16:19)**

Yesu yasomesa omugaso gw'okusiba emyoyo emibi nga tetunagigoba mu bantu, naye ennono y'okusiba n'okusumulula yeeyongerayo okusukka ku kugoba dayimooni, osobola okusiba amaanyi g'omulabe okukola mu bulamu bwo, awaka, ekitundu, enkuhjaana z'ekkanisa. Osobola okusumulula abasajja n'abakazi okuva mu busibe obw'ekibi, ennyiike n'okumalibwamu amaanyi okw'omulabe. Mu buli mbeera, buli kizibu, buli muziziko, wabaawo ekisumuluzo. Ekisumuluzo ekyo kiba kya kusiba n'okusumulula okuyita mu ssaala ey'okwegayirira.

### **ERINNYA LYA YESU.**

Erinnya lya Yesu bwe buyinza kwe twegayiririra. Yesu yasubiza;

**Bwe munaasabanga ekintu kyonna mu linnya lyange nnaakikolanga.”(Yokaana 14:14)**

**Mu kiseera ekyo nga temukyansaba kintu na kimu, mmwe bennyini munaasabanga Kitange mu linnya lyange. (Yokaana 16:23)**

**Era abo abakkiriza baligoba baddayimooni ku bantu mu linnya lyange, era balyogera ennimi empya.**

**Banaakwatanga ku misota, era bwe banaanywanga ekintu kyonna ekyobutwa tekiibakolengako kabi, era banasanga emikono gyabwe ku balwadde ne babawonya. (Makko 16:17-18)**

**Awo Yesu n'asemberera abayigirizwa be n'abategeeza nti, “Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi.**

**Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu.**

**Era mubayigirize okugonderanga byonna bye nabalagira mmwe, era Ndi nammwe bulijjo n'okutuukira ddala ensi lw'eriggwaawo. (Matayo 28:18-20)**

Oli wa kusaba, kubuulira, kusomesa, kubatiza, kugoba dayimooni, kuwonya balwadde, n'okuwangula amaanyi g'omulabe okuyita mu linnya erya Yesu. Erinnya lya Yesu lirina amaanyi mangi okusinga erinnya eddala lyonna.

**Waggulu eyo, Kristo gy'afugira obufuzi bwonna, n'obuyinza bwonna, n'amaanyi gonna, n'obwami bwonna, na buli kitiibwa kyonna ekiweebwa omuntu. Afugira mu mulembe guno, era alifugira ne mu mulembe ogugenda okujja. (Abaefeso 1:21)**

**Katonda kyeyava amugulumiza, n'amuwa erinnya erisinga amannya gonna;**

**Buli vviivi ery'abo abali mu ggulu n'abali ku nsi, era n'abali wansi w'ensi liryoke lifukaamirirenga erinnya lya Yesu,**

**Era buli lulimi lwatulenga nga Yesu Kristo ye Mukama, Katonda Kitaffe aweebwe ekitiibwa. (Abafiripi 2:9-11)**

#### **OMUSAAYI GWA YESU.**

Omusaayi gwa Yesu kikozezebwa ekirala eky'omwoyo ekituyamba okwegayirira. Tusingkana Katonda kitaffe okuyita mu musaayi gwa Yesu.

**Kale abooluganda nga bwe tulina obuvumu okuyingira mu Watukuvu w'Awatukuvu olw'omusaayi gwa Yesu,**

**Eyatuggulirawo ekkubo eriggya era eddamu eriyita mu lutimbe, gwe mubiri gwe,**

**Kale nga bwe tulina Kabona Asinga Obukulu nga y'afuga ennyumba ya Katonda,**

**Tusebere awali Katonda n'omwoyo ogw'amazima ogujjudde okukkiriza nga tulina emitima egitukuzibwa okuva mu ndwooza embi, era nga n'emibiri gyaffe ginaazibwa n'amazzi amatukuvu.**

**Kale tunyweze essuubi lye twatula nga tetusagaasagana, kubanga eyasuubiza mwesigwa, (Abaebbulaniya 10:19-23)**

"Awatukuvu" ky'ekifo Katonda mwabeera. Tetutuuka mu kubeerawo kwa Katonda na mikolo gya ddiini oba enkola enzibu. Tutuukawo lwa musaayi gwa Yesu Kristo.

Ensonga ey'omusaayi y'eba eyogerwako okwetoolola Baibuli yonna okuva mu luberyeberye okutuuka mu kubikkulirwa. Baibuli esomesa nti obulamu bw'omuntu n'ensolo buli musaayi (Ebyabaleevi 17:11, 14). Olw'okuba nti empeera y'ekibi kwe kufa (Abaruumi 6:23), n'okuba nti obulamu buli musaayi, Katonda yatandikawo ennono eri nti; okusonyiyibwa kw'ekibi kuva mu kuyiwa musaayi kwokka.

**Era mu mateeka buli kintu kitukuzibwa na musaayi, era awatali kuyiwa musaayi tewabaawo kusonyiyibwa. (Abaebbulaniya 9:22)**

Katonda yakola ssaddaaka eyasooka mu lusuku Edeni oluvannyuma lw'ekibi kya Adamu ne Kaawa, we yattira ensolo n'abambaza amaliba agaali gakiikirira obutuukirivu bwa Kristo. Omugaso gwa ssaddaaka ey'omusaayi gussibwako essira mu lugereo lwa Kayini ne Aberi, endagaano y'okukomolebwa eri embaga wa Yisirayiri n'abaleevi mu nsiisira. Mu ndagaano enkadde omusaayi gw'ensolo gwaweewangayo mu ssaddaaka olubeerera buli muntu lwe yayoona. Abaebbulaniya 8 ennyonyola enkola eno nga "Enkola oba endagaano enkadde."

Mu ndagaano empya, Katonda yasindika Yesu okuyiwa omusaayi olw'ekibi omulundi gumu. Omusaayi gwe guyitibwa "Enkola oba endagaano empya" (Makko 14:24), era nga ye mutabaganya ow'endagaano eno empya (Abaebbulaniya 8:6). Kino kyaggyawo endagaano enkadde, ekitegeeza tekikyetaagisa kuwaayo ssaddaaka za musaayi gwa nsolo olw'ekibi.



**Teyayingira na musaayi gwa mbuzi wadde ogw'ente enume, naye yayingira mu Watukuvu w'Awatukuvu omulundi gumu gwokka n'omusaayi gwe; bw'atyo ye yennyini n'atufunira obulokozi obutaggwaawo. (Abaebbulaniya 9:12).**

Abaebbulaniya 12:24, eraga nti omusaayi gwa Yesu gutwogerera era kye gwatula kireetawo ebirungi eby'olubeerera bingi gye tuli. Paulo bwatugamba "okunyweza okwatula kwaffe" (Abaebbulaniya 10:22) kikwatagana n'ennyiriri ze tulabye eziraga nti tulina eddembe okusemberera asinga okuba omutuukirivu.

Oyingira okubeerawo kwa Katonda mu kusaba, y'engeri y'emu mw'olokolebwa, olw'okwatula ebirungi ebiri musaayi gwa Yesu:

**Bw'oyatula n'akamwa ko nti, Yesu ye Mukama, n'okkiriza n'omutima gwo nga Katonda yamuzuukiza mu bafu, olokoka.**

**Kubanga omuntu akkiriza na mutima gwe n'aweewwa obutuukirivu, era ayatula na kamwa ke n'alokoka. (Abaruumi 10:9-10)**

Katonda akola okusenziira ku kwatula kwo okulina obuyinza kubanga kusenziira ku kujulira kw'omusaayi gwa Yesu. Omusaayi gulangirira nti osobola okuyingira kati mu kifo ekitukuvu Katonda w'abeera n'oweereza okuyita mu kwegayirira.

#### **OKUSIIBA.**

Ekikozesebwa eky'omwoyo ekirala olw'okwegayirira okutuukiridde kwe kusiiba. Okusiiba mu kunnyonnyola okwangu kwe kubaawo nga tolya mmere. Okusiiba ky'ekimu ku bintu ebitukakasa ng'abaweereza ba Katonda (2 Abakolinso 6:3-10).

Okusaba n'okusiiba byakolebwanga nu kkanisa eyasooka (Ebikolwa 14:23) era Paulo atukubiriza "okwewaayo" gye kuli (1 Abakolinso 7:5)

#### **EBIKA BY'OKUSIIBA.**

Okusenziira ku Baibuli, waliyo ebika by'okusiiba bibiri. Okusiiba okulamba nga tolya wadde okunywa ekintu kyonna. Ekyokulabirako kya kino kisangibwa mu Bikolwa bya batume 9:9. Okusiiba okw'ekitundu kwe kwekugira ku by'olya. Eky'okulabirako kino kiri mu Danyeri 10:3.

#### **EBY'OKULABIRAKO BY'OKUSIIBA MU BAIBULI.**

- Omuddu wa Ibulayimu yasiiba ng'anoonyeza Isaaka omugole omutuufu (Oluberyeberye 24:33)
- Musa yasiiba ennaku n'ebiro 40 ng'abwafuna n'okubikkulirwa kw'amateeka n'ensiisira (Okuva 34)
- Kaana yasiiba olw'omwana (2 Samwiri 1:7-8)
- Nekemiya yasiiba okuddizibwawo kwa Yerusalemi (Nekemiya 1:4)
- Abayudaaya baasibira okusumululwa olw'ekiragiyo kya Hamani ekibi eky'okufa (Eseza 4)
- Ekibuga kya Nineevi kyonna kyasiiba ng'engeri y'okuddamu eri okukoowoola kwa Yona okwokwenenya (Yona 3:5-10)

- Daudi yasiiba nga anaatera okutegeera amagenda ge Katonda ge yamuwa ag'okuba kabaka wa Isirayiri (1 Samwiri 31)
- Danyeri yasiiba ennaku 21 ku nkomerero n'afuna obubaka bwa Katonda obwatandikawo okukyusibwa kw'Abaebbulaniya okuva mu buwambe.
- Yekosofaati yalangirira okusiiba nga olutalo terunnatandika (2 Ebyomumirembe 20:3)
- Ezera yalangirira okusiiba olw'okwenenya olwabawahjhanguse ku lubalama lw'omugga Ahava (Ezera 8-9)
- Yesu yasiiba nga tannayingira buweereza bwe. (Matayo 4)
- Omutume Paulo yasiiba oluvannyuma lwokukyusibwa kwe (Ebikolwa 9)
- Kyali mu biseera bya kusiiba Peetero mwe yatumbwa okubuulira enjiri eri bannamawanga ne Koloneriya yali mwetegefu okufuna okubikkulirwa (Ebikolwa 10).
- Abayigirizwa baali basiiba n'okusaba omwoyo omutukuvu we yayawulira Paulo ne Balunnaba okukola obuweereza bw'ekiminsani (Ebikolwa 13:2)

### **OBUKULU BW'OKUSIIBA.**

Okusiiba tekukyusa Katonda, kukyusa ggwe. Katonda akolagana naawe okusenziira ku bw'okolagana naye. Bw'okyuka, awo engeri Katonda gy'okolagana naawe erabika. Tosiiba kukyusa Katonda kubanga Katonda takyuka. Okusiiba tekukyusa ngeri gy'okolagana naawe. Soma ekitabo kya Yona eky'okulabirako kya kino kyaliwo mu kibuga kye Nineevi.

Omulundi ogumu abayigirizwa ba Yesu nga balededdwa okuyamba omuvubuka eyaliko dayimooni, Yesu yannyonyola ng'abagamba nti, "ebiringa ebyo bigenda lwa kusaba na kusiiba (Makko 9:29). Waliwo embeera mu bulamu bwo z'otoyinka kumalawo okuleka olw'okusaba n'okusiiba. Bangi nnyo ng'ennaku envannyuma zituuse bajja kusiinkana "ekyengeri eno" eky'embeera, ebizibu ebyamaanyi bye tutafunangako, obuwanguzi bwaffe ku biringa bino bujja kutwetaagisa okusiiba.

Waliyo obukulu bw'okusiiba buyitirivu nnyo. Kikulu nnyo okumanya obukulu buno. Bw'osiibira ensonga enfu oba awatali kigendererwa okusiiba kwo kuba tekutuukiridde. Soma bino wamanga, biraga nti abantu basiiba;

- Okuddamu eri obubaka obuvudde ewa Katonda. Yona 3:5
- Mu kiseera ky'okugezesebwa okwomuddungu. Lukka 4:1
- Nga waliwo okutiisibwa okw'okubonaabona oba olutalo. 2 Ebyomumirembe 20:3
- Nga waliwo obwetaavu bw'okubikkulirwa okuva ewa Katonda. Danyeri 9:3-4
- Nga basalawo. Ebikolwa 13:2-3
- Nga waliwo okusaba ab'obuyinza ebintu ebyenjawulo. Eseza 4:16
- Okwetegekera okwahjanga zi dayimooni. Makko 9:29.
- Okwekkakanya wekka. Zabuli 35:13, 69:10.
- Okwenenya ekibi. Yoweeri 2:12.
- Okuliisa abaavu mu mubiri ne mu mwoyo. Isaaya 58:17.
- Okuwulirwa Katonda. 2 Samwiri 12:16, 22, Yonna 3:5, 10
- Okusumululwa ebinyweza eby'ekibi, okusitula emigugu emizito, okusumulula abatulugunyizibwa, n'okumenya buli ekyasiba. Isaaya 58:6.

## **OBUWANVU BW'OKUSIIBA.**

Obuwanvu bw'okusiiba kwo businzira ku Katonda bw'akugamba mu mwoyo gwo. Ayinza okukulembera n'osiiba ekiseera ekimpi oba ekiwanvu. Jjukira olugero Iwa Esawo ne Yakobo. Yakobo mu ntandikwa yali atekateeka mmere ye naye yagyefiiriza asobole okufuna obusika. Nga kyandibadde kirungi nnyo singa Esawo yeeresha emmere eyo!

Bw'oba nga tosiibangako, tandiika na kweresa, okulya omulundi gumu. Olulala oyinza okwagala okugezaako okusiiba okuva ku makya ppaka akawungeezi. Awo nno osobola okugenda ng'oyongerayo okusiiba kwo mu budde obuwanvu ddala. Onywanga ku mazzi ng'ossibide ekiseera ekiwanvu. Osobola okusiiba ekiseera ekiwanvu nga tolya, naye amazzi geetaagisa omubiri okukola obulungi.

## **OKUSIIBA KW'AWAMU N'OKWEKYAMA.**

Okusiiba kuba kukwata ku muntu kinnoomu ne Katonda we. Kulina kukolebwa mu kyama so si kweyagalira ku balala:

**Bwe musiiibanga, temukiraganga nga bannanfuusi bwe bakola. Kubanga batunuza ennaku balyoke balabike mu bantu nti basiiba, mbategeeza ng'abo, eyo y'empeera yokka gye bagenda okufuna.**

**Naye ggwe bw'osiibanga olongoosanga enviiri zo n'onaaba ne mu maaso.**

**Abantu baleme kutegeera nti osiiba, okuggyako Kitaawo ali mu ggulu era alaba mu kyama alikuwa empeera. (Matayo 6:16-18)**

Abakulembeze bayinza okulangirira okusiiba okwawamu ne basaba ekkansa yonna okusiiba:

**Mufuuyire ekkondeere mu Sayuuni, mulangirire okusiiba okutukuvu. Muyite olukunjaana olussaamu Katonda ekitiibwa. (Yoweeri 2:15)**

## **OKUSIIBA KATONDA KWE YALONDA.**

Isaaya 58, annyonyola okusiiba "okwalondebwa" Katonda oba okusiiba okwakakasibwa okwobwakatonda. Okusiiba okwalondebwa Katonda kuli kumu;

- Gyokkakkanira mu maaso ga Katonda. Olunyiri 5
- Okusumulula ebisiba eby'ekibi. Olunyiriri 6
- Okulesa emigugu emizito. Olunyiriri 6
- Okusumulula abanyigirizibwa. Olunyiriri 6
- Okukolebwa awatali bigendererwa bya kweyagaliza wekka wabula okuyamba abalala. Olunyiriri 7.

## **EBIVA MU KUSIIBA.**

Bw'osiiba, ekintu ekisooka okubaawo ye Katonda okutandika okukwebikkulira. Kitaffe agamba; "olwo olikowoola, Mukama n'akuddamu nti, Ndi wano." (Isaaya 58:9).

Ebirala ebiva mu kusiiba ebiri mu Isaaya 58 bye;

- **Kumulisibwa:** olunyiriri 8 ne 10, alangirira nti ebiro by'ekizikiza mu bulamu bwo bijja kufuuka ng'emmambya. Abalala nga balowooza nti bazikizza ekitangaala ky'omwoyo gwo, kijja kuvaayo nate kyerage ku makya.
- **Okuluhhamizibwa:** olunyiriri 11, asubiza nti "Era mukama annakuluhhamyanga ennaku zonna."
- **Obugabirizi:** olunyiriri 11, alangirira nti Katonda ajja, "Nja kukusa emmeeme yo mu ddungu." (kino kisobola okukola ku bintu ebikalu ne mu biro eby'okulemererwa mu mwoyo). Olunyiriri 11 era lutunnonnyola ebikozesebwa eby'omwoyo ebitaggwaawo. Ojjakuba "ng'ennimiro enfukirire obulungi" era ng'oluzzi olw'amazzi agatakalira.
- **Okuzza obugya:** olunyiriri 11, alaga Katonda ajja "Kugumya amagumba go." Ne mu lunyiriri 8, alangirira nti, "Era okuwonyezebwa kwo kujje mangu."
- **Okuzzaawo:** olunyiriri 12, lulaga nti ggwe n'ensigo ey'omwoyo, "N'abantu bo balizimba ebifo eby'edda ebyazika era baddemu okuzimba emisingi egy'edda. Olyoke oyitibwe omuddabiriza wa bbuggwe eyamenyeka omuddaabiriza w'amayumba ag'okusulamu."

#### **EBIKOZESEBWA BY'OKWEGGAYIRIRA.**

Omukkiriza alina ebikozesebwa eby'omwoyo okumuyamba okwegayirira obulungi. Nga bw'osomye mu ssuula eno mu bino mulimu;

- Amaanyi n'obuyinza ebyakuweebwa.
- Okusiba n'okusumulula.
- Erinnya lya Yesu.
- Omusaayi gwa Yesu.
- Okusiiba.

**OKWEGEZAAMU.**

1. Wandiiika olunyiriri olukulu ng’oluggya mu mutwe gwo.

.....  
.....  
.....

2. Nnyonnyola enjawulo eri wakati wa amaanyi n’obuyinza eby’omwoyo.

.....  
.....  
.....  
.....  
.....

3. Kitegeeza ki okusiba ekintu mu mwoyo?

.....  
.....  
.....

4. Kitegeeza ki okusumulula ekintu mu mwoyo?

.....  
.....  
.....

5. Kyawandiikibwa ki ekituwa obuyinza obw’okusiba n’okusumulula?

.....  
.....  
.....

6. Nnyonnyola lwaki erinnya lya Yesu kikozezebwa ky’amaanyi olw’okwegayirira.

.....  
.....  
.....  
.....

7. Nnyonnyola engeri omusaayi gwa Yesu gye guli ekikozezebwa ky’okwegayirira.

.....  
.....  
.....  
.....

8. Leetayo era onnyonnyole ebika bibiri eby’okusiiba kwa Baibuli.

.....  
.....  
.....  
.....

9. Funza obukulu bw’okusiiba.

.....  
.....  
.....  
.....

10. Byawandiikibwa ki ebinnyonnyola okusiiba kwa Katonda “okulonde.”

.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
11. Bintu ki ebimu ku ebyo ebirungi ebiva mu kusiiba?

.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....

(Ebyokuddamu ku kwegezaamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.)

## OKWEYONGERA OKUSOMA.

Erinnya Iya Yesu bwe buyinza mwe twegayirira Katonda. Soma olukangaga lw'amannya ge luno wansi lukwongere okumanya amaanyi ag'omuwendo agali mu linnya erya Yesu.

- Omuwolereza 1 Yokaana 2:1
- Ayinza byonna Okubikkulirwa 1:8
- Entandikwa era enkomerero Okubikkulirwa 21:6
- Amiina Okubikkulirwa 3:14
- Omutandisi era omumalirizi w'okukkiriza kwaffe. Abaebbulaniya 12:2
- Omutandisi w'obulokozi obutaggwaawo Abaebbulaniya 5:9
- Eyazaalibwa Katonda. 1 Yokaana 5:18
- Omwagalwa Abaefeso 1:6
- Ettabi Zaakaliya 3:8
- Omugaati gw'obulamu Yokaana 6:48
- Emunyeenye y'enkya okubikkulirwa 22:16
- Omukulu w'eggye Iya Mukama Yoswa 5:15
- Ejjinja eddamu 1 Peetero 2:6
- Atabula ne mu bantu omutwalo Oluyimba 5:10
- Kristo Yokaana 1:41
- Omuwi wamagezi Isaaya 9:6
- Omulokozi Abaruumi 11:26
- Oluggi Yokaana 10:9
- Katonda alinaffe Matayo 1:23
- Obulamu obutaggwaawo 1 Yokaana 5:20
- Omwesigwa era ow'amazima Okubikkulirwa 19:11
- Omujulirwa omwesigwa Okubikkulirwa 1:5
- Omwana omuberyeberye Abaebbulaniya 1:6
- Ow'oluberyeberye era asembayo Okubikkulirwa 22:13
- Mukama ow'ekitiibwa Isaaya 33:21
- Kabona omukulu Abaebbulaniya 4:14
- Omutwe gw'omubiri Abakolosaayi 1:18
- Omutwe gw'ebintu byonna Abaefeso 1:22
- Ejjinja ekkulu ery'okunsonda Zabuli 118:22
- Omutukuvu wa Isirayiri Isaaya 41:14
- Omusika wa byonna Abaebbulaniya 1:2
- Essuubi ery'ekitiibwa Abakolosaayi 1:27
- Nze Yokaana 8:58
- Mwetulabira Katonda atalabika Abakolosaayi 1:15
- Mukama waffe Abaruumi 1:3
- Kabaka ow'ekitiibwa Zabuli 24:7
- Omwana gw'endiga owa Katonda Yokaana 1:29
- Omusana gw'ensi Yokaana 8:12
- Eddanga ery'omu biwonvu Oluyimba 2:1

- Emmere ennamu Yokaana 6:51
- Mukama Katonda ayinza byonna Okubukkulirwa 4:8
- Mukama wa bonna Ebikolwa 10:36
- Mukama obutuukirivu bwaffe Yeremiya 23:6
- Kwagala 1 Yokaana 4:8
- Omuntu eyagumira ennaku Isaaya 53:3
- Omuyigiriza Matayo 23:10
- Omufuzi eyafukibwako amafuta Danyeri 9:25
- Asinga obutukuvu Danyeri 9:24
- Omunnazaaleesi Matayo 2:23
- Katonda omu yekka 1 Timoseewo 1:17
- Ekiweebwayo ky'okuyitako 1 Abakolinso 5:7
- Omusawo Lukka 4:23
- Omulangira ow'emirembe Isaaya 9:6
- Omutango Abaruumi 3:25
- Omununuzi Isaaya 59:20
- Okuzuukira Yokaana 11:25
- Omuweereza omutuukirivu Isaaya 53:11
- Olwazi 1 Abakolinso 10:4
- Kimuli kya looza ekya sharoni Oluyimba 2:1
- Omulokozi ow'ensi 1 Yokaana 4:14
- Omusumba omulungi Yokaana 10:11
- Omwana wa Katonda Abaruumi 1:4
- Omwana w'omuntu Ebikolwa 7:56
- Omwana wa Maliyamu Makko 6:3
- Ejjinja Matayo 21:42
- Omusingi Isaaya 28:16
- Omuyigiriza Yokaana 3:2
- Mazima Yokaana 14:6
- Ekirabo ekitayogerekeka 2 Abakolinso 9:15
- Muzabbibu Yokaana 15:1
- Kkubo Yokaana 14:6
- Wa kitalo Isaaya 9:6
- Kigambo wa Katonda okubikkulirwa 19:13



# ESSUULA EYOOKUNA.

## ENGERI Y'OKWEGAYIRIRA.

### **EBIGENDERERWA:**

Bw'omala essuula eno, onooba osobola:

- Okunnyonnyola engeri y'okwegayirira.
- Okufunza ennono z'okwegayirira okutuukiridde.
- Okuzuula kye weegayiririra.
- Okukozesa ebisuubizo bya Katonda okwegayirira.

### **ENNYIRIRI ENKULU.**

**Noolwekyo tulina obuvumu nti bwe tugenda gy'ali ne tumusaba ekintu kyonna, ye nga bw'asiima atuwulira.**

**Era bwe tutegeera nti atuwulira bwe tumusaba, buli kye tumusaba talema kukituwa. (1 Yokaana 5:14-15)**

### **ENNYANJULA.**

Ekisinga okukola essaala y'okwegayirira si y'engeri gy'oleekaana ng'osaba, kagabe amaanyi ge tuteekamu nga tusaba (kino tekitegeeza nti bino bikyamu), naye bwe bukalativu bw'okusaba kwaffe nga tomanyisa Katonda. Kikulu okumanya nti ekitiibwa kya Katonda ky'ekinaabaawo ku nkomerero y'okwegayirira kubanga ekigendererwa kya Sitaani kwe kulemesa Katonda okuba ng'agulumizibwa. Noolwekyo singa tuba n'ekiruubirirwa eky'omwoyo nga kyakwolesebwa kwa kitiibwa kya Katonda mu kwegayirira kuno, Katonda agenda kweraga yennyini; "Awo mulimpita ne mujja ne munsaba nange ne mbawulira, muli nnoonya ne mundaba bwe mulinnoonya n'omutima gwammwe gwonna." (Yeremiya 29:12-13)

Essaala erina okuweebwayo mu kukkiriza n'okusenziira ku kwagala kwa Katonda.

**Noolwekyo tulina obuvumu nti bwe tugenda gy'ali ne tumusaba ekintu kyonna, ye nga bw'asiima atuwulira. Era bwe tutegeera nti atuwulira bwe tumusaba, buli kye tumusaba talema kukituwa. (1 Yokaana 5:14-15)**

Mu ssomo lino, ojja kuyiga ekyo Baibuli ky'esomesa ku ngeri y'okwegayirira n'ekyo ekyokwegayiririra. Era ojja kuyiga n'okwegayirira ng'oyimirira ku bisuubizo by'ekigambo kya Katonda.

## ENGERI Y'OKWEGAYIRIRA.

Tunuulira ebyawandiikibwa bino mu Baibuli yo. Ebitundu bino bikuwa okuluhhamya kwa Baibuli eri okwegayirira:

- Okusaba kukolebwa eri Katonda Zabuli 5:2
- Obulungi bwe bwogerwako so si obungi. Essaala tekola lwakuba nti oyogedde bingi. Matayo 6:7
- okuddihhana ebigambo tekikirizibwa, naye ky'oddihhana olw'ensonga kikirizibwa. Danyeri 6:10, Lukka 11:13-15, 18:1-8
- Saba n'okutegeera (mu lulimi lw'omanyi): Abaefeso 6:18
- Sabira mu mwoyo mu nnimi: Abaruumi 8:26, Yuda 20
- Weegayirire ku kwagala kwa Katonda: 1 Yokaana 5:14-15
- Sabira mu kyama: Matayo 6:6
- Saba bulijjo Lukka 21:36, Abaefeso 6:18
- Saba obutakoowa: Abaruumi 12:12, 1 Abassalonika 5:17
- Weegayirire eri Katonda ng'oyita mu linnya lya Yesu: Yokaana 14:13-14
- Saba n'obwegendereza: 1 Peetero 4:7
- Saba nga weeyambisa eky'okulabirako eky'essaala: Matayo 6:9-13
- Saba n'omwoyo ogusonyiwa: Makko 11:25
- Saba n'obukkakamu: Matayo 6:7
- Oluisi essaala giteekeko n'okusiiiba: Matayo 17:21
- Weegayirire n'omutima omumalirivu: Yakobo 5:16, Abakolosaaayi 4:12
- Saba n'okwewaayo eri Katonda: Lukka 22:42
- Kozesa engeri y'okusiiba n'okusumulula mu ssaala: Matayo 16:19

## ENNONO Z'OKWEGAYIRIRA OKUTUUKIRIDDE.

Zino z'ennono z'okwegayirira okutuukiridde ezigiddwa mu byawandiikibwa bye tulabye emabegako;

1. Tendereza Katonda olw'ekyo kyali. N'olwomukisa gw'okubeera wamu mu buweereza obw'omuwendo nga Mukama waffe Yesu (Abaebbulaniya 7:25). Tendereza Katonda olw'omukisa gw'okolagana naye mu nsonga z'abantu okuyita mu kusaba.
2. Fuba okulaba ng'omutima gwo muyonjo mu maaso ga Katonda ng'owadde Omwoyo Omutukuvu obudde okukulimiriza bwe wabaawo ekibi kyonna ky'otoyatulanga (Zabuli 66:28, 29:23-24)
3. Kyatule nti tosobola kusaba nga tewali kuluhhamizibwa na maanyi ga Mwoyo Omutukuvu (Abaruumi 8:26), saba Katonda akufuge n'omwoyo we. Kkiriza nti akikoze, era omwebaze (Abaefeso 5:18)
4. Lwanyisa omulabe n'amaanyi. Mulumbe mu linnya erisinga amannya gonna erya Mukama waffe Yesu Kristo era n'ekitala eky'omwoyo, kye kigambo kya Katonda. (James 4:7)
5. Ffa mu birowoozo byo, byoyagala, n'ebikuzitoowerede ku lw'ekyo ky'owulira ng'oyagala okusaba (Engero 3:5-6, 28:26, Isaaya 55:8)

6. Tendereza Katonda mu kukkiriza olw'ekiseera ekisukulumu ky'ogenda okufuna. Ye Katonda asukkulumye era ajja kubaako ky'akola olutata olw'embala ye.
7. Lindirira Katonda mu kusuubira okwekyama, wuliriza eri okuluhhamya kwe (Zabuli 62:5, Makko 7:7, Zabuli 81:11-13)
8. Mu bugonvu n'okukkiriza, yatula ekyo Katonda kyateeka mu ndowooza yo n'okukkiriza (Yokaana 10:27). Weeyongere okusaba Katonda akuluhhamye era osuubire nti agenda kukikola. Ajja kukikola (Zabuli 22:8). Fuba okulaba nga tokwata ku nsonga ndala okutuusa nga Katonda akutadde byalina okwogera mu mutima gwo ebikwatagana n'omugugu guno, n'okusinga ng'osabira mu kibinja. Ddamu amaanyi olw'obulamu bwa Musa, Danyeri, Paulo, Anna, ng'omanyi nti Katonda agaba okubikkulirwa eri abo abafuula okwegayirira enkola ey'obulamu.
9. Bwe kiba kisoboka, beera ne Baibuli yo Katonda bw'aba ayagala okukuwa okuluhhamizibwa oba okukakasa ekyo ky'agamba (Zabuli 119:10-15)
10. Katonda bw'alekerawo okuleeta eby'okusabira mu ndowooza yo, maliriza ng'otendereza n'okumwebaza olw'ebyo by'akoze, nga bwe wejjukanya Abaruumi 11:36, "Kubanga byonna biva gy'ali, era biyita mu ye era bidda gy'ali. Ekitiibwa kibe gy'ali emirembe gyonna. Amiina"

#### **EBYOKWEGAYIRIRIRA.**

Soma ebijulira bino okuva mu Baibuli, bye bibikkula ebyo byolina okwegayiririra:

- |   |                         |
|---|-------------------------|
| • Emirembe gya Yerusalemi:                        | Zabuli 122:6            |
| • Abakozi abali mu nnimiro z'amakungula:          | Matayo 9:38, Lukka 10:2 |
| • Olome kutwalibwa mu kukemebwa:                  | Lukka 22:40-46          |
| • Abo ababavvuma (Abalabe bo):                    | Lukka 6:28              |
| • Abatukuvu bonna:                                | Abaefeso 6:18           |
| • Abalwadde:                                      | Yakobo 5:14             |
| • Ku lw'abalala (muyambaganenga):                 | Yakobo 5:16             |
| • (oyononoona lw'abutasabira balala):             | 1 Samwiri 12:23         |
| • Abantu bonna, bakabaka n'abo abali mu buyinza:  | 1 Timoseewo 2:1-4       |
| • Olw'ebyetaago bya buli lunaku:                  | Matayo 6:11             |
| • Olw'amagezi                                     | Yakobo 1:5              |
| • Olw'okuwonyezebwa:                              | Yakobo 5:14-15          |
| • Olw'okusonyiyibwa:                              | Matayo 6:12             |
| • Okwagala kwa Katonda n'obwakabaka bwe okujja:   | Matayo 6:10             |
| • Okukkakkanyizibwa olw'ebinyigiriza:             | Yakobo 5:13             |
| • Olw'obumu mu mubiri gwa Kristo:                 | Yokaana 17:20-21        |
| • Olw'ekkanisa etulugunyizibwa okwetooloola ensi: | Abaebbulaniya 13:3      |

## OKWEGAYIRIRA N'EBISUUBIZO.

Katonda addamu okusaba ng'asenziira ku kwagala kwe era okwagala kwe kulagibwa mubisuubizo bye yatuwa mu kigambo kye.

**Era ne bwe mubisaba, temubifuna kubanga ekigendererwa kyammwe kikyamu; mugenderera kubikozesa ku masanyu gokka. (Yakobo 4:3)**

Kifaagana nga taata bw'akolagana n'abaana be. Teri muzadde asalawo kuwa baana buli kyebasaba oba kyebaba baagala. Akibategeerezaawo nti ebimu ajja kubibawa ebirala aleme okubibawa. Olwa bino taata addamu okusaba kw'abaana be.

Y'enkola y'emu n'ewa Katonda. Ataddewo ebisuubizo ebikola entandikwa y'essaala. Yiga ekyo Katonda kye yasubiza era osabe okusenziira ku bisuubizo bino. Engeri emu ey'okukola kino kwe kuyita mu Baibuli n'osaza ku buli kisuubizo kya Katonda awo ofune essaala ng'osenziira ku ebyo ebisuubizo.

Bw'osaba ekisuubizo, mubutuufu oba olangirira ekigambo kya Katonda kidde gy'ali. Eky'okulabirako;

*“Katonda nkwebaza nti omanyi ekyetaagisa newemba nga sinnakusaba (Matayo 6:8). Nzija gy'oli mu linnya erya Yesu, ng'amannyidde ddala amaanyi agali mu linnya eryo (Yokaana 14:14). Nsaba okuyimusibwa kw'abakunguzi mu nnimiro ku lw'obwakabaka (Matayo 9:37-38)...” n'ebirala ebiringa ebyo.*

Bino by'ebimu ku bisuubizo by'omu Baibuli. Bino byo amakanda bigasa ku nsonga ya kusaba;

- Kitaffe amanyi kye twetaaga ne bwetuba nga tetunnasaba. Matayo 6:8
- Ababiri bwe bakiriziganya mu kusaba, kiribakolerwa. Matayo 18:19
- Ebintu byonna bisoboka mu Katonda. Matayo 19:26, Lukka 18:27
- Essaala egattiddwa n'okukkiriza ekola. Matayo 21:22, Makko 11:24
- Buli ky'osaba mu linnya lya Yesu, kijja kukolebwa. Yokaana 14:14
- Okusaba n'omutima omumalirivu ogw'omuntu omutuukirivu, kubeera n'obuyinza bungu, era n'ebivaamu bibeera bya tendo. Yakobo 5:16

**OKWEGEZAAMU.**

1. Wandiiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.

.....  
.....  
.....

2. Omuntu yeegayirira atya mu ssaala?

.....  
.....  
.....

3. Biki bye tulina okwegayirira mu ssaala?

.....  
.....  
.....  
.....  
.....

4. Funzaayo ezimu ku nnono ez'okwegayirira okutuukiridde z'osomye mu ssuula eno.

.....  
.....  
.....  
.....  
.....

5. Nnyonyola engeri gy'oyinza okweyambisa ebisuubizo bya Katonda okwegayirira mu ssaala.

.....  
.....  
.....  
.....  
.....

(Ebiddibwamu ku kwegezaamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.)

## OKWEYONGERA OKUSOMA.

Abakulembeze b'okwegayirira mu nsi yonna babadde beeyambisa enkola eyitibwa "okufuna maapu ey'omwoyo" okusabira ebibuga n'amawanga. Mu kino okufuna "maapu ey'omwoyo" kuba kusalawo kulaba e kibuga oba eggwanga oba ensi yonna mubutuufu bwayo so si nga bwerabika. Akakodyo kano kavaako endowooza egamba nti ekituufu mu mwoyo tekiva ku ekyo ekirabikako eky'omubiri. Waliwo enjawulo wakati w'ekirabika n'ekitalabika, okusukkuluma ku kutegeera kwaffe, eri amaanyi n'ebyo ebibaawo mu nsi ey'omwoyo, mu bifo n'embeera y'ensi erabibwako.

Okufuna maapu ey'omwoyo kiraga nti emabega w'ebintu byonna bye tulaba mu nsi yonna ebitwetooolodde, waliyo amaanyi g'omwoyo. Ebifo ebitalabika eby'addala, birina amakulu agaamaanyi n'okusinga ag'ebirabika. Okufuna maapu ey'omwoyo mubaamu okuzuula, n'okutuma amaanyi g'omwoyo agakolera mu bitundu byaffe, ebibuga ne mu mawanga era n'okukozesa amagezi gano mu lutalo lw'omwoyo olw'okusaba olutegekeddwa obulungi.

Ebyalagirwa mu kufuna maapu ey'omwoyo kiggiddwa okuva mu ebyo Katonda bye yagamba Nnabbi Ezeekyeri nti;

### **Kaakano omwana w'omuntu, ddira ekipande eky'ebbumba okiteeke mu maaso go, okikubeko ekifaananyi ky'ekibuga Yerusalemi. (Ezeekyeri 4:1)**

Ezeekyeri yalina okukuba maapu ku kipande ky'ebbumba. Katonda kyeyava amugamba "okuteekako bbugwe" kino tekitegeeza lutalo lwa mubiri, naye olw'omwoyo. Yalina n'okutwala olukalango olw'ekyuma aluteeke wakati we n'ekibuga lubeerenga ekisenge era yalina okuteekako bbugwe ne ku ekyo.

Waliyo emitendera mingi egy'okukola maapu ey'omwoyo. Esobola okukolebwa mu bitundu ebikuliraanye oba ekitundu ky'ekibuga kyo kyennyini. Esobola okukolebwa ku kibuga kyonna, n'ebitundu ebikyetooolodde, eri amatwale oba ensi efugibwa, oba eggwanga lyonna. Abamu bayinza okwagala okukola maapu z'obutundutundu obw'amawanga.

Waliyo ebitundu by'okukola maapu ey'omwoyo bibiri: Ekisooka, funa obubaka obukwata ku kitundu ekyo. Ekyokubiri, sabira ebyo by'ozudde.

Osobola okufuna obubaka buno ng'okozesa etterekero ly'ebitabo, ery'ebyobuwangwa, eby'obusuubuzi, ng'osoma amawulire ag'edda, oba n'okunyumyamu n'abantu abawangaalidde mu kitundu n'abo abaaliwo edda mu kibuga ekyo (bwe baba tebaasenguka).

Ekifunze kino kijja kukuyamba okutuuma n'okukola maapu y'amaanyi g'omwoyo agakolera mu kibuga kyo:

### **EBIGENDERERWA BY'OKUKOLA MAAPU EY'OMWOYO.**

1. Okuzuula enteekateeka y'omulabe, enkola ze, byategekede ekitundu ekimu.
2. Okukozesa amagezi gano mu ngeri ey'amagezi n'essaala etegekeddwa obulungi owangule mu kiseera ekitono ddala awatali buzibu na kufiirizibwa Kunene.

## **EBYOKUZUULA MU BYAFAAYO:**

### **A. Okutondebwawo kw'ekibuga.**

1. Bantu ki abaatondawo ekibuga?
2. Nsonga ki ezabasikiriza, ng'omuntu oba ng'ekibinja lwaki baakitondawo. Biki bye baali bakkiririzaamu? Kwolesebwaki kwe baali balina eri ekibuga okw'ebiseera eby'omumaaso?
3. Erinnya ly'ekibuga eryasooka lirina makulu ki? Erinnya eryo likyusiddwa? Waliyo amannya g'ekibuga amalala oba ebikiwanuuzibwako? Amanyanya gano galina amakulu? Geekusa ku ddiini oba engeri endala? Gaamizimu oba gaabukuusa? Galaga emikisa oba kikolimo?

### **B. Ebyafaayo ebizze bibaawo mu kibuga.**

1. Ekibuga kikoze mulimu ki eri obulamu n'empisa z'eggwanga lyonna?
2. Ng'abakulembeze abamanyikiddwa nga bazze babeerawo mu kibuga, baalina kwolesebwa ki eri ekibuga?
3. Wabaddewo ko ku nkyukakyuka ey'omuggundu mu gavumenti oba mu by'obufuzi by'ekibuga?
4. Wabaddewo ku nkyukakyuka ez'amangu oba enkulu mu bulamu bw'ebyenfuna obw'ekibuga? Enjala? Okunyigirizibwa? Tekinologiya? Amakolero? Okuzuulibwa kw'ebyobugagga eby'ensibo?
5. Bantu abapya abaasenga mu? Waali wabaddewo olulimi olupya oba obuwangwa obwaleetebwa mu kibuga kyonna?
6. Abasenze abapya oba abantu b'ekika ekimu nga si bangi bayisibwa batya? Amawanga ag'enjawulo gayisihhana gatya? Amateeka g'ekibuga galina engeri gye gaawudde mu bantu?
7. Abakulembeze b'ekibuga balinayo endagaano ze baamenya?
8. Waliyo entalo ezaakosa ekibuga? Waliyo ku ntalo ezaalwanibwa mu kibuga? Waaliwo okuyiwa kw'omusaayi?
9. Ekibuga kiyisizza kitya abaavu n'abanyigirizibwa? Abakulembeze b'ekibuga babadde bannakyemalira? Waliwo ku bujulizi bw'obulyake mu bakulembeze b'ebyobufuzi, ab'ebyenfuna oba ab'eddiini n'ebifo ebirala?
10. Bizibu ki eby'amaanyi ebibaddewo ebyobutonde?
11. Ekibuga kirina omubala oba ehombombo? Etegeza ki?
12. Nnyimba kika ki abantu ze bawuliriza? Bubaka ki bwe bafuna mu nnyimba ezo?
13. Bigambo ki ebitaano abantu bo mu kibuga kino bye bakozesa ennyo ebiraga ebirungi eri ekibuga leero? Bigambo ki ebitaano ebikozesebwa naye nga bibi eri ekibuga?

## **EBYAFAAYO BY'EDDIINI MU KIBUGA.**

### **A. Ebitali bya bukristaayo.**

1. Abantu abaali mu kitundu nga ekibuga tekinatondebwawo? Baali beeyisa batya era baayogera nga ki?
2. Waaliwo omugaso gw'okukulembeza eddiini mu kutondebwawo ekibuga kino?
3. Waliyo ku nzikiriza ezitali za bukristaayo eziyingidde mu kibuga mu ngeri ez'amakulu?
4. Nteekateka ki ez'ekyama ezibaddewo mu kibuga?

5. Bibinja ki eby'abalogo, ebya sitaani oba abakuusa ebibadde bikolera mu kitundu?

**B. Obukristaayo.**

1. Ddi, bwe kiba kyali kibaddewo, obukristaayo we bwajjira mu kibuga? Mu mbeera ki ezaaliwo?
2. Wabaddewo eddembe eri abakulembeze Abakristaayo abaasooka oba abaakajja?
3. Mulimu ki Abakristaayo gwe bakoze eri obulamu bwo mu kibuga kyonna? Wabaddewo enkyukakyuka mu kino?
4. Obukristaayo bukula mu kibuga, tebuseeseetuka oba bukkirira?

**C. Enkolagana.**

1. Wabaddewo ko ku butakkaanya wakati w'eddiini eziri mu kibuga?
2. Wabaddewo ko obutakkanya wakati w'Abakristaayo?
3. Byafaayo ki ebyogerwa ku kkanisa mu kibuga?

**OKUNOONYEREZA KU NDABIKA.**

1. Lamba maapu z'ekibuga ez'enjawulo, n'okusinga ezo enkadde. Nkyukakyuka ki ezizze mu ndabika y'ekibuga?
2. B'ani abaategeka endabika y'ekibuga?
3. Waliwo ebintu oba obubonero obw'amakulu obwateekebawo mu ntegeka oba ensengeka y'ekibuga eyasooka?
4. Ebizimbe by'amakulu, we kiri oba n'okukolagana okw'ensonga wati w'ebizimbe by'amakulu nga eby'obufuzi, ebyobusuubuzi, amasomero, oba amaanyi g'eddiini mu kibuga?
5. Waliwo ekyafaayo ekikulu ekyekuusa ku ttaka okwazimbibwa ekimu oba ebimu ku bizimbe ebyo?
6. Ppaaka n'amaduuka amanene byatandikibwawo bitya? Ani yaweebwa omulimu gw'okubitandikawo? Amanya gaabyo galina makulu ki?
7. Ebibumbe n'obubonero ebiri mu kibuga byasibuka wa era bitegeeza ki? Waliwo ebikiikiridde emizimu oba okussa ekitiibwa mu kitonde so si omutonzi?
8. Bibajje ki ebirala ebiri mu kibuga? N'okusinga ku bizimbe, mu tterekero ly'ebyobuwangwa, oba awazannyirwa emizannyo? Singa kunoonyereza ku ebyo ebyekuusa ku mizimu?
9. Waliyo ebitundu omuli ebisigalira eby'edda mu kibuga? Bukulu ki bwe biyinza okuba nabwo?
10. Ebifo ebirabikako nga mulimu ebibi nga amalwaliro agaggyamu embuto, ebibanda n'amaterokero g'ebitabo ebyobuseegu, ebifo awali abeetunda, zzaala, ebbaala, ebikolwa by'okulya ebisiyaga, n'ebirala ebiringa ebyo...
11. Ebifo ebirimu ennyo okweyagaliza, omululu, okuvvoola, obwavu, okusosola, obukambwe, endwadde oba obubenje obususse?
12. Ebifo biri ludda wa omwali okusanjaga, olutalo, oba ettemu?
13. Ebifo awali emiti, ensozi, amayinja oba emigga birina obukulu obw'amaanyi?
14. Ebitundu by'ekibuga ebimu birina amaanyi agataweesa Katonda kitiibwa?



15. Kitundu ki ekiri ku ntikko y'ekibuga era ki ekyazimbibwako oba ekisangibwako? Kino kiyinza okuba ekigambibwa nga kyabuyinza.
16. Bitundu ki, oba emiriraano gy'ekibuga ebirabika okuba n'enkola ezaabyo. Gezaako okumanya ebitundu eby'ekibuga ebirabika okuba n'ebifo by'emyoyo eby'enjawulo.

**OKUNONYEREZA KU BY'OMWOYO.**

**A. Ebitali bya bukristaayo.**

1. Manya ki agaweebwa bakatonda b'omukitundu oba emyoyo gy'ebitundu egiri mu kibuga ebyo ebyayita oba ebiriwo?
2. Ebifo byawaggulu omuli ebyoto, amasinzizo, ebibumbe oba ebizimbe ebyekuusa ku bulogo, obufuusa, okulagula, ebikolwa bya Sitaani, okumala geetwala, okwagala ennyo ssente, eddiini ez'ebuvanjuba, n'ebiringa ebyo. Bino byonna birina kye bikola ku maapu eno singa biteekebwako?
3. Ebifo ebitaliimu bakkiriza gye basinziza okuva edda naddala ng'ekibuga tekinatondebwa biri luddawa?
4. Bifo ki omuli ebyobuwangwa ebyenjawulo oba ebintu eby'edda ebyekuusa ku nsinza eyobutakkiriza?
5. Waali wabaddewo omukulembeze w'ekibuga yenna eyeewaayo eri bakatonda abalala?
6. Waliyo ebikolimo ebyateekebwawo abo abaasooka ku ttaka lino oba eri abantu abaatandikawo ekibuga?

**B. Eby'obukristaayo.**

1. Ababaka ba Katonda babaanirizza batya mu kibuga?
2. Okubuulira enjiri kubadde kwangu oba kuzibu?
3. Ekkansa zisangibwa wa? Ziriwa ku zo z'olaba nga "ekkanisa z'obulamu?"
4. Ekkansa z'ekibuga ziri mu mbeera ki?
5. Bakulembeze ki Abakristaayo abatwalibwa nga "Abakadde b'ekibuga?"
6. Kyangu okusabira mu buli kitundu ky'ekibuga ?
7. Enkolagana y'abakulembeze abakristaayo olw'okuba obumu eri amawanga ag'enjawulo n'ebiyayi by'enzikiriza eri etya?
8. Abakulembeze b'ekibuga balowooza ki ku lw'enneeyisa y'abakristaayo?

**C. Ekibikkulirwa.**

1. Beegayirizi ki abakulu abaali bamanyikiddwa nga bawulira okuva eri Katonda ku lw'ekibuga?
2. Emyoyo emibi egigambibwa okuba nga gisukkulumye mu kibuga giyitibwa gitya okwetooloola ekibuga oba ebitundu by'ekibuga ebimu mu bulamu bw'ekibuga?

**Kati... weyambise obubaka bw'ofunye osabire baliraanwa bammwe, ekibuga oba eggwanga, n'okusinga saba ng'olwanyisa emyoyo emibi gy'ozudde.**

# ESSUULA EYOOKUTAANO.

## EBIZIYIZA OKWEGAYIRIRA OKUTUUKIRIDDE.

### EBIGENDERERWA:

Bw'omala essuula eno, onooba osobola;

- Okuzuula era n'okujjawo ebiziyiza okwegayirira okutuukiridde.
- Okumanya ddi lw'otayinza kusaba.

### OLUNYIRIRI OLUKULU:

Era ne bwe mubisaba, temubifuna kubanga ekigendererwa kyammwe kikyamu; mugenderera kubikozesa ku masanyu gokka. (Yakobo 4:3)

### ENNYANJULA.

Bw'oba oyagala okwegayirira obulungi, oteekeddwa okumanya ebiziyiza okwegayirira okutuukiridde era obyesonyiwe mu bulamu bwo. "Ekiziyiza" ky'ekintu kyonna ekijja mu kkubo lyo, ekikulemesa okwegayirira.

### EBIZIYIZA OKWEGAYIRIRA OKUTUUKIRIDDE:

Soma ebyawandiikibwa bino wammanga ebibikula ebyo ebiziyiza okwegayirira okutuukiridde;

- |   |  |
|---|--|
| • Ekibi eky'engeri yonna  | Isaaya 59:1-2, 1:15, Zabuli 66:18, Engero 28:9 |
| • Bakatonda abalala mu mutima:  | Ezeekyeri 14:1-3                               |
| • Omwoyo gw'obutasonyiwa:   | Makko 11:25, Matayo 5:23                       |
| • Okwegagaliza n'ebigendererwa ebikyamu:  | Engero 21:13, Yakobo 4:3                       |
| • Okuyisa obubi abafumbo:   | 1 Peetero 3:7                                  |
| • Okwetuukiriza:  | Lukka 18:10-14                                 |
| • Obutakkiriza:   | Yakobo 1:6-7                                   |
| • Obutaba mu Kristo ne mu kigambo kye:  | Yokaana 15:7                                   |
| • Obutaba na kisa:  | Engero 21:13                                   |
| • Obunnanfuusi, amalala, okumala gaddihhana ebigambo:                             | Matayo 6:5, Yobu 35:12-13                      |
| • Obutasabira mu kwagala kwa Katonda:   | Yakobo 4:2                                     |
| • Obutasabira mu linnya erya Yesu:  | Yokaana 16:24                                  |
| • Emizimu gya sitaani egiziyiza:  | Danyeri 10:10-13, Abaefeso 6:12                |
| • Obutasooka kunoonya bwakaba bwa Katonda.<br>Mu kusooka kunoonya obwakabaka bwe, |  |

Mw'osubizibwa "ebirala byonna."

Matayo 6:33

- Bw'otomanya ngeri yakusaba nga bw'osaanidde,  
Essaalayo eba eziyizibwa y'ensonga lwaki kikulu  
Okuleka omwoyo Omutukuvu okusabira mu ggwe: Abaruumi 8:26

### **OKWESONYIWA EBIZIYIZA OKWEGAYIRIRA.**

Jjukira nti okuzuula ebiziyiza okwegayirira tekimala, era oteekwa okusaba Katonda okukuyamba okubyesonyiwa mu bulamu bwo. Era jjukira nti ekirabika ng'essaala etaddiddwamu tekitegeeza nti waliwo ebiziyiza mu bulamu bwo. Nga bwe twagambye mu ssuula esooka, okwanukulibwa kw'essaala kuyinza okulwawo ko (Lukka 18:7) oba okuddibwamu mu ngeri endala etali ku ky'oyagala (2 Abakolinso 12:8-9)

### **DDI LW'OTAYINZA KUSABA?**

Kikulu nnyo okulindirira n'okwegayirira mu maaso ga Katonda olw'okuluhhamizibwa kwe n'okumanya ekkubo nga tonnabaako ky'okola. Kikulu nnyo okumanya ddi lw'otayinza kusaba. Oluusi essaala yo ey'okwegayirira ejja kuwirako Katonda okukuyita obeeko ky'okola mu kifo ky'okwongera okusaba.

Kino kisangibwa mu lugero lwa Isirayiri ku mazzi ga Mara agakaawa kyokka nga baali beetagira ddala amazzi, naye nga tebayinza kunywa mu luzzi lw'obutwa luno. Musa bwe yakaabirira Mukama mu kwegayirira, Katonda yamulaga ekyo kyennyini kye yalina okukola okuwomesa amazzi. Kyali tekyetaagisa kulindirira Mukama mu ssaala. Musa yali alina okukolerawo ekyo Katonda kye yali amubikkulidde. Kyali k'yekimu era nga kituufu ne ku Yoswa bwe yeegayirira olwa Yisirayiri olw'okuwagulwa okwe Ai. Katonda yalaga nti waaliwo ekibi mu bantu era n'agambira ddala Yoswa nti..

**Mukama n'agamba Yoswa nti, "Golokoka. Kiki ekikuvuunamizza ku ttaka?... Isirayiri eyonoonye... Golokoka otukuze abantu... (Yoswa 7:10, 11, 13)**

Tekyali kiseera kya kusabiramu wabula okukola ekyo Katonda kye yali abaluhhamiza mu ssaala. Abantu abamu bakozesa okwegayirira ng'ekyekwaso n'ebatakola ekyo Katonda ky'abagambye okukola. Okwegayirira okw'amaanyi kuleetawo ekikolwa ekyamangu nga kituukiridde. Abamu beeyongera okwegayirira nga Katonda yabazzeemu dda naye nga tebaagadde kuddibwamu okwo. Soma embooji ya Balamu mu kubala 22. Weetegereze ennyiriri 18-19 okusinga. Balamu teyalina ddembe lya kugenda eri Katonda ku nsonga y'emu kubanga Katonda yali amaze okumuddamu. (Laba olunyiriri 12)

**OKWEGEZAAMU.**

1. Wandika olunyiriri olukulu ng'olugya mu mutwe gwo.

.....  
.....

2. Leetayo ebimu ku biziya okwegayirira okutuukiride ebyannyonyoddwa mu suula eno.

.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....

3. Ddi lw'otolina kusaba?

.....  
.....  
.....

(Ebiddibwamu ku kwegezaamu bikuwereddwa ku nkomero y'ekitabo kino)

**OKWEYONGERA OKUSOMA.**

Leeta ebiziyiza okwegayirira okutuukiridde ebinyonyoddwa mu suula eno. Nokolayo ebimu ku biyinza okuziyiza essaala yo. Oyinza otya okwesonyiwa ebiziyiza ebiri mu bulamu?

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

---

# ESSUULA EYOOMUKAAGA.

## OKWEYAMBISA ESSAALA EY'EKYOKULABIRAKO OKWEGAYIRIRA.

### EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola;

- Okuwa ebyawandiikibwa ebiraga essaala y'ekyokulabirako mu ngeri gy'erimu ez'enjawulo.
- Okunyonnyola lwaki essaala ya Mukama ssaala ddala ey'okuyokulabirako olw'okwegayirira.
- Okuddamu essaala y'ekyokulabirako ng'ogiggya mu mutwe gwo.
- Okwegambisa essaala eno ey'okuyokulabirako ng'ekuluhhamya mu kwegayirira.

### OLUNYIRIRI OLUKULU:

**Kitaffe ali mu ggulu,**

**Erinnya Lyo litukuzibwe.**

**Obwakabaka bwo bujje.**

**By'oyagala bikolebwe mu nsi, nga bwe bikolebwa mu ggulu.**

**Otuwenga emmere yaffe eya buli lunaku.**

**Tusonyiwe ebyonoono byaffe**

**Nga naffe bwe tusonyiwa abatwonoona.**

**Totuganya kukemebwa**

**Naye tulokole eri omubi. Kubanga obwakabaka, n'obuyinza n'ekitiibwa bibyo emirembe n'emirembe. Amiina (Matayo 6:9-13)**

### ENNYANJULA.

Waliyo engeri bbiri ez'ekyo ekiyitibwa "essaala ya Mukama waffe" oba "essaala y'ekyokulabirako." Emu yawandiikibwa mu Matayo 6:9-13 endala mu Lukka 11:2-4. Abasoma ba Baibuli abasinga bakkiriziganya nti oluganda wakati waazo weeruli kubanga zonna ngeri za ssaala y'emu so si ssaala za njawulo.

Eya Matayo yaleetebwa nga Yesu ayigiriza ku Lusozi. Ekitundu ekiri mu kitabo kya Lukka kyaweebwa oluvannyuma lw'emyaka nga ebiri n'ekitundu ng'abayigirizwa bazze ewa Yesu okumusaba okubayigiriza okusaba. Mu kiseera kino eky'akafubo. Abayigirizwa baatuunulira Yesu ng'asaba era ne balaba amaanyi agaali mu byaliwo olw'essaala ye. Kino kyaleetera abayigirizwa okutandika okuyaayaanira okuyiga okusaba, n'olwekyo kwe kusaba omusomesa nti; "Tuyigirize okusaba."

Yesu yaddamu n'ebigambo by'ekyo ekifuuse ekiyitibwa "essaala ya Mukama waffe"

**Kitaffe ali mu ggulu,**

**Erinnya Lyo litukuzibwe.**

**Obwakabaka bwo bujje.**

**By'oyagala bikolebwe mu nsi, nga bwe bikolebwa mu ggulu.**

**Otuwenga emmere yaffe eya buli lunaku.**

**Tusonyiwe ebyonoono byaffe**

**Nga naffe bwe tusonyiwa abatwonoona.**

**Totuganya kukemebwa**

**Naye tulokole eri omubi. Kubanga obwakabaka, n'obuyinza n'ekitiibwa bibyo emirembe n'emirembe. Amiina (Matayo 6:9-13)**

#### **ESSAALA EY'OKWEGAYIRIRA.**

Abayigirizwa bwe bajja eri Yesu, bagamba "Tuyigirize okusaba," so si "tuyigirize essaala." Yesu yaddamu okusaba kwabwe ng'akozesa enkola yabulijjo ey'abasomesa Abayudaaya. Abasomesa baateranga okuleetayo ebitundu ebyamazima, awo oluvannyuma lwa buli nsonga eweereddwa yabalambulira byonna.

Mu ssaala y'ekyokulabirako eno, Yesu yakozesa engeri y'okusomesa y'emu. Yabawanga ekyokusomako n'abasomesa, "Noolwekyo musabe nga bwe muti" (ekyava mu ky'oluyonaani nti "*Houtos oun*") ekitegeza "saba mu ngeri eno." Yesu teyalagira bagoberezi be kuddihhana ssaala eyo kigambo ku kigambo, naye okusabanga mu ngeri eyo.

Essaala ye yatandika n'akagambo k'obwannanyini aka "-affe." Bwe tweyongerayo mu ssaala tulaba ekigambo "otuwe," "tukulembere," "tusonyiwe." Mu kutegeera kwonna, essaala eno ey'ekyokulabirako ssaala ya kwegayirira kubanga oba osabira abalala naawe wennyini.

#### **OKWEKENNEENYA ESSAALA.**

Eno y'engeri essaala eno ey'ekyokulabirako olw'okwegayirira bwe yeekennyezeddwa.

#### **KITAFFE ALI MU GGULU:**

Ekiigambo "kitaffe" kiraga kubeera kumpi, naye ebigambo, "mu Ggulu" biraga nti waliwo ebbanga. Naye Zabuli 139 etulaga, nti Katonda ali wonna. Bwe tusaba eri "kitaffe ali mu Ggulu," tekikakasa bbanga liri wakati waffe ne kitaffe, naye mu bwangu kitusikayo mu nsi ey'omubiri eri eyo ey'omwoyo ey'amaanyi. Kitukakasa nti Katonda alina ensibuko y'ebyo byonna ebiri mu nsi etali yabulijjo omujjibwa ebyo ebisabiddwa ebiteekebwawo olw'okujjukira essaala y'ekyokulabirako. Bwe "tusaba kitaffe ali mu Ggulu"

tuyungibwa butereevu okuyita mu Kristo ne Katonda asukkulumye awatali bintu bingi ebyandikozeseddwa mu ssaala ey'okwegayirira.

### **ERINNYA LYO LITUKUZIBWE.**

Bwe tufuuka abantu b'ennyumba ya Katonda, erinnya lya kitaffe ali mu Ggulu lituweebwa nga bwe kiri ku mwana yenna aba ayoleddwa mu nsi ey'omubiri, bw'afuna erinnya lya kitaawe ono omupya. Okuyolebwa kwaffe okw'omwoyo kutuwa eddembe ery'okuyita Katonda "kitaffe" n'okufuna ebirungi byonna ebyekuusa ku linnya lye kubanga kati tuli basika ab'obwakabaka bwa kitaffe.

Erinnya lya Katonda si kigambo bugambo kimulaga, wabula kiba kituggirayo embala ye n'ekyo kyali. Bwe twogera nti, "Erinnya lyo litukuzibwe" tuba twatudde amaanyi, omuntu n'obuyinza bwa Katonda. Bw'osabira abalala, osobola okukozesa amannya gano okwegayirira ewa Katonda okubakolera mu bulamu bwabwe. Kino ky'ekyokulabirako;

*"Nsabira mukyala wange, nti ojja kuba Katonda ow'emirembe gy'ali. Nsaba obeere Katonda yakuwa, agabirira buli kyetaago kye olwaleero. Katonda w'obuwanguzi, nsaba bendera yo okufuga mu bulamu bwe. Nsaba nti ggwe Katonda atukuza omutukuze olwaleero. N'ebirala..."*

Bino wammanga ge mannya omusanvu agalaga Katonda n'amakulu gaago:

ERINNYA	AMAKULU	GY'ERISANGIBWA.
Yakuwa -tsikdenu	Katonda obutuukirivu bwaffe	Yeremiya 23:6
Yakuwa - m'kaddesh	Katonda atusaddaakira	Okuva 31:13
Yakuwa -shalom	Katonda ow'emirembe	Ebyabalamuzi 6:24
Yakuwa -shammah	Katonda gy'ali	Ezeekyeri 48:35
Yakuwa -rophe	Katonda awonya	Okuva 15:26
Yakuwa -jireh	Katonda agabirira	Oluberyeberye 22:14
Yakuwa -nissi	Katonda bendera yange	Okuva 17:15
Yakuwa -rohi	Katonda omusumba wange	Zabuli 23:1

### **OBWAKABAKA BWO BUJJE:**

Mu Luyonaani, olw'Ebbulaniya ne Aramaica, "obw'akabaka" bwa Katonda kitegeeza "bufuzi bw'obwakabaka", obusukkulumu, obufuzi oba omulimu gwa Katonda ogw'okufuga. Kwe kulaga embala ya Katonda mu bikolwa.

Ekifo kya Katonda mw'akolera kisobola okulabibwa mu ngeri y'obumu oba ey'okugatta awamu ng'obwakabaka bwa Katonda. Ekirabikira mu Kkanisa omuyitibwa okugaziya obwakabaka n'abantu abakola obwakabaka bwa Katonda, era kiri nti, abakkiriza abatuufu mwe bazaalibwa eri obwakabaka buno.



Mu biseera ebirijja mu maaso eyo, obwakabaka bwa Katonda bugenda kutandikibwawo mu ngeri erabikako. Tetumanyi kiseera kituufu we kinaabeerawo (Ebikolwa 1:7), naye okusenziira ku kigambo kya Katonda kijja kuba. “Obwakabaka bw’ensi bwonna” bujja kuba bwa Katonda. Obwakabaka bwa sitaani obw’ekibi bujja kuba nga buwanguddwa era kabaka waffe afuge olubeerera. (Okubikkulirwa 11:15)

Obubaka obwobwakabaka bweraga lwatu mu byawandiikibwa eby’endagaano empya. Kino kyogerwako emirundi 49 mu Matayo, emirundi 16 mu Makko, n’emirundi 38 mu Lukka. Yesu yatandika obuweereza bwe ng’alangerira okujja kw’obwakabaka (Matayo 4:17). Yamaliriza obuweereza bwe obwo ku nsi ng’ayogera ku bintu ebikwata ku bwakabaka (Ebikolwa 1:3), wakati w’entandikwa n’enkomerero y’obuweereza bwe ku nsi, essira lyabanga ku bwakabaka.

Yayogera nti bulijjo yalina okweyongera okubuulira muno ne mubifo ebirala (Lukka 4:43). Buli lugero lwa Yesu lwali lwekuusa ku bwakabaka era n’obulamu bwe bwalaga ennono ye.

Yesu alaga nti ng’abakkiriza, tulina okuteeka essira ly’erimu eri obwakabaka:

**Naye musooke munoonye obwakabaka bwa Katonda n’obutuukirivu bwe, ebyo byonna mulibyongerwako. (Matayo 6:33)**

Olunyiriri luno lutulaga wa we tulina okutunuza okusaba kwaffe, okubuulira, okusomesa, n’obualmu bwaffe. Byonna biteekwa kuba nga biri ku bwakabaka bwa Katonda. Bwe “tusooka okunoonya obwakabaka,” kitukakasa okuddibwamu kw’okwegayirira okuba kugoberera essaala ey’ekyokulabirako.

Okusaba “obwakabaka bwo bujje,” kisukkuluma ku ssaala ey’okudda kwa Yesu n’okutandika obwakabaka bw’enkomeredde. Bwe “tusaba obwakabaka bwo bujje,” tuba tulangerira nti kitaffe ajja kufuga mu bulamu bw’omukkiriza, ne ku nsi yonna. Tuba twegayirira nti Katonda anaaba ayatulwa nga Kabaka era n’obulamu obwo ku nsi kuno buliba bufugibwa mateeka ge.

Bwe twogera ebigambo “obwakabaka bwo bujje,” tuba tusaba Katonda okuggyawo buli kintu kyonna ekirwanyisa obwakabaka bwe, omuli ebigambo, endowooza, ebyagalibwa, empisa n’ebirala.

**BY’OYAGALA BIKOLEBWE MU NSI NGA BWE BIKOLEBWA MU GGULU.**

Mu luyonaani, waliyo ebigambo bibiri ebikozesebwa ku lw’ekigambo “okwagala” okusenziira eri Katonda. Ekigambo ekimu kye “boulema” ekitegeeza obusukkulumu bwo kwagala kwa Katonda okuli enteekateekaye eyasooka eri buli kintu ekiba mu nsi eno.

Ekika “ky’okwagala kwa Katonda” kino kituukirizibwa awatali kusalawo kukolebwa muntu. Yenteekateka esinga eri ensi era Katonda waali mu nsi akola okulaba ng’aleetera ebintu byonna okutuukirira ng’asenziira ku kwagala kwe okusukkulumye.

**Era mu ye mwe twaweerwa obusika ne twawulibwa ng’enteekateeka bw’eri ey’oyo akola ebintu byonna okusenziira ku magezi ag’okwagala kwe. (Abaefeso 1:11)**

Okwagala kwa Katonda okuyitibwa “boulema” tekwetaagisa kwegatta na muntu. Mu “boulema” ebivaamu biba byateekebwawo mu ntandikwa. Era kwawandiikibwa mu kigambo kye era kutegeerekeka. Tewali bwetaavu bwa kunoonya kwagala kwa Katonda kuno kubanga kubikkulirwa mu Baibuli.

Ekigambo ekirala eky'okwagala kwa Katonda kye "thelema" ekitegeeza enteekateekaye ng'omu oba okwagala kwa Katonda eri buli musajja na buli mukazi. Katonda okutuukiriza okwagala kwe okuyitibwa "thelema," kyetaagisa omuntu okukwatagana ne Katonda. Abantu balina amaanyi g'okusalawo okutambulira oba obutatambulira mu kwagala kwa Katonda okuyitibwa "thelema." Bw'osaba "byoyagala bikolebwe" gy'oli oba omuntu omulala, oba weegayirira olw'okwagala kwa Katonda kuno okwa "thelema" okuba nga kukolebwa.

#### **OTUWE EMMERE YAFFE EYA BULI LUNAKU.**

Mu ssaala ey'ekyokulabirako, tusooka kunoonya bwakabaka bwa Katonda. Bwe tulangirira nti "obwakabaka bwo bujje" eri buli mbeera eri mubulamu bwaffe. Kati tusobola okusaba n'obukakafu, "otuwe emmere yaffe eyabuli lunaku" nga osaba nti ebyetaago byaffe abituwe tusobole okutuukiriza okwagala n'okugaziya obwakabaka bwe.

"Otuwe" kiraga nti Katonda y'ensulo yaffe, so si kiwayi kya nzikiriza oba ebyo ebitusasalwa ku mirimu. Ekigambo ky'oluyonaani ekikyusibwa nti "buli lunaku" mu ssaala ey'okuyokulabirako tekirina walala wekirabikira mu Baibuli. Kitegeeza "omugaati ogwetaagibwa oba omukulu" ogumala olw'okutubeezaawo n'okutuwanirira. Omugaso gwa kyo mu mbeera eno gukakasa nti essaala ya Yesu gye yasomesa ey'ekyokulabirako esaana okusabibwa buli lunaku.

Essaala ya "mmere" ekiraga okubeezaawo kw'omwoyo n'okwebintu ebirala. Ekigambo "Ffe" kiraga nti tuba twegayirira olw'obugabirizi "bw'emmere ya buli lunaku" eri abalala wamu naffe.

#### **OTUSONYIWE OKWONOONA KWAFFE NGA NAFFE BWE TUSONYIWA ABATWONOONA.**

Tuteekeddwa okuyiga okusonyiwa n'okusonyiyibwa olw'ensobi zaffe wamu n'olwebyo ebitukolebwako abalala. Ebyonoonobyoba bibaawo ng'osobezza Katonda okuyita mu kibi kyo. Okirwanyisa ng'osaba Katonda okukusonyiwa bw'ogamaba nti, "otusonyiwe ebyonoono byaffe." Baibuli egamaba nti;

**Bwe twogera nti tetulina kibi, twerimba ffekka, era n'amazima tegaba mu ffe. Naye bwe twatula ebibi byaffe, ye mwesigwa era mutuukirivu okutusonyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna. (1 Yokaana 1:8-9)**

Bw'oyatula ebibi byo by'omanyi, Katonda akusonyiwa n'ebibi byo byotomanyi naddala ebyo by'oyatudde, okukutukuza mu butali butuukirivu bwonna.

Ekitundu eky'okubiri okusonyiyibwa mwe kuyinza okulabikira kwe kusonyiwa abalala olw'ebyo bye bakusobya obutereevu n'ebitali bitereevu. Okusobya obutereevu kubaawo ng'omuntu akusobezza. Okutali kwa butereevu kwe kwo okubaawo ng'omuntu alumizza mukwano gwe oba ow'oluganda lwe n'otwala okusobya kwabwe. Yesu yasomesa nti twalina okukwasaganya ensobi ezo nga tuyita mu kusaba "otusonyiwe okwoonoona kwaffe, nga naffe bwe tusonyiwa abatwonoona."

Amakulu g'olunyiriri luno mu Luyonaani lutegeeza "nga bwe twasonyiwa abaatusobya." Awo olunyiriri ne lusomwa, "Otusonyiwe ebyonoono byaffe, nga naffe bwe tusonyiwa abatwonoona." Ensonga eri nti, nga tetunnasaba kusonyiyibwa bibi byaffe eri Katonda, tuba tulina okuba nga tusoose okusonyiwa abo abatusobya. Yesu yasomesa ennono eno ng'ayita mu Lugeru lw'omuuddu atali w'amazima mu Matayo

18:22-35. Olugero luno lutulaga nti okusonyiyibwa kwa Katonda kusukka ku kusonyiyibwa okw'omuntu. Okusonyiwa kw'omuntu kulaga kusonyiyibwa kwa Katonda, okusonyiwa kwa Katonda kufuuka okwaddala gye tuli nga twagala okusonyiwagana.

Yesu yafunza amazima gano bwe yagamba nti...

**Bwe mubanga mugenda okusaba musonyiwenga omuntu yenna gwe mulinako ensonga, ne Kitammwe ali mu ggulu alyoke abasonyiwe ebyonoono byammwe. (Makko 11:25)**

Sitaani aleetawo ebyesitaza mu maka go, wakati w'emikwano, mu nkolagana y'okumirimu gyo, ne mu kkanisa yo. Baibuli eraga nti "ebyesitaza bijja kujja" (Matayo 18:7). Onookwata otya ensonga zino bwe zitandika? Oneegayirira ku lwazo mu ssaala oba onaazogerako bwogezi mu bigambo?

### **TOTUTWALA MU KUKEMEBWA NAYE OTULOKOLE MU BUBI.**

Yesu yatusomesa okusaba, "Totutwala mu kukemebwa" naye Yakobo alaga nga Katonda bw'atakema muntu.

**Omuntu yenna bw'akemebwanga, tagambanga nti, "Katonda ye yankemye," kubanga Katonda takemebwa, era naye yennyini takema muntu n'omu. (Yakobo 1:13)**

Olwo ani mukemi Yesu gwe yali agamba? Baibuli ekiraga bulungi nti guno gwe mulimu gw'omulabe sitaani (Matayo 4:3, 1 Abassessalonika 3:5). Ebyawandiikibwa byaddihhana okulabula eri okukemebwa okuva ew'omubi (Matayo 4:1, 1 Abakolinso 7:5, 1 Abassessalonika 3:5). Baibuli ennyonyola nti;

**Naye buli muntu akemebwa ng'okwegomba kwe okubi, bwe kuli, n'asendebwasendebwa. Okwegomba okwo bwe kumala okuba olubuto, ne kuzaala ekibi, n'ekibi bwe kikula ne kizaala okufa. (Yakobo 1:14-15)**

Sitaani ye mukemi, naye tusuulibwa mu kyambika kye bwe tukkiriza bye twagala eby'omubiri okutukyamuukiriza. Bye twagala ebiringa ebyo bizaala ekibi, ekibi kivaako okufa. Ezimu ku ngeri Sitaani z'alumba ziva ku buteefuga eri ebyo byetwagala ebibi ebitubaamu munda, naye nga ebikemo ebirala biva bweru wa kuwulira, kulaba, empulira, okukwata. Oba bivaawa oba wa? Omutume Paulo atukakasa;

**Tewali kukemebwa kubatuukako okutali kwa bantu; kyokka Katonda mwesigwa, kubanga taabalekenga kutuukibwako kukemebwa kwe mutayinza kugumira, naye anaabasobozesanga okubigumira, n'abalaga n'ekkubo ery'okubiwangula. (1 Abakolinso 10:13)**

Bwe tusaba "Totutwala mu kukemebwa," tuba tusaba Katonda atukuume eri ebicamuukiriza eri ekibi. Ne Yesu teyalokolebwa kuva mu kukemebwa, naye yakuumibwa mu kwo (Abaebbulaniya 4:15). Omutume Yokaana atukakasa;

**Tumanyi nga buli muntu yenna azaalibwa Katonda teyeyongera kukola kibi, kubanga Katonda amukuuma, Setaani n'atamukola kabi. (1 Yokaana 5:18)**

Mu Abaefeso 6:10-18, omutume Paulo atuwa obubaka obunnyonyoddwa obulungi obukwata ku mubi ono n'ekyokulwanyisa eky'omwoyo Katonda ky'atuwa okwekuuma. Paulo akakasiza abalala nti tulina okubeera abanywevu mu Mukama ne mu maanyi g'obusobozi bwe nga tuyimirira mu maaso g'omubi (Abaefeso 6:10, 11, 13). Alangirira nti kisoboka okuyimirira nga tulwanyisa enkwe ezabuli kika

(obulimba, okwegeziwaza, okugerengetanya) eby’omubi. Paulo atugamaba nti tusaanye okulwana olutalo olulungi (1 Timoseewo 1:18), tulwane okulwana okulungi olw’okukkiriza (1 Timoseewo 6:12), ng’olwana mu bugezigezi n’ekigendererwa (1 Abakolinso 9:26).

Paulo akakasa nti olutalo si lwa mubiri n’ebyokulwanyisa eby’omubiri tebisobolera ddala. Entalo ez’omwoyo ziteekwa kulwanibwa na byakulwanyisa eby’omwoyo;

**Noolwekyo mwambalenga ebyokulwanyisa byonna ebya Katonda, mulyoke musobole okwanjanga omulabe ku lunaku olw’akabi, era bwe mulimala okukola byonna, mulyoke musigale nga muli banywevu.**

**Muyimirire nga muli banywevu, ng’amazima lwe lukoba lwammwe lwe mwesibye mu kiwato kyammwe, ate ng’obutuukirivu kye ky’omu kifuba.**

**Nga mwambadde n’engatto mu bigere byammwe nga mugenda okubuulira Enjiri ey’emirembe.**

**Era ku ebyo byonna okukkiriza kwammwe kubeerenga engabo eneebasobozesanga okuzikiza obusaale bwonna obw’omuliro obulasibwa omubi.**

**Obulokozi bubafuukire enkuufiira gye mwambadde, n’ekigambo kya Katonda kibabeerere ekitala eky’Omwoyo.**

**Nga musabiriranga mu ssaala zonna nga mwegayiriranga mu mwoyo buli kiseera. Mwekuumenga nga mugumiikirizanga, era nga mwegayiriranga abatukuvu, be bantu bonna aba Katonda. (Abaefeso 6:13-18)**

Obukulu bw’ekyokulwanyisa kino kwe kukuyamba okulwanyisa enkwe zonna ez’omulabe sitaani. Paulo akulagira “okwambala” eky’okulwanyisa eky’omwoyo ekitegeeza nti buvunaanyizibwa bwo okukozesa ekyo Katonda kyakuwadde. “Okwambala” kitegeeza okunyweza ekintu n’okikola nga ggwe mu bulamu bwo. Eno y’engeri y’okikolamu buli lunaku nga weegayirira ku lulwo ne ku lw’abalala.

<b>Ekyokulwanyisa</b>	<b>Okulangirira</b>	<b>Ekiubizo ky’osaba</b>	<b>omwoyo gw’osiba.</b>
Ng’amazima lwe lukoba, Lwe mwesibye mu kiwato	Yesu, yeggwe mazima gange	Yokaana 14:6	Obulimba.
Obutuukirivu, kye ky’omu Kifuba.	Oli butuukirivu bwange.	2 Abakolinso 5:21	Obutali butuukirivu.
N’engatto mu bigere ne Yesu nga mugenderera Okubuulira enjiri.	Ggwe kweteekateeka kwange.	Abafiripi 4:13	Obunafu.

Engabo ey'okukkiriza.	Yesu, ggwe kukkiriza kwange.	Abaggalatiya 2:20.	Obutakkiriza, okubusabuusa.
Ssepeewo y'obulokozi.	Yesu, ggwe bulokozi bwange.	Abaebbulaniya 5:6	Okwefumitiriza Okw'obwereere, Ebirowoozo ebibi
Ekitala eky'omwoyo (Ekigambo)	Yesu, ggwe kigambo kyange ekiram.	Yokaana 1:14	Obulimba bwa Sitaani

### **KUBANGA OBWAKABAKA N'OBUYINZA N'EKITIIBWA BIBYO.**

Ekigambo "kulwa" kiraga obuyinza omusabirwa essaala ey'ekyokulabirako. Kitegeeza "kubanga" obwakabaka amaanyi n'ekitiibwa bya Katonda, tusobola okusaba obugabirizi, ebisuubizo, n'obukuumi bw'essaala eno. Bwe tutuuka mu kitundu ekisembayo eky'essaala ey'ekyokulabirako olangirire, "obwakabaka bubwo" tujja mu kukola ndagaano na buli kintu Katonda kyayogera ku bwakabaka bwe.

### **Temutya, mmwe ekisibo ekitono, kubanga Kitammwe asiimye okubawa obwakabaka. (Lukka 12:32)**

Bwakabaka bwe, naffe ng'abasika, buba bwakabaka bwaffe. Mukululo ogwatekebawo kitaffe, era kimusanyusa okubutuwa.

Ekigambo amaanyi kye "dunamis" mu Luyonaani, omuva eby'oluzungu "dynamic" ne "dynamite" ebitegeeza "amaanyi" bwe tumalayo essaala nti "amaanyi gago" tuba twatula amaanyi ga Katonda agaseesetula n'obusobozi bwe obuseesetula okutuukiriza okwegayirira kwaffe. Bwe tulangirira "amaanyi gago," Katonda atukomezaawo ebigambo bya Yesu, "mbawadde amaanyi okussukuluma ku maanyi g'omulabe gonna." Kino kikakasa okuddibwamu eri ebyo byonna byeweegayiridde mu ssaala ey'ekyokulabirako.

Kati tulangirira, "Ekitiibwa kikyo!" "Ekitiibwa" kyekimu ku bigambo by'oluzungu ebigagga. Teri kigambo n'ekimu ekiyinda okukola nga kyo, naye bino by'ebimu ebiyinda okukola nga kyo; obukulu, ettendo, okwakayakana, okumasamasa, amaanyi, okuggulumizibwa, okusaanira, obulungi. Yesu yagamba;

### **Mbawadde ekitiibwa kye wampa, balyoke babeere bumu nga ffe bwe tuli obumu. (Yokaana 17:22)**

Ekitiibwa ky'ekimu Yesu mweyayimusiza kitaawe, kirabo gy'oli. Ky'olina okukola kwe kukisaba. Olina okuba ng'ova mu "kitiibwa n'odda mu kitiibwa" so si mukulemererwa n'odda mu kulemererwa. Osobola okumalibwamu amaanyi n'okkakkanyizibwa ng'owulira onnyogoze nga tolina na bulamu mu mwoyo. Naye ekigambo kya Katonda gy'oli olwaleero kiri...

**Yimuka, oyake, kubanga ekitangaala kyo kizze kyase era ekitiibwa kya Mukama kikwakirako. Kubanga laba ensi eribikkibwa ekizikiza era n'ekizikiza ekikutte ennyo kibikke abantu baamawanga gonna, naye ggwe Mukama alikwakirako era ekitiibwa kye kikulabikeko. (Isaaya 60:1-2)**

Ekitiibwa kya Katonda kikakasa;

- Obugabirizi: Abafiripi 4:19, Abaefeeso 3:16
- Amaanyi: Abakolosaayi 1:11
- Essanyu: Isaaya 66:5, 1 Peetero 1:8, 2 Ebyomumirembe 16:10.
- Eddembe: Isaaya 60:1.
- Ekiwummulo: Isaaya 11:10.
- Okutukuzibwa: Okuva 29:43
- Obumu n'abakkiriza abalala: Yokaana 17:22

Ekigambo kino kitegeeza ekyo kye kyogera ko: "Emirembe n'emirembe," ekyo eky'olubeerera, ekitalina nkomerero. Ng'omaliriza essaala yo, oba oyingira mu bwakabaka, amaanyi n'ekitiibwa ebya kitaffe... emirembe n'emirembe. Weeyunga kukikunyweza eky'olubeerera ku kitaawo kubanga oyatula nti ogabana obwakabaka bwe, amaanyi n'ekitiibwa.

#### **AMIINA.**

Bwe tukozeza ekigambo "Amiina" kisiba essaala yaffe n'amaanyi n'obuyinza kubanga, "Amiina" ly'erimu ku mannya ga Kristo (Okubikkulirwa 3:14). Kristo ayitibwa "Amiina wa Katonda" ebisuubizo bya Katonda byonna bituukirira mu ye. Bwe twogera "Amiina" kitegeeza tusabye essaala zaffe zonna ez'okwegayirira mu linnya erya Yesu. Ekigambo "Amiina" tekitegeeza nti "omaze okusaba kwonna." Amakulu g'ekigambo kino ge go nga bwe nkisabye, era bwe kinaaba, era bw'ogamba, "Amiina" oba olangirira okukkiriza kwo.

**OKWEGEZAAMU.**

1. Wandika ennyiri enkulu ng'oziggya mu mutwe gwo (Essaala ya Mukama waffe)

.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....  
.....

2. Essaala ebiri ez'enjwulo eziragibwa mu Baibuli ze ziriwa?

.....  
.....

3. Lwaki essaala ya Mukama waffe ssaala ddala ey'okwegayirira?

.....  
.....  
.....

4. Osobola otya okukozesa essaala ey'ekyokulabirako mu kwegayirira?

.....  
.....  
.....  
.....

5. Osobola otya okukozesa amannya ga Katonda okwegayirira abalala?

.....  
.....  
.....

(Ebidibwamu ku kwegezaamu bikuweereddwa ku nkomero y'ekitabo kino)

**OKWEYONGERA OKUSOMA.**

Okusabira mu bisuubizo bye Kigambo kya Katonda kikakasa okuddibwamu kw’essaala zo. Tandika okusoma Baibuli yo nga bw’olamba buli kisuubizo ne langi oba ennukuta “P” ku mabbali ga Baibuli yo.

Tandika okusabira mu bisuubizo bino. Okikola ng’osabira mu kisuubizo ekyaddala. Okugeza bw’oti bwoyinza okusaba: Zabuli 9:9-10

*“Nsabira (yogera erinnya) nti olibeera kigo kye mu biseera eby’akabi. Nsaba nti anaakwesiganga kubanga Ggwe, ggwe Mukama abakunoonya tobaleka bokka.”*

**Kati kigezeeko, funayo ebisuubizo mu Baibuli obiwandiike wansi wano mu ngeri ey’essaala:**

\_\_\_\_\_

\_\_\_\_\_

\_\_\_\_\_

\_\_\_\_\_

\_\_\_\_\_

\_\_\_\_\_

\_\_\_\_\_

\_\_\_\_\_

\_\_\_\_\_

\_\_\_\_\_

\_\_\_\_\_

\_\_\_\_\_

\_\_\_\_\_

\_\_\_\_\_

\_\_\_\_\_

\_\_\_\_\_

\_\_\_\_\_

\_\_\_\_\_

\_\_\_\_\_

\_\_\_\_\_

\_\_\_\_\_



# ESSUULA EYOOMUSANVU.

## OKWEGAYIRIRA OLW'OKUZZIBWA OBUGGYA.

### EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola;

- Okunnyonnyola okuzzibwa obuggya.
- Okunnyonnyola engeri gye tuyinza okwetegekera okuzzibwa obuggya.
- Okumannya ddi okuzzibwa obuggya bwe kwetaagisibwa.
- Okuzuula ebiraga embeera ey'okuseerera.
- Okufunza ennono z'okuzzibwa obuggya eziri mu Baibuli.
- Okunnyonnyola engeri y'okukozesa "enteekateka ya Katonda ey'okuzzibwa obuggya" okwegayirira olw'okuzzibwa obuggya.

### OLUNYIRIRI OLUKULU.

**Abantu bange abatuumiddwa erinnya lyange bwe baneetowazanga, ne basaba, ne banoonya amaaso gange, ne bakyuka okuleka amakubo gaabwe amakyamu, kale nnaawuliranga nga nsinziira mu ggulu ne nsonyiwa ekibi kyabwe era ne mponya ensi yaabwe. (2 Ebyomumirembe 7:14)**

### ENNYANJULA.

Ogumu ku mirimu emikulu mu kwegayirira kwe kusabira okuzzibwa obuggya. Mu ssuula eno ojja kuyiga okunnyonnyola okuzzibwa obuggya, okukyetegekera, n'engeri y'okumanya ddi lwe kwetaagisa. Era ojja kuyiga engeri y'okuzuulamu emisanvu egiziyiza okuzzibwa obuggya n'engeri y'okukyegayirira.

### OKUNNYONNYOLA KW'OKUZZIBWA OBUGGYA.

Okusooka, katulabe ekyo ekitali kuzzibwa buggya. Okuzzibwa obuggya tekibeera bubeezi ngeri gy'owulira. Abantu abasalawo okukola nga bwe bawulira eri okuzzibwa obuggya, naye bw'oba owulira kiba kitundu butundu kya kuzzibwa buggya. Okuzzibwa obuggya okw'amazima kukyusa omuntu yenna, wabula mubaamu n'okukyuka kw'engeri gy'owuliramu. Okumanya ebiriwo mu bulamu tekikyusa bantu. Ebibalo ebikolebwa ku abo ababa bafudde olw'omwenge tebikyusa mutamiivu. Emiwendo gy'abazzi b'emisango egiragibwa tekikendeeza ku kuzza misango. Amaanyi g'omwoyo omutukuvu gateekwa okukwata ku muntu ku mwoyo ne mu mbeera ze zonna olw'okuleetawo okukyusibwa.

Okuzzibwa obuggya si luyimba olw'awaggulu olw'omuliro gwa Geyeena. Si kukoowoola bantu bapya kujja kubaawo mu nkungaana. Okukula kw'ekkanisa kuva ku kuzzibwa buggya, naye ate si ky'ekimu n'okuzzibwa obuggya. Era si kwe kubuulira enjiri. Okubuulira enjiri kwe kulangirira amawulire amalungi ag'enjiri. Okuzzibwa obuggya kisukka ku kubuulira enjiri, abakkiriza abafu bwe "bazzibwa obuggya" okubuulira enjiri kubaawo.

Ekisembayo, okuzza obuggya si kuba na nkuhhaana ez'enjawulo, okuggyako ng'enkuhhaana ezo zifunye okukwatibwako okw'okubeerawo kwa Katonda asukkuluma.

Okuzzibwa obuggya kwe;

*“Omulimu gwa Katonda ogusukkulumye, ogutali gwa bulijjo mu muntu ayize era n'akola ennono ezimubikkuliddwa mu kigambo kya Katonda ekikwata ku kuzzibwa obuggya.”*

Okuzzibwa obuggya kusukkulumu, kuba tekusobola kuzaalibwa muntu. Si kwa bulijjo, kubanga mulimu gwa Katonda ogw'enjawulo. Okuzzibwa obuggya kukolebwa mu kibinja ky'abantu ku lwabwe. Okusobola okwetegekera okuzzibwa obuggya, tuteekwa okukola ennono za Katonda ezitubikkuliddwa mu kigambo ezikwata ku kuzzibwa obuggya. Buli kintu Baibuli ky'esomesa ku kuzzibwa obuggya kiba kigambo kya Katonda ekibaawo olw'ensonga eyo.

Era tuyinza okugamba nti okuzzibwa obuggya kwe;

- Okuzuukusibwa, okusoosowaza, okukomyawo abantu ba Katonda, okunywezebwa kw'ebintu ebyo ebiba bisigalidde.
- Okuzza kw'okutegeera oba obulamu, abo abazziddwa obuggya bafuuka bakozi era ne beeyongerayo nate.
- Okuwa ekkubo ly'mwoyo mu mubiri ogwo oguba gulekeddwawo nga gufuuse omulambo.
- Ebiseera by'okuddamu okwerongoosa okuva mu kubeerawo kwa Katonda (Ebikolwa 3:19)

### **OKWETEGEKERA OKUZZIBWA OBUGGYA.**

Tusobola okugerageranya okwetegekera okuzzibwa obuggya n'omulimu ogw'okulima. Omulimi asobola okubeera awo n'asabira amakungula amalungi, naye bw'ategeka nnimiro, n'atasimba nsigo, n'atafukirira bimera aba taja kugafuna.

Mu ngeri y'emu, n'omulimi alowooza nti bw'akola ebyo byonna w'akufuna amakungula aba musirusiru, kitwala obussukulumu bwa Katonda mu kutonnyesa enkuba, omusana, n'embeera y'obudde ennungi okuleetera ekimera okukula. Omulimu akola nga bwateekamu ennono z'okusiga n'okukungula, ebiro by'okusiga n'okukungula bibikkulwa mu kigambo kya Katonda. Katonda akyasukkulumye, kuba enkuba, omusana n'obudde obulungi biva gy'ali.

Enkola y'emu esobola okukozesebwa mu kuzzibwa obuggya. Kwe kussukuluma kwa Katonda okubaawo, naye “okukungula” okuzzibwa obuggya kuteekwa okugoberera ennono ezibikkuliddwa mu kigambo kya Katonda. Okuzzibwa obuggya nkola y'awamu ey'omwoyo wa Katonda n'engeri abantu ba Katonda gye baddamu.

## OKUZZIBWA OBUGGYA WE KWETAAGIBWA.

Lubeerera okuzzibwa obuggya kuba kwetaagibwa nnyo singa wabaawo embeera ey'omuntu ng'aseeredde. Okutegeera okuseerera, kozesa eky'okulabirako kya Yisirayiri, Yeremiya yayita ebizibu bya Yisirayiri okuseerera (Yeremiya 1:3-4). Baibuli egamba;

**Omuntu atalina kukkiriza alisasulwa empeera emusaanira olw'ebikolwa bye, n'omuntu omulungi naye alisasulwa eyiye. (Engero 14:14)**

Okuddako mu Yeremiya essuula 2, ojja kulaba nga Yisirayiri yali;

- Ekakasa nga Katonda bw'ataalina mugaso gye bali nga bwe yali edda ("Nnatera oku..."): 2:5
- Beerabira ebintu ebyamaanyi Katonda bye yabakolera mu nnaku ez'edda. 2:6-7.
- N'abakulembeze ba Yisirayiri beegatta ku abo abaaseerera. Bakabona baalemwa okubuuza, "Mukama ali ludawa." 2:8
- Katonda yava mu bulamu bwabwe ne badda ku bintu ebirala: bakatonda abalala 2:11-12, 27-28
- Baakyawa ensulo y'amazzi ag'omwoyo ne beetandikirawo ttanka ezomu ttaka ezitasobola kukuuma mazzi. Baawanyisa amazzi amalamu n'agalegama. 2:13.
- Baatandika okuseeseetuka mu mwoyo 2:19
- Baayingira embeera y'okwetukuza nga bbo 2:22-23
- Beetuukiriza n'okwekwasa 3:11
- Baasikiriza bangi mu nsobi zaabwe 2:33-34

Okuseerera ky'ekibi ky'okuva ku Katonda ne wejjuza obulamu bwo wekka. Kino kinnyonyolwa ng'embizzi edda mu bitosi, n'embwa okuddira ebisesemye byayo. (2 Peetero 2:21-22)

## EBIRAGA EMBEERA Y'OKUSEERERA.

Zino z'ezimu ku mbeera z'okuseerera. Weekebere obulamu bwo nga bw'osoma ebikuweereddwa. Oyingira embeera y'okuseerera.

1. Essaala bw'eba nga tekyali nkulu mu bulamu bwo. Kigambibwa nti; okuzzibwa obuggya kulwawo olw'okusembengerera kw'essaala.
2. Bw'olekerawo okunoonya amazima ga Baibuli, weematiza n'okumanya kw'olina. Kino tekiri nti abaseerera tebasoma Baibuli. Abasinga balina emize gy'okutuukiriza okwewayo okwa buli lunaku, naye bwe basoma ebigambo, okumanya kwe bafuna bakutwala ng'okutuufu naye ne batakukola mu bulamu bwabwe.
3. Ebiwoozo ku bintu ebitaggwaawo bwe byesalako oba okuba nga si byamugaso.
4. Bw'oddira ekibi kyo nga weetuukiriza bw'ogamba nti, "Katonda kasita akimanyi: ndi nfuufu bufuufu oba okugamba nti nze bwentyo bwe ndi."
5. Bwe wabaawo ebinnyonyolwa eby'omwoyo n'owulira nga bikumalako emirembe oba nga bikulengezza.
6. Ebintu nga eby'okwesanyusaamu, eby'omuzanyo oba nga eby'okuyiiyiriza bwe biba nga bye bifuga obulamu bwo.
7. Bw'oba nga osobola okwenyigira mu kibi awatali kwennyamira wadde.
8. Bw'oba nga obwagazi bw'obutuukirivu bwa Katonda tebukyali nsonga gy'oli.
9. Bw'oba ng'okufuna sente n'ebintu ebirungi by'ebifuga endowooza yo.

10. Bw'oba nga bw'owulira erinnya lya Mukama tokitwala nga kikulu, ng'ovoola eby'omwoyo, n'ebyo ebitaggwaawo nga tokyusibwa mu bikolwa byo.
11. Bw'oba ng'oseebengeredde mu kuzinza, mu nkuhhaana z'ekkanisa, osobola okwatula ennyimba z'eddiini naye nga teziva ku mutima, nga mu mutima gwo temuli luyimba, oba ettendo ery'essanyu.
12. Bwe wabaawo obutali bumu mu kkanisa nga tokitwala nga nsonga.
13. Bwe wabaawo obusongasonga obutono tono bwe weekwasa n'otogenda mu kkanisa kukuhhaana.
14. Bw'oba nga obusimu bw'omubiri gwo tokyasobola kubufuga. Ng'olaba ffirmu eziweebuula, ku Telefayina ng'owuliriza ennyimba ezitali za bwaKatonda ng'osoma ebiwandiiko ebikyamyama empisa.
15. Bw'ogendererera mpola mu mbeera ez'obulamu obw'ensi, okugeza obutasasula mabanja, obwavu, okulimba, obutaba mwesigwa, obutatuukiriza bisuubizo na nsisinkano, ennyambala eweebuula, okubba Mukama wo mu mirimu gy'olunaku n'ebirala...
16. Bw'oba ng'obutaba na maanyi ag'omwoyo tekikyali nsonga gy'oli. Nga tokyalina kunoonya Katonda wamu na maanyige mu bulamu bwo.
17. Ekkkanisa yo bw'eba nga esse mu by'omwoyo, ng'ekigambo kya Katonda tekikyabuulirwa mu kkanisa yo nga naawe osigala oli mumativu.
18. Bwe ziba ng'embeera z'eggwanga lya ez'obufuzi, omwoyo, eby'enfuna nga tokyabifaako.
19. Ng'omutima gwo mugumu. Amaziga go simangu ga kujja, tewefiirayo, opapa, n'ebirala. Tokaabira bintu nga Yesu bye yakaabira okugeza ekibuga ekyabula, embeera y'omuntu ey'omwoyo ebinakuwaza abalala.
20. Bw'oba ng'amaanyigo ag'omwoyo gagenze n'otokimanya na kukimanya.

#### **ENNONO ZA BAIBULI EZ'OKUZIBWA OBUGGYA.**

Okuzzibwa obuggya okw'endagaano enkadde kutuwa ennono za Baibuli ezituluhhama mu kusabira okuzzibwa obuggya. Okuzzibwa obuggya okw'emirundi ebiri si kwe kumu naye ennono zino zeeraga mu byawandiikibwa mu ndagaano enkadde;

1. Okuzzibwa obuggya okusinga okw'endagaano enkadde kwaliwo mu biseera nga waliwo okukendeera mu mwoyo, n'obutaba na ssuubi. Bwe wabaawo embeera ezikwetooloodde, okemebwa okuba nga toba na ssuubi, naye kisanyukiremu busanyusi, oyinza okuba kuntandikwa y'okuzzibwakwo obuggya.
2. Buli kuzzibwa buggya kwatandikiranga mu mutima gw'omuntu omu, eyabeera ekibya Katonda kye yakozesa okusiikuula abalala. Nga Katonda bw'akwata ku mitima gy'abantu n'omuliro ogw'okuzza obuggya, ojja kuwujja omuliro gw'okuzzibwa obuggya mu balala.
3. Buli kuzzibwa buggya okw'endagaano enkadde kwawummulira ku maanyi g'okulangirira ekigambo kya Katonda. Obubaka bw'okuzzibwa obuggya bulina kutunuulira kibi, Geyeena, n'okulamulwa kwa Katonda so si maanyi gokka, okwagala, emirembe, n'okuba obulungi. Twala obubaka bwa Musa obw'okuzzibwa obuggya mu (Ekyamateeka 11:26-28). Nnabbi Samwiri mu (1 Samwiri 7:3), Ezekeyeri, mu (Ezekeyeri 33:7-8), Nnabbi Eliya, mu (1 Bassekabaka 18:21)
4. Okwenenya ekibi kyaleetangawo okuzzibwa obuggya. Okwenenya kwabangamu okumanya Katonda, n'okweyawula ku nsi.

5. Waaliwo okuddira ebintu ebikulu nga okulumirirwa abalala, okukuuma ssabbiiti, okuwaayo, okusaba, n'ekigambo kya Katonda.
6. Waaliwo okuddira okusinza Katonda okwannamaddala. Okusinza kuno tekwali kunnyogovu n'okuba okw'empisa zaabwe ng abo, wabula okusanyusa n'abantu okweyiwa eri Mukama waabwe.
7. Buli kuzibwa obuggya kwagobereranga akaseera ak'okuzaaza, okufuna essanyu ery'amaanyi n'okusanyusibwa.

### **EBIZIYIZA OKUZZIBWA OBUGGYA.**

Bino by'ebimu ku bintu ebiremesa okutambula kwa Katonda okussukulumye mu kkanisa.

#### **EBIZIYIZA EBYOBUKULEMBEZE:**

Abakulembeze abatabuulira na kusomesa kigambo kya Katonda mu maanyi baziyyiza. Abo abatalina bulamu bwa kusaba, nga tebalina nteekateeka ya Kusoma Baibuli, nga tebayolesa maanyi, nga tebalina na kwagala eri okubuulira ekigambo baziyyiza okuzibwa obuggya. Abo abafuga abakkiriza n'abazikiza omwoyo wa Katonda nabo baziyyiza obusukkulumu bwa Katonda okulabisibwa.

Abakulembeze abatafaayo eri endiga nabo baziyyiza okuzibwa obuggya. Tebaluhhama kisibo eri eddundiro ery'omuddo omuto, n'amazzi amateefu ebyeetaagibwa okuzzizza obuggya. Abakulembeze abatakyalumirirwa nsi ezikirira baziyyiza okuzibwa obuggya. Bangi tebamanya buvunaanyizibwa bwabwe ng'abakulembeze mu kuzibwa obuggya (Yoweeri 2:15-18)

#### **EBIZIYIZA MU KUHHAAIRO.**

Wasobola okubaawo ebiziyiza ku kuzibwa obuggya mu kkuhhaaniri ly'abantu b'akatonda. Bwe baba balina okwagala okungi eri obuwangwa kitaataagannya okuzibwa obuggya. Okuzibwa obuggya n'okukyuka by'ebimu. Katonda mulambulukufu ate yeesigika, abeera mupya ate wa nsonga. Si munnabyabuwangwa. Ekkansa bw'eddukanyizibwa okusenziira ku buwangwa bw'abantu, ejja kutambula nga teriimu maanyi na kubeerawo kwa Katonda.

Enkuhhaana ezaagala ennyo enkola ey'ekikungu kiziyiza okuzibwa obuggya. Mikali mukyala wa Daudi, yamunyooma olw'okuba yasinza nga n'amaanyi ge gonna, era nafaalibwa omugumba. Ekkansa engumba eyagala nnyo enkola ez'ekikungu n'ebikolwa eby'okwagala okufunza ennyo ebintu, naky'o kiziyiza okuzibwa obuggya. Twagala Katonda asindike okuzibwa obuggya mu ssaawa bbiri ze twalagaanye naye ku ssande ku makya.

Amakuhhaaniri mangi gaagala amazima agatabakooya. Tebaagala kugambibwako kw'ebyo ebyatekebwako Kristo oba okubuulira ku kibi n'okusalirwa omusango. Amazima ageetaagisa ku lw'okuzibwa obuggya tegatera kuba nga gawa emirembe. Okwagala ennyo okuweebwa ekitiibwa abalala naky'o kiziyiza okuzibwa obuggya. Amakuhhaaniri agasinga, abantu bafaayo nnyo ku ekyo abantu kye banaalowooza okusinga ekyo Katonda ky'alowooza.

#### **EBIZIYIZA EBYAWAMU.**

Waliyo ebiziyiza ebirala nga bisobola okuba nga biri mwombi mu bakulembeze ne mu kkuhhaaniri. Ekibi kiziyiza okuzibwa obuggya nga kisangibwa mu muntu atudde mu ntebe oba ku katuuti mu kkanisa.

**Mulabe, omukono gwa Mukama teguyimpawadde n’okuyinza ne gutayinza kulokola, era si muzibe wa matu nti tawulira.**

**Naye obutali butuukirivu bwammwe bwe bubaawudde ku Katonda wammwe. Ebibi byammwe bye bimukwesezza amaaso ge, n’atawulira. (Isaaya 59:1-2)**

**Oyo akweka ebibi bye, talifuna mukisa kukulaakulana, naye buli abyatula n’abireka, alisaasirwa. (Engero 28:13)**

Endowooza ey’obuteefiirayo, egamba nti, “Zzino z’ennaku envannyuma era kisuubirwa ebintu okwongera okubijira ddala.” Kijja kuziyiza okuzibwa obuggya. Obutafaayo ku kusaba n’ekigambo kya Katonda, okugaana okukkakkana, n’okugaana okunoonya Mukama biziya okuzibwa obuggya. Okukugira Katonda nakyo kiremesa okulabibwa kw’obusukkulumu bwe mu masekati gaffe.

**Ne baddamu ne bakema Katonda, ne banyiiza Omutukuvu wa Isirayiri. (Zabuli 78:41)**

**Era yakolerayo ebyamagero bitono olw’obutakkiriza bwabwe. (Matayo 13:58)**

Enjawukana ziremesa okuzibwa obuggya. Abantu bafuna enjawukana olw’ebintu bya Kristo n’ebyetaago by’abalala. Obutawuliriza mbeera ya mwoyo n’okutambula kw’omwoyo wa Katonda kiziyiza okuzibwa obuggya.

#### **ENTEKATEKA YA KATONDA EY’OKUZZIBWA OBUGGYA.**

Buli kiziyiza ekinnyonnyoddwa kisobola okulekebwa okuyita mu kwegayirira, kubanga okuzibwa obuggya kuva mu ngeri gy’oddamu eri essaala.

**Abantu bange abatumiddwa erinnya lyange bwe baneetowazanga, ne basaba, ne banoonya amaaso gange, ne bakyuka okuleka amakubo gaabwe amakyamu, kale nnaawuliranga nga nsinziira mu ggulu ne nsonyiwa ekibi kyabwe era ne mponya ensi yaabwe. (2 Ebyomumirembe 7:14)**

Ennono ez’omugaso ezikwata ku kuzibwa obuggya nnyinji eziri mu lunyiriri luno. Ekisooka, kimanye nti Katonda ayongera n’abantu be (“Abantu bange bwe...”), yali tayogera eri ababi, ensi oba omuntu yenna okutwaliza awamu. Katonda ayogera n’abantu be “abaayitibwa mu linnya lye.” Bino abantu ba Katonda bye bateekeddwa okukola bwe baba baakufuna okuzibwa obuggya;

#### **1. BEETOWAZE:**

Kino kitegeeza okweteeka wansi mu maaso ga Katonda (soma Ebyabaleevi 26:40-41).

Okwetowaza kuno kubaamu okukkakkana mu maaso ga Katonda (2 Ebyomumirembe 34:14-28) n’eri abantu be (2 Ebyomumirembe 34:29-33)

#### **2. OKUSABA:**

Olina okusaba essaala ez’etongodde eza; (1). Okunoonya Katonda, ne (2). Okuva mu makubo amabi. Tutera okuba nga “tetulina” kubanga “tetusaba” oba nga tusaba bubi. Tulina okusaba Katonda atuzze obuggya era tusabe n’essaala ezeetongodde ez’okwatula n’okwenenya okutegeka emitima gyaffe eri okutambula kw’omwoyo we.

### 3. OKUNOONYA OBWENYI BWA KATONDA.

Ekigambo “okunoonya Katonda” mu bitundu by’endagaano enkadde bino;

Okuva 33:7, Ekyamateeka 4:29, Ezera 8:22, 2 Samwiri 12:16, 21:1, 1 Ebyomumirembe 16:10-11, 2 Ebyomumirembe 7:14, 11:16, 15:4, 20:4, Zabuli 105:3-4, 24:6, 27:8, 40:17, 69:7, 70:5, Engero 28:5, Isaaya 51:1, Jeremiah 29:13, 50:4, Koseya 3:5, 5:6-7, 15, 7:10, Danyeri 9:3, Zefaniya 1:6, Zakaliya 8:21, Malaki 3:1.

Bw’omala okusoma ebitundu ebyo, obikkulirwa nti okunoonya Mukama ku limu;

- Okwesalirawo n’okusalawo n’omutima gwo gwonna okudda eri Katonda.
- Endowooza ey’omunda ey’okwewaayo okuweereza Mukama.
- Okusalawo okuva mu kibi kyonna.
- Okusalawo okutuukiriza okwagala kwe.
- Okumalirira okumusaba obutakoowa.

Okunoonya Katonda y’engeri esinga okuba enkulu okumalawo ekibi (Amosi 5:4, 14). Kiraga okwetoowaza okutuufu (Zefaniya 2:3). Kwe weesigama okuwulira okubeerawo kwa Katonda (Koseya 5:15). Kuleeta obulamu (Amosi 5:4-6) era kuteekeddwa okukolebwa n’omutima gwonna (Yeremiya 29:12-13)

### 4. “OKUVA MU MAKUBO GAABWE AMABI.”

Okusaba n’okunoonya Katonda tebimala. Birina okuwereekerezebwa okwenenya ekitegeeza okukyusa ekkubo. Olina okukyusa amakubo go amabi n’odda eri Katonda. Okwenenya ge mazima agakakasibwa mu kuzzibwa obuggya okwa Baibuli. Kyeraga bulungi mu kuzzibwa obuggya okw’endagaano enkadde. Ekkansa yatandika na kuyita bantu eri okwenenya (Ebikolwa 2). Okuyitibwa okusembayo mu kitabo eky’okubikkulirwa kwe kwenenya (Okubikkulirwa 22:16). Okwenenya kirabo okuva eri Katonda ekikyamba okukyusa ekkubo ly’obulamu bwo (Ebikolwa 5:29-31, 11:15-18, 2 Timoseewo 2:22-26). Abantu bonna balagirwa okwenenya (Ebikolwa 17:30). Kwagala kwa Katonda bonna okwenenya (2 Peetero 3:9) era Katonda akola n’ekisa osembeza abantu eri okwenenya (Abaruumi 2:4). Awatali kwenenya ozikirira (Lukka 13:3, 5). Yesu yalagira nti okwenenya n’okuggibwako kw’ebibi kibuulirwe mu linnya lye eri amawanga gonna (Lukka 24:47).

Okwenenya kulimu okuva ku bibi by’okoze (ebintu by’otokola by’olina okukola); by’okola (ebintu ebikyamu by’okola) n’okwetwala (nga tonoonya kuwabalwa kuva eri Katonda oluvannyuma n’okola ensobi). Okwenenya era kubaamu okuva ku “bikolwa ebireetera okufa” (Abaebbulaniya 6:1-3). Ebikolwa ebireetera okufa by’ebyo ebikolwa eby’eddiini by’okola okwagalibwa Katonda mu maanyi ag’obuntu.

Ebikolwa ebireetera okufa bisobola okubaamu okusinja, okuva ebimu eby’ekkumi, n’ebikolwa eby’ekisa. Okusinja kulina kuba mu mwoyo ne mu mazima. Okunyigiriza, okwekaalisa oba okuba ng’omaliddwamu amaanyi olw’okulaba ekibbo ky’ebiweebwayo nga kikuyita mu maaso biba bikolwa ebireetera okufa. Ebikolwa eby’ekisa oba obuweereza bw’okola ng’omulimu oba mw’onoggya ekitiibwa naky’okuba kiba kikolwa ekireetera okufa.

Omulumu gwonna ogutalina busobozi bwa kufuulibwa mulamu na mwoyo wa Katonda guba kikolwa ekireetera okufa. Okugeza okubuulira enjiri buli kiseera mu buli kifo eri abantu bonna

awatali kulumirizibwa kwa mwoyo wa Katonda kuyinza okuba kusuulira mbizzi mayinja ag'omuwendo omungi (Matayo 7:6), n'oyo anenya omunyoomi amala budde (Engero 9:7-8). Omulimu gwonna ogukolebwa mu maanyi ag'omubiri so si amaanyi ag'omwoyo omutukuvu guba kikulwa ekireetera okufa.

Olina okweyongeranga okwekebera embeera yo ey'omwoyo, ebigendererwa byo, n'enkola z'obuweereza olwo weenenye olw'ebikolwa ebikyaamu, n'ensobi zo okumala gatwala ebintu n'ebikolwa ebireetera okufa.

OKUFUNZA:

Bino by'olina okukola nga weetegekera okuzzibwa obugya;

- Weetowaze.
- Saba.
- Noonya obwenyi bwa Katonda.
- Kyuka okuva mu makubo go amabi.

Bino Katonda by'ajja okukola ng'addamu;

- "AWULIRA okuva mu Ggulu": Addamu.
- "ASONYIWA ekibi kyabwe": Kuddihhana.
- "AWONYA ettaka lyabwe": kukomyawo.



**OKWEGEZAAMU.**

1. Wandika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.

.....  
.....  
.....  
.....

2. Nnyonnyola okuzzibwa obuggya.

.....  
.....  
.....  
.....

3. Tuyinza tutya okwetegekera okuzzibwa obuggya?

.....  
.....  
.....  
.....

4. Okuzzibwa obuggya kwetaagisa ddi?

.....  
.....  
.....  
.....

5. Funza ebiraga embeera y'okuseerera ebyannyonyoddwa mu ssuula eno.

.....  
.....  
.....  
.....

6. Leetayo ennono za Baibuli ez'okuzzibwa obuggya eziri mu ssuula eno.

.....  
.....  
.....  
.....

7. Leeta ekyawandiikibwa eky'enteekateeka ya Katonda ey'okuzzibwa obuggya.

.....  
.....  
.....  
.....

8. Nnyonnyola engeri y'okukozesaamu "enteekateeka ya Katonda ey'okuzzibwa obuggya" okwegayirira okuzzibwa obuggya.

.....  
.....  
.....  
.....

.....  
.....  
(Ebiddibwamu ku kwegeezamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

### **OKWEYONGERA OKUSOMA.**

Okujuliza okuva mu ndagaano enkadde kukuweereddwa weeyongere okusoma ennono zino. Ku lw'okwongera okuzza amaanyi mu mwoyo gwo, funza embeera eriwo, ebyo ebizzaamu omwoyo amaanyi n'ebiva mu kuzibwa obuggya. Ekisoose kikoze ng'ekyokulabirako kw'otambuliza okunoonyereza kwo. Osobola okukola enkalala z'ebyo byonna ku nkomerero y'essuula eno.

### **OKUZZIBWA OBUGGYA WANSI YAKOBO:**

**(Oluberyebereye 35:1-15)**

#### **EMBEERA EZIRIWO:**

1. Omukulu w'amaka yali takyalina kussa kimu ne Katonda. Okuva ku ntandikwa Yakobo yali mulimba era omukulupya. Yasuubiza okuweereza Katonda nga bw'adduse obusungu bwa Esawo, naye nga yeerabidde ekisuubizo kino. Yakobo yali yeemalirira. Teyalaba bye yafuna nti byava wa Katonda newaakubadde yanoonya omukisa gwa Mukama. Yakkiriza nti yali omukisa guno y'agwefunidde yekka. Yakobo yali ayagala nnyo ebintu ng'afaayo nnyo ku ebyo bye yalina n'okwegabirira ye n'abomu maka ge nga tafaayo ku nkolagana ye ne Katonda.
2. Enkola y'amaka ge teyali ku nteekateeka eri mu Baibuli: Waaliwo okuganja okwalagibwa Yusufu. Yakobo teyafuga nnyumba ye bulungi era abaana be baawolera eggwanga ku lw'obuliisa maanyi obwatusibwa ku muwalawe (Oluberyebereye 34). Bakazi be baali balimba, baabuggya, ng'ate bakulupya.
3. Waaliwo okubeerawo kw'omwoyo omubi: Bakazi be babba bakatonda ba kitaabwe. Batabani be batta, babba, era baawambanga. Ye n'amaka ge baali bonoonyi era nga basinza n'ebifaananyi. Oluberyebereye 35.

#### **EBYASISIMULA.**

- Ezimu ku mbeera enzibu ezajjira Yakobo zamusisimula. (Oluberyebereye 35)
- Okuzzibwa obuggya kwatandika na Kigambo kya Katonda. (Oluberyebereye 35:1)

## **EBYAVAAMU:**

Okuzzibwa obuggya kuno kwabaawo mu maka. Bwe gaba ng'amaka gaffe gazziddwa buggya, amakanisa gaffe nago gajja kudda buggya:

1. Amaka geesonyiwa ba Katonda abalala ab'ebifaananyi ne beetukuza. (Oluberyeberye 35:2)
2. Baayatula Katonda omu omutuufu. (Oluberyeberye 35:3)
3. Baddayo mu kifo we baasisinkaniranga omwoyo (Baagenda e Besero). Oluberyeberye 35:3
4. Baatandikawo ekyoto, beenenya, ne badda eri okusinza okutuufu. Oluberyeberye 35:7.
5. Obulamu bwabwe bwakuyusibwa okulaga enkyukakyuka eno ey'omwoyo. Oluberyeberye 32:24-32
6. Yakobo yafuna okubikkulirwa kwa Katonda okupya. Mukama neyeerangirira nga "Katonda omuyinza wa byonna" ekitegeeza asinga byonna amaanyi. Oluberyeberye 32:24-32.

Kati weeyambise ebijulira bino n'olukalala oluli ku nkomerero y'essuula eno oyongere okusoma ennono z'okuzzibwa obuggya ez'endagaano enkadde;

### **OKUZZIBWA OBUGGYA WANSI WA MUSA:**

Okuva 32:1-35, 33:1-32, essuula 34-35

### **OKUZZIBWA OBUGGYA WANSI WA SAMWIRI:**

I Samwiri 7:1-17

### **OKUZZIBWA OBUGGYA WANSI WA ELIYA:**

1 Bassekabaka 1:7-18, n'ekyefaanyiriza ekyo mu 1 Bassekabaka 15:9-24

### **OKUZZIBWA OBUGGYA WANSI WA YEKOSOFI:**

2 Ebyomumirembe 20.

### **OKUZZIBWA OBUGGYA WANSI WA KEEZEKIYA.**

2 Ebyomumirembe 29:1-36, 30:1-27, 31:1-21.

### **OKUZZIBWA OBUGGYA WANSI WA YOSIYA.**

2 Ebyomumirembe 34:1-33, 35:1-19

### **OKUZZIBWA OBUGGYA WANSI WA ZERUBABBEERI.**

Kaggayi 1, Zaakaliya 1:1-6.

### **OKUZZIBWA OBUGGYA WANSI WA SOLOMONI:**

2 Ebyomumirembe 6-7

### **OKUZZIBWA OBUGGYA WANSI WA YONA.**

Ekitabo kya Yona.

OKUZZIBWA OBUGGYA WANSI WA NEKEMIYA:

Nekemiya 8-10

**Okuzzibwa obuggya okw'endagaano enkadde;**

OKUZZIBWA OBUGGYA WANSI WA \_\_\_\_\_

OKUJULIRA \_\_\_\_\_

EMBEERA ERIWO \_\_\_\_\_

EBISUMULULA

EBYAVAAMU

# ESSUULA EYOOMUNAANA.

## OKUTANDIKAKO N'OKUSIGALA NGA WEEYONGERAYO.

### EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okukola enteekateeka y'essaala etegekeddwa obulungi.
- Okukolayo ekitabo ky'essaala.
- Okwenyigira mu kwegayirira okw'amawanga ag'enjawulo.
- Okuzuula ebizibu n'engeri y'okubivvuunuka.
- Okusobola okutandikako n'okusigala nga weeyongerayo.
- Okukyusa okwegayirira ku kuba empisa naye eky'okusanyukiramu.
- Okwewaayo eri obuweereza obw'okwegayirira.

### OLUNYIRIRI OLUKULU:

**Naye ggwe bw'obanga osaba, oyingiranga mu nnyumba yo, ne weggalira mu kisenge kyo n'osabira eyo mu kyama. Kitaawo ategeera ebyama byo byonna alikuwa by'omusabye. (Matayo 6:6)**

### ENNYANJULA.

Mu kusoma kwaffe ku ssaala ey'okwegayirira, tuyize kye kitegeeza: ebikozesebwa eby'omwoyo ebituwereeddwa okutuyamba okwegayirira. Tututte n'ekyokulabirako eky'omwegayirizi Mukama waffe Yesu Kristo, ne tuyiga okuzuula n'okukwasaganya ebyo ebiziyiza okusaba okutuukiridde.

Essuula esembayo eraga engeri z'oyinza okweyambisa okusobola okutandikako n'okusigala nga weeyongerayo mu buweereza bw'okwegayirira.

### OKWETEGEKERA ESSAALA.

Bw'oba ng'oyagala okufuuka omwegayirizi atuukiridde, awo olina obudde obw'okusaba. Engeri emu ey'okukikola kwe kutegeka obudde bw'essaala yo nga ggwe era n'abalala. Endagaano empya eraga engeri eno ey'okutegeka mu amaggye g'essaala.

### ESSAALA Y'OMU:

Essaala erina okukolebwa ggwe ng'omuntu mu kyama.

**Naye ggwe bw'obanga osaba, oyingiranga mu nnyumba yo, ne weggalira mu kisenge kyo n'osabira eyo mu kyama. Kitaawo ategeera ebyama byo byonna alikuwa by'omusabye. (Matayo 6:6)**

N'okolayo akadde ak'enjawulo buli lunaku ak'okusaba n'okusinga ku makya nga tonnatandika lunaku. Bw'oba nga toli muntu ayagala kumakya, awo n'onyaayo obuddde obulala obulungi. Kano ke kaseera w'okolera obuweereza bwo obwa Kabona ng'oli mu maaso ga Katonda omutendereze nga bwomusinza ne wakati wa Katonda n'omuntu n'okwegayirira. Nga tonnatandika kwegayirira, funayo

akaddek'okwenenya ku lulwo era osabe Katonda akulongoose okuva mu kibi. Okwenenya musingi eri okwegayirira.

#### **ABABIRI ABASABIRA AWAMU.**

Ababiri nga basabira awamu ntegeka y'okusaba ey'awamu esinga okuba ey'abantu abatono. Ntegeka ya Baibuli nayo kasita eba ng'amaanyi gaayo gavaayo mu kyawandiikibwa kino.

#### **Era ddala ddala mbagamba nti bwe munaabanga babiri mu nsi ne mukkiriziganya ku ekyo kye mwagala okusaba, Kitange ali mu ggulu alikibakolera. (Matayo 18:19)**

N'onyaayo mukwano gwo eyandiyagadde okuba omwegayirizi mutandike okusaba mwembi bulijjo. Bw'obeera omufumbo osobola okukikola n'omwagalwa wo oyo. Bw'oba olina gw'osaba naye basobola okukuleka n'osigala nga ogenda bw'oggwaamu amaanyi.

#### **OBUBINJA OBUTONO.**

Obubinja buno obutono oluusi buyitibwa "obubondo bw'essaala" mubaamu abantu abasukka mu babiri abazze awamu mu kwegayirira. Wabaawo amaanyi abantu ababiri oba abasatu bwe beegatta olw'omulimu guno.

#### **Kubanga abantu ababiri oba abasatu bwe banaakunjjaananga mu linnya lyange, nange nnaabeeranga awo wakati waabwe. (Matayo 18:20)**

Osobola okwagala okusisinkana banno mu bibinja okusabako ne mikwano gyo, bakozi banno, ab'ehhanda.

#### **ESSAALA EYAWAMU MU KKHUJHAAIRO.**

Ekkansa yonna nayo erina okwenyigira mu ssaala mu biseera eby'okwegayirira okutegeke.

#### **Abo bonna ne beewerayo ddala n'omutima gumu okusaba wamu n'abakazi ne Maliyamu nnyina Yesu ne baganda ba Yesu. (Ebikolwa 1:14)**

Ebikolwa 12:5, atulaga nti ekkansa yalina okwegayirira buli kadde ku lwa Peetero bwe yali mu kkomera. Bw'oba ng'oli Musumba, buvunaanyizibwa bwo okutegeka ebiseera eby'essaala ekika ekyo.

#### **OKUTEKAWO EKITABO KYO EKY'ESSAALA.**

Kiyamba nnyo bw'okolayo ekitabo kyo ek'essaala okukuluhhanya mu kwegayirira. Kozesa akatabo oyawulemu ebitundu eby'enjawulo. Osobola okuteekamu ebitundu nga bya:

- By'osomye ku kwegayirira n'okusiba.
- Ekibuga kyo, ekitundu oba eggwanga: funa ne maapu zaabyo obisabire, funa n'enkalala z'abakulembeze b'eddiini ne bannabyabufuzi obasabire n'amannya gaabwe.
- Okwegayirira kwo: Teekateeka eby'okusabira byo, eby'amaka go, emikwano n'abalala, wegayirire ku lwabyo buli lunaku. Wandika essaala eziddibwamu okwezzaamu amaanyi mu buweereza obw'okwegayirira.
- Ekkansa yo: Funayo akapande k'ekkanisa akaliko abakulembeze baayo bonna osabire buli omu buli lunaku. Sabira buli muntu ali ekitundu ku kkanisa yo n'erinnya lye.

- Obuweereza bwo: Weegayirire ku lw'obuweereza bwo. Bw'oba osomesa Baibuli, sabira buli muntu mu kkanisa n'erinnya lye. Bw'oba muzadde, sabira abaana bo (abali ekitundu ku buweereza bwo). Bw'oba mu minsani oba omubuulizi w'enjiri, sabira enziji zeggule ku lw'enjiri, ku lw'abo abakyusiddwa, abagoberezi bo ne b'okola nabo.
- Okwegayirira amawanga: teekawo akatundu k'okwegayirira amawanga g'ensi n'okweyongerayo kw'obwakabaka bwa Katonda. Olw'okuba nti "Harvestime International" nkolagana etunuulidde ensi yonna ku lw'enjiri, twagala okugatta amaanyi olw'ekiruubirirwa kyaffe wamu okuyita mu Kusaba. Noolwekyo tugatta okuluhhamizibwa kuno eri okwegayirira amawanga.

### **OKWEGAYIRIRA AMAWANGA.**

Kuno wammanga kwe kuluhhamya eri abo abeegayirira ku lw'ammawanga kwe basobola okukozesa mu bibinja ebitonotono mu kkanisa yonna;

#### **OKUTENDEREZA KATONDA: (Mu eddakiika kumi)**

Tuyingira mu kubeerawo okuyita mu kwebaza n'okutendereza (Zabuli 100:4)

#### **OKWEGAYIRIRA KU LW'ENSI YONNA: (Mu eddakiika kumi 10)**

Bwe muba temunnatandika kwegayirira, musooke musabe essaala ey'okwenenya. Olwo musabire ensi yonna:

- Okufuna enjala ey'omwoyo empya eri ensi yonna.
- Katonda okuyiwa eggye ery'ensi yonna olw'okwegayirira eri amawanga gonna.
- Okukula n'okukulaakulanya ekkkanisa mu nsi yonna.
- Katonda okuyimusa abakunguzi.
- Obumu n'enkolagana wakati w'ekkanisa eziriwo n'ababunyisa enjiri.
- Okuzzibwa obuggya, okuyaayana n'okusaasira eri abo abaabula.
- Okukozesa ebikozesebwa mu magezi mu bakkiriza enjiri ebuulirwe. Saba Katonda agabirire ensimbi ezeetaagisa n'okuyimusa abo abaagala era abasobola okuteekamu mulimu gw'okubunyisa enjiri.
- Okuggulirwawo "enzigi z'okwogereramu" nga tugabana ekigambo kya Katonda (Abafeeso 6:19)
- "Ensi omutakkirizibwa njiri" ziggulwe eri enjiri (2 Abassessaloniika 3:1)
- Abawulira enjiri bagyanirize (Abaruumi 15:30-31)
- Ebintu ebiri mu nsi eby'amaanyi ebikosa okubuulira enjiri.
- Emitima gy'abakulembeze ne banna byabufuzi okwaniriza emirimu gy'abaminsani n'okubuulira enjiri.
- Abo abatandikawo amakkanisa n'abaminsani.
- Abakkiriza ababonaabona oba abaasibwa olw'okwewaayo eri Kristo oba olw'okuba nti baweereza.
- Omulimu gw'abavuunula ebitabo okwetooloola ensi yonna.
- Amatendekero g'obukristaayo gonna, amasomero, n'ago agasomesa Baibuli okwetooloola ensi yonna.
- Abakozi b'ensi abakristaayo bonna.



- Abaminsani abayingira mu buwangwa obw'enjawulo.
- Okutambula kwa Katonda mu baana abato. Be bakulembeze b'ekkanisa ey'enkya.
- Okubikkulirwa enkola entuufu. Okutukiikirira buli ggwanga, kyalo oba ensi. Saba Katonda akibikkulire abo abakola mu bitundu ebyo.
- Sabira ebitongole ebyenyigira mu kunoonyereza eri obumiisani n'enkola ez'enjawulo.
- Obukuumi eri abo abakola okubatangira okulumbibwa omulabe. Siba emirimu gya Sitaani egijja eri abakkiriza n'amawanga. Sabira abalwanyisa enjiri okusumululwa, (Abaruumi 15:30-31, 2 Abassessaloniika 3:2)
- Engeri Baibuli gy'erabibwamu eri ensi okubuulirwa eri abakkiriza era bafuuke abakozi so si abalabi obulabi ab'enteekateeka ya Katonda.
- Abo abakola emirimu gy'ensi mu mawanga agatali gamu okusobola okubuulira enjiri.
- Abakkiriza abali mu maggye abali mu bitundu eby'enjawulo eby'ensi basobole okukolera ddala omulimu ogw'okubuulira enjiri obulungi.
- Omulimu gw'emikutu gy'empuliziganya egy'eddiini okugeza, obubaka bw'enjiri obuli ku butambi, Ffirimu, zitteepu, Laadiyo z'abakristaayo ne zi Telefayina.
- Omulimu gw'okujjanjaba, abawooyawooya n'obumiisani obugatta okujjanjaba n'okuyambako mu bulamu obulabikako nga bayita mu kubuulira enjiri.
- Ebibiina by'abamiisani n'ababikkulira okutambuza abamiisani nga babagabanya mu nsi yonna.
- Omulimu gw'abasenze n'abanoonyi b'obubuddamu mu nsi.
- Okusibibwa kw'amaanyi g'omwoyo ga Sitaani agafugira mu mawanga ne mu bitundu. Ng'amaanyi bwegatyo gye gali, eky'okulabirako kya Mulangira wa Persia mu biseera bya Danyeri. Amaanyi gano gannyonyola lwaki amawanga agamu gaaniriza nnyo enjiri okusinga amalala. Emyoyo egimu giba gikola mu bitundu eby'enjawulo. Okutuusa nga gisibiddwa, olwo ebitundu bino nanyo ne byaniriza enjiri.

### **OKWEGAYIRIRA EKITUNDU KY'ENSI EKIMU. (Mu ddakiika 10)**

Kozesa maapu y'ensi yonna nga bw'osabira amawanga. Bino by'ebimu ku bintu by'oyinza okusabira eri buli ggwanga:

- Ebikolebwa: Osobola okusigala ng'omanyi eby'okusabira ebimu ebiba byetaagisa ng'otunuulira ebikolebwa mu mawulire g'eggwanga oba okusigala ng'owuliziganya n'abakozi ab'obukristaayo abaliyo.
- Amakanisa g'eggwanga.
- Abo abakola ennyo mu malimiro g'amakungula g'omwoyo agali mu ggwanga eryo. Abo abatandikamu ekkansa, abakozi b'eggwanga, amatendekero aga waggulu, abamiisani, abavvuunuzi ba Baibuli n'abalala.
- Abakkiriza bonna mu ggwanga lyo.
- Abantu abatannatukibwako mu ggwanga.
- Okusiba amaanyi ga sitaani agakolera mu ggwanga lino. Amaanyi ago aganjja okulemesa okubuulira kw'enjiri oba amawanga agatakkiriza njiri kuba ng'ebuulirwamu.

- Mu buli kitundu eky'abantu mubaamu ebintu musanvu ebikola ku ndowooza y'abantu n'amagenda g'eggwanga. Ge maka n'ennyumba, ekkansa, okusomesa, ebinyumu, n'obuyiia, emikutu gy'empuliziganya, gavumenti, n'ebyobusuubuzi. Weegayirire buli kimu ku bintu ebyo.

### **OKWEGAYIRIRIRA EKIBINJA KY'ABAMIISANI OBA EBITONGOLE. (Mu ddakiika 10)**

Nga weekumira mu nkolagana n'abamiisani oba ebitongole, ojja kumanya ebyetaagisa okusabira. Leka erinnya lyo liteekebwe ku lukalala lw'amawulire gaabwe oba mu ssaala zaabwe.

### **OKUSABIRA EKITUNDU KY'ABANTU EKITATUUKIBWAMU: (Mu ddakiika 10)**

Ebitundu by'abantu ebikulu ebitatuukibwangamu ebitaano biri: Ababudda, Abahindu, abantu abasosoze, Abasiraamu n'aba China:

- Basabire enjala ey'omwoyo.
- Abakozi okubatuusaako enjiri.
- Basabire babikkulirwe enkola y'okutuukirira buli kibinja.
- Sabira n'abo ababadde batandise okugezaako okutuukirira abantu abo.

### **ESSAALA YO: (Mu ddakiika 10)**

Tunuulira ebyetaago byo eby'ensi. Eyetaago byo bikwatagana bitya n'ekigendererwa kya Katonda eri ensi yonna, n'ekitundu kyo kye kiriwa? N'ebyetaago byo birina okuba nga bikwatagana n'enteekateeka ya Katonda eri amawanga. Noonya Katonda ku lw'amakubo mw'oyinza okutuukirira ekitundu ky'omubiri gwo ogw'okutuuka eri amawanga g'ensi n'engeri y'obwakabaka bwa Katonda. Oyinza otya okwetegekera omulimu guno? Oyinza otya okutandika kati? Oyinza kuwaayo kyenkana ki ku ssente zo n'obuddebwo ku lw'obuweereza eri ensi?

### **EBIZIBU EBITEEKEDDWA OKUVVUUNUKA.**

Buli eyali asabyeko obulungi yali asisinkanyeeko ku bizibu ebyali byetaagisa okuvvuunuka. Okulumba ebizibu bino nakyo kitundu kya kwegayirira.

*“Okufuba mu ssaala kitegeeza okufuba okuyita mu bikusoomooza ebiyinda okukuziyiza oba okukulemeseza ddala okweyongerayo mu ssaala ey'okugumiikiriza. Kitegeeza okuba ng'olaba buli kiseera n'osobola okumanya ddi w'oyagalira mu ssaala ne tudda mu mwoyo gw'essaala kino kitujjukizibwe.”*

*Dr. O. Hallesby.*

Buli kizibu ky'ofuna kitwalire Katonda oyo okuyita mu “mwoyo w'essaala” (Omwoyo Omutukuvu), anaakuyamba okukivvuunuka. Bino by'ebimu ku bizibu by'oyinza okusisinkana:

### **OBUTABA NA BUDDE:**

Bulijjo tufuna obudde bw'ebyo bye tuba twagala okukola. Obutaba na budde si kyekwaso. Gy'okoma okukola, gy'okoma okwetaaga okwegayirira. Tondawo obudde bw'essaala nga toganya kintu kyonna kukutaataaganizaamu. Ng'otegeka obudde bwo totunuulira bw'abalala kubanga oyinza okwetaaga obungiko oba obutono ddala okusinziira ku ky'osabira. Okwegayirira tekulina kubeera kuwanvu nnyo okutuukirira. Tunuulira obukulu bw'essaala y'omubbi ku musaalaba ("onzijukiranga ng'otuuse mu bwakabaka bwo"), omuwooza nga yeegayirira ("Katonda onsaasire nze omwonoonyi"), okwawukanako ku ssaala y'abafalisaayo empanvu, eyokwetuukiriza.

### **EBIBUZAABUZA:**

Gezaako okwewala ku bikubuzaabuza ng'oli mu kwegayirira. Lekera gw'osaba naye ebiragi, omuwandiisi oba mukwano gwo oleme kusumbuyibwa ng'oli mu kiseera eky'okwegayirira kino. Bw'oba ng'olina essimu, leka omuntu akufunire ku bubaka ogiggyeko, oba weeyambise ekyuma kikuddiremu. Tosabira wali laadiyo oba Telefayina ekola. Obuyimba bw'ekikristaayo obwa wansi bugezaako okubikkako ku bitaataaganya ebitera okuba okumpi nga bireekaana okugeza obugombe bw'okumakubo n'embooji ez'abantu abalala.

### **OBUKOOWU:**

Bw'okooyera mu ssaala oluusi n'okusumagira, gezaako okutambula nga bw'osaba oba okusaba ng'oyatula ebighambo.

### **OBUTABA NA KWAGALA:**

Okwagala kw'obuweereza obwokwegayirira kugenda kukula mpola mpola. Kutandika n'empisa y'okukikola buli lunaku bw'oba ng'oyagala oba nga toyagala. Okukkiriza kw'obukristaayo kwonna kusinziira kukkiriza so si bw'owulira. Bw'otandika okulaba ebiva mu kwegayirira mu bulamu bwo n'obwabo be weegayirira, obudde bwo obw'okusaba bujja kukyusibwa okuva ku mpisa otandike okubusanyukiramu.

*"Ani oyo akuwa obwagazi? Katonda yennyini. Abukuwa oleme kubutuukiriza? Tekisoboka. Akusimbamu okwagala ekintu n'ekigendererwa eky'okukuwa ekintu ekyo. Ajja kukukuwa bw'okimusaba mu ngeri entuufu... era akuyambe okukola okwegayirira." –Jean Nicholas Grow.*

### **ENTANDIKWA Y'ENKOMERERO.**

Tutuuse ku nkomerero y'okusoma kwaffe ku kwegayirira mu butuufu, noolwekyo si y'enkomerero wabula entandikwa. Waakafuna ebikozesebwa eby'omwoyo eby'amaanyi ebiri mu mubiri gwa Kristo ogw'okwegayirira. Okuyita mu kwegayirira, osobola okugenda wonna mu nsi yonna.

Essaala zo zisobola okuyingira mu mawanga agatayingirikikamu mu butonde, mu buwangwa ne mu misanvu egy'obyobufuzi. Osobola okukoma ku magenda g'abantu n'amawanga gona. Osobolera ddala okuyamba okutaasa obulamu n'emmeeme z'abasajja n'abakazzi, abalenzi n'abawala.

Oyingidde enkolagana eyannamaddala ne Katonda okuyita mu kwegayirira. Osobola okusaba n'obuvumu ng'omanyi nti;

**Mukama Katonda ow'Egye alayidde n'ayogera nti, "Ddala nga bwe nalowooza, bwe kirituukirira bwe kityo era nga bwe nateesa, bwe kirinywera bwe kityo. (Isaaya 14:24)**

**Eno y'entegeka eyategekerwa ensi yonna: era guno gwe mukono ogwagololwa ku mawanga gonna.**

**Kubanga Mukama Katonda ow'Egye ye yateesa, kale ani ayinza okukijjulula? Omukono gwe gugoloddwa, kale ani ayinza okuguzzaayo? Obunnabbi Obukwata ku. (Isaaya 14:26-27)**

Katonda ow'egye alina ekigendererwa, teri maanyi ga nsi, mubiri, mizimu, geyeena oba sitaani yennyini ayinza kukimenyawo. Kati naawe oli kitundu ku kigendererwa ekyo eky'obwa Katonda okuyita mu buweereza obwokwegayirira. Tumaliriza n'okunyonnyola kuno okwamaanyi: okwegayirira okwa Canon Liddon;

*"Kituufu nti okwegayirira kukwatagana n'empisa enzikkakkamu era ey'ekyuma? Abo abaali basabyeko batuddemu.*

*Ebiseera ebimu bannyonnyola essaala ya Yakobo ng'okulwanagana n'amaanyi agatalabika ekiyiza okulwawo, obutaba kyabuli kiseera mu bulamu bw'abanyikira eyo mu kiro ennyo, oba kumakya ennyo. Ebiseera ebimu bannyonnyola okwegayirira kwa Paulo ng'okwali okw'okufuba ennyo.*

*Bakikozesa bwebaba basaba, amaaso gaabwe geekaliriza omwegayirizi ow'amaanyi ali e Gesisemeni, ku ye okuva omusaayi ogutonnya ku ttaka olw'obulumu n'okwerekereza n'okuba ssaddaaka.*

*Obunyiikivu ky'ekinyusi ky'okwegayirira okutuukiridde... tekitegeeza kulooto wabula okusigala ku mulimu. Okuyita mu kwegayirira obwakabaka obw'omu ggulu buyingirwa n'amaanyi, era abantu ab'amaanyi ennyo be babutwala."*

*-Canon Liddon.*

Oli mwetegefu okukola okusalawo okwo?

**OKWEGEZAAMU:**

1. Wandiiika olunyiriri olukulu ng'oluggya mu mutwe gwo.  
.....  
.....  
.....
2. Wandiiika enteekateeka ey'okusaba, onootandika ddi? Budde ki buli lunaku mw'onootandikiranga essaala yo? Onoosabira wa?  
.....  
.....  
.....  
.....
3. Bizibu ki ebinnyonnyoddwa mu ssomo lino by'oyinza okusanga by'olina okuvvuunuka okusobola okutandika okusaba era ne weeyongera mu maaso?  
.....  
.....  
.....  
.....
4. Otaddewo ekitabo kyo eky'okusaba? ..... bw'oba tonnaba, soma ku kitundu ky'okweyongera okusoma mu ssuula eno.
5. Weewaddeyo ku budde bw'okwegayirira nbuli lunaku?  
.....  
.....  
.....
6. Bw'oba oli Musumba, Musomesa oba Mukulembeze oba ekikosi ekirala kyonna ky'okulembera, wandiiika entegeka ey'okusaba okwetabya ekuhjaaniro lyo, abayizi oba abo b'okulembera okubagatta mu ssaala.  
.....  
.....  
.....  
.....

(Ebidibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

### **OKWEYONGERA OKUSOMA:**

Bino bisobola okukuyamba okwekolera olukalala lw'ebiyokusabira:

#### **EKITUNDU EKISOOKA: EBYOKUSOMESA.**

By'osomesa biteeke mu lukalala lw'essaala y'okwegayirira n'okusiiba mu kitundu kino osobole okwongera okubikeberako.

#### **EKITUNDU EKYOKUBIRI: EKIBUGA, ETTWALE, EGGWANGA.**

Funayo ebinja mu kibuga, ettwale, ne mu ggwanga obisabire. Funa enkalala z'abannabyabufuzi n'abakulembeze b'eddiini ozisabire. Obubaka bw'ofunye buteeki mu nkola "yokukuba maapu ey'omwoyo" ey'ekibuga, ettwale oba eggwanga erikuliraanye.

#### **EKITUNDU EKYOKUSATU: OKWEGAYIRIRA KU LULWO.**

- **Ebyetaago byo:** Leetayo ebyetaago by'amaka go, emikwano n'abalala weegayirire ku lwabyo buli lunaku. Wandika essaala eziddibwamu okukuzzaamu amaanyi mu buweereza bwo obwokwegayirira.
- **Ekkansa yo:** Funayo ekipande ky'ekansa oba olukalala lw'amanya g'abakulembeze obasabire buli lunaku. Sabira buli muntu w'ekansa na linnya lye.
- **Obuweereza bwo:** Weegayirire ku lw'obuweereza bwo bw'oba ng'osomesa Baibuli, sabira abayizi bo, bw'oba musumba, sabira buli muntu ali mu kansa yo n'erinnya. Bw'oba muzadde, sabira abaana bo (abali ekitundu ku buweereza bwo). Bw'oba omumiisani oba omubuulizi sabira enzigi zeggule olw'enjiri, eri abalokose ku lulwo, abayigirizwa bo ne b'okola nabo.

#### **EKITUNDU EKYOKUNA: OKWEGAYIRIRA KU LW'AMAWANGA GONNA.**

Mu kitundu kino, tegekayo olukalala lw'ebyo by'onoogoberera okwegayirira amawanga agaakuweebwa mu ssula eno. Oyinza n'okwagala okufuna maapu z'amawanga agateereddwa mu kitundu kino.

## OKUJULIZA:

### OKUJULIZA OKUSOOKA: OMUWENDO OKULI ESSAALA Y'OMU BAIBULI.

Wayize mu lusoma luno nti Yesu ky'ekyokulabiralo eky'omwegayirizi asinga. Waliwo eby'okulabirako ebirala bingi eby'abeegayirizi abali mu Baibuli. Enkalala zino wammanga kuliko okujuliza kw'essaala eziri mu Baibuli. Kozesa okuluhhamizibwa kw'okusoma okuli mu kujuliza kuno weeyongere okumanya essaala y'okwegayirira ng'osoma essaala zino n'obulamu bw'abo abaazisaba.

#### ESSAALA MU NDAGAANO ENKADDE:

##### **Oluberyeberye:**

Ebyafaayo by'essaala bitandika: 4:26

Essaala n'okweyongerayo mu mwoyo: 5:21-24

Essaala n'ekyoto: 12-13

Essaala y'omusika: 15

Essaala, lulimi lwa kukaaba: 16

Essaala n'okubikkulirwa: 17.

Essaala y'ekibuga ekyonoonyi: 18-19

Essaala ng'omaze okukola ensobi: 20

Essaala y'okugonda: 22

Essaala y'omugole: 25:19-23

Essaala ekyuusa ebintu: 26

Essaala eringa ekirayiro: 28

Essaala ekwata ku kusobya ow'oluganda: 32

Essaala y'omuliro ogwa kwekebwa 39-41, 45:5-8, 50:20, 24

Essaala y'okuwa amawanga omukisa: 48-49

##### **Okuva:**

Essaala eringa okusinda: 1-2

Essaala eringa okunyumya: 3-4

Essaala eringa okwemulugunya: 5-7

Essaala y'okuba awamu n'amaanyi: 8-10

Essaala ng'ettendo: 15

Essaala y'omukatyabaga: 17

Essaala y'abeetaaga: 22:22-24

Essaala y'okulwawo kw'okulamulibwa: 32

Essaala ya Musa eri Yisirayiri: 32:9-14.

Essaala ya Musa eyokubiri: 32:30-34

Essaala ya Musa eyokusatu: 33:12-23

Essaala n'okwayakana: 34

### **Okubala:**

Essaala esembayo 6:24-27

Essaala y'obukuumi: 10:35-36

Essaala y'okugyibwako omusango: 11:1-2

Essaala y'emitima egiweddemu amaanyi: 11:10-35

Essaala y'omuntu omunakuwavu: 12

Essaala y'okukuuma ekitiibwa ky'obwa Katonda: 14

Essaala y'okulwana olutalo lw'omwoyo: 16

Essaala y'okukkana okuva mu kufa: 21

Essaala n'obwannabbi: 23-24

Essaala y'omukulembeze omupya: 27

### **Ekyamateeka:**

Essaala ey'omulimu ogw'omuwendo: 3:23-29

Essaala eri eyo ali okumpi: 4:7

Essaala eremezaawo okulamulwa: 9:20, 26-29

Essaala ng'omukisa: 21:6-9

Essaala ng'okwebaza: 26

Essaala ng'oluyimba: 32-33



**Yoswa:**

Essaala ng'ekyokugezesa: 5:13-15

Essaala Katonda gyataddamu: 7

Essaala eyalekebwa n'ebyokuddamu ebitiisa: 9:14

Essaala eyaleetera eky'amagero.

**Ekyabalamuzi:**

Essaala ey'okuluhhamizibwa: 1

Essaala mu kaseera ak'olutalo: 4-5

Essaala ey'obubonero: 6

Essaala mu nnaku: 10:10-16

Essaala ng'okulamuza: 11:30-40

Essaala ey'omwana atannazaalibwa: 13

Essaala mu maaso g'okufa: 16:28-31

Essaala eddibwamu amangu: 20:23-28

Essaala olw'eggwanga ery'abula: 21:2-3

**1 Samwiri:**

Essaala etali ya bigambo: 1

Essaala ey'obunnabbi: 2:1-10

Essaala mu yeekaalu: 3

Essaala ey'ensi mu kaseera akakatyabaga: 7

Essaala eya Kabaka: 8

Essaala ey'okugyibwako omusango: 12

Essaala eya Kabaka mu biseera by'okusoberwa: 14

Essaala ey'omutima ogusunguwadde: 15:11

Essaala ng'eddoboozi ery'egonjebwa: 16:1-12

Essaala ng'ekyama ky'obuvumu: 17

Essaala ng'okwebuuzza: 23

Essaala ku lw'oyo atawulira: 28:7

Essaala ey'okuddizibwawo ebyo ebyatwalibwa mu lutalo: 30

## **2 Samwiri**

Essaala ng'eyokufuna ekikyoo: 2:1

Essaala ey'obubonero bw'obuwanguzi: 5:19-25

Essaala ey'omukisa ku nnyumba n'obwakabaka: 7:18-29

Essaala kulw'omwana omulwadde: 12

Essaala ey'okwegayaaza: 5:7-9

Essaala ey'okutegeera okunnyigirizibwa: 21:1-12

Essaala nga zabuli: 22

Essaala ngeky'okulaga amalala: 24:10-17

## **1 Bassekabaka:**

Essaala ey'omutima ogwa magezi: 3

Essaala ey'okuwonga: 8:12-61

Essaala kulw'omukono omusanyalavu: 13:6

Essaala ku lw'bwengula obugale: 17

Essaala ku lw'okuzuukiza omwana omufu: 17:20-24

Essaala ey'okuwa ekitiibwa Katonda: 18:16-41

Essaala n'obutakoowa: 18:45

Essaala olw'okufa: 19

## **2 Basekabaka:**

Essaala olw'omwana omufu: 4:32-37

Essaala ey'okwolesebwa: 6:13-17

Essaala kw'okusumululwa okuva eri abalabe: 19

Essaala kulwo bulamu obuwanvu: 20:1-11

## **1 Ebyomumirembe.**

Essaala ey'okulakulana mu mwoyo: 4:9-10

Essaala ey'okwesiga: 5:20

Essaala ey'okutya: 13:12

Essaala ekkakasa endagaano: 17:16-27

Essaala eyanukulwa n'omuliro: 21

Essaala ey'omukuumi: 23:30

Essaala n'okuwaayo: 29:10-19

## **2 Ebyomumirembe:**

Essaala mu katyabaga k'eggwanga: 14:11

Essaala n'okuzibwa obuggya: 15

Essaala n'okwejukanya ebyayita: 20:3-13

Essaala ey'okwenenya: 33:13

## **Ezera:**

Essaala y'okwebaza: 7:27-28

Essaala n'okusiba: 8:21-23

Essaala n'okwatula: 9:5-10, 4

## **Nekemiya:**

Essaala evudde mukulumwa: 1:4-11

Essaala ey'omukafo akaziyivu: 2:4

Essaala ey'okusumululwa okuva mu kivvume: 4:1-6

Essaala ey'okuwangula obusungu: 4:7-9

Essaala n'okusasulwa: 5

Essaala ejjawo obukuusa: 6:9-14

Essaala n'ekigambo: 8:1-13

Essaala n'obulungi bwa Katonda: 9

Essaala ey'okujjukiza: 13:14, 22, 29, 31

**Yobu:**

Essaala ey'okulekawo obuvunanyizibwa: 1:20-22

Essaala y'okwatirwa ekisa: 6:8-9, 7:17-21

Essaala y'okutukuzibwa: 9

Essaala, Yobu eri obutali bwenkanya: 10

Essaala, okutangaazibwa eri obutaffa: 14:13-22

Essaala n'amagoba: 21:14-34

Essaala n'okwebuza: 23

Essaala eddibwamu n'empewo y'akazimu: 38

Essaala ey'okwatula: 40:3-5, 42:1-6

Essaala ey'okwegayirira: 42:7-10

**Zabuli:**

Essaala ey'obujeemu: 3

Essaala ey'obutukuvu: 4

Essaala ey'okukuuma kw'okumakya: 5

Essaala ey'okukola kwo obwakatonda: 7

Essaala ey'okutendereza amaanyi g'obwa Katonda: 8

Essaala ey'okulamya kati n'oluvannyuma: 16

Essaala ey'omusaalaba: 22

Essaala ey'okulabirirwa kw'omusumba: 23

Essaala ku lw'okulabisibwa okwe Ekitiibwa kya Katonda: 24

Essaala ng'akaloosa ewa Katonda: 25

Essaala ey'omutima ogukkiriza: 27

Essaala ng'eyawandiikibwa ku lwazzi lwa Kristo: 31

Essaala olw'emmeeme eri mukatyabaga: 32

Essaala ey'obukuumi okuva eri abalabe: 35  
Essaala etendereza okwagala kwa Katonda: 36  
Essaala ey'omuyise: 39, 90, 91  
Essaala n'okumaliriza omulimu: 40  
Essaala mu kwennyika okwamaanyi: 41  
Essaala ng'olujji lwe ssuubi: 42-43  
Essaala kulw'okuyambibwako okwe Ggulu: 44  
Essaala ey'ekiddukiro: 46  
Essaala ey'omutima ogumenyese: 51  
Essaala eye saawa zonna: 55  
Essaala ey'okwennyika: 57  
Essaala ey'okwesiga: 71  
Essaala eya Katonda mwennyini: 73  
Essaala ng'ettendo olwo busukkulumu bwa Katonda: 96  
Essaala ey'okkudduka mu kugezesebwa: 102-103, 105  
Essaala ey'okujjukira: 106  
Essaala ku lw'abo abali mu katyabaga kennyaja: 107  
Essaala n'okwekwata ebyawandiikibwa: 19, 119  
Essaala kulw'omutima ogunoonya: 139

**Engero:**

Ekitabo kino kitunuulira ssaala ng'omukutu eri amagezi.

**Omubuulizi:**

Kinnyonnyola essaala n'obutaliimu.

**Oluyimba:**

Ebyama by'essaala

**Isaaya:**

Essaala Katonda gy'atawulira: 1:15, 16:12

Essaala n'okutukuza: 6

Essaala ku lw'akabonero: 7:11

Essaala y'okussukulumya: 12

Essaala y'okutendereza olw'obuwanguzi: 25

Essaala ey'emirembe: 26

Essaala n'okwekiririzaamu: 41

Essaala n'okwegezaamu: 55

Essaala etamanyiddwa eri abangi: 59

Essaala ku kwolesa amaanyi ga Katonda: 63-64

**Yeremiya:**

Essaala ey'okwatula obutayinza: 1

Essaala ng'okungubaga olw'okuseerera: 2-3

Essaala ng'okwemulugunya: 4:10-31.

Essaala ey'okungubaga olwo bujjeemu: 5

Essaala okusenziira mu komera: 6

Essaala ettakirizibwa: 7:16

Essaala ey'obwenkanya: 10:23-25

Essaala y'okunnyolwa: 12:1-4

Essaala okuva mu kibi n'ekyeya: 14:7-22

Essaala ye Ggulu ey'okuwolera eggwanga: 15:15-21

Essaala ey'okujjawo okuteesa kw'ababi: 18:18-23

Essaala ey'omutima omukoowu: 20:7-13

Essaala ey'okwebaza olw'obulungi bwa Katonda: 32:16-25

Essaala ey'abakkiriza abaasigalawo: 42

**Okukungubaga:**

Essaala ey'obulumu: 1:20-22

Essaala y'okwatirwa ekisa: 2:19-22

Essaala y'okwemulugunya: 3

Essaala y'abanyigirizibwa: 5

**Ezeekyeri:**

Essaala ng'okuwakanya: 4:14

Essaala y'okukuuma ebyo ebyasigalawo: 9:8-11

Essaala ya yeekaalu: 11:13-16

**Danyeri:**

Essaala y'okuvvunula: 2:17-18

Essaala ey'obujjeemu eri etteeka: 6:10-15

Essaala ey'okwatula: 9

Essaala n'ebirabwako eby'omwoyo: 10

Essaala ekwata ku bufunda bw'obulamu: 12:8-13

**Koseya:**

Katonda agamba eggwanga eriseeredde okusaba essaala y'okwenenya.

**Yoweeri:**

Essaala ey'embaggirawo: 1:19-20

Essaala n'okukaaba: 2:17

**Amosi:**

Essaala ey'okwegema akatyabaga n'okusonyiyibwa: 7:19

**Yona:**

Essaala eri banamawanga abatambulira ku nnyanja: 1:14-16

Essaala y'okuwoma Geyeena: 2

Essaala y'ekibuga ekyenenezeza: 3

Essaala eri nnabbi ey'emulugunya: 4

**Mikka:**

Essaala kwekulindirira Mukama okutuukiriza ekigambo kye

**Kabakuuku:**

Essaala y'okwemulugumya n'obwenkanya: 1:1-4, 12-17

**Malaki:**

Essaala – okuwakanya okusooka: 1:2

Essaala – okuwakanya okwokubiri: 1:6

Essaala – okuwakanya okwokusatu: 1:7, 13

Essaala – okuwakanya okwokuna: 2:17

Essaala – okuwakanya okwokutaano: 3:17

Essaala – okuwakanya okwomukaaga: 3:8

**ESSAALA MU NDAGAANO EMPYA:****Matayo:**

Essaala n'obwetaavu bw'okusonyiyibwa: 5:22-26, 6:12, 14-15

Essaala n'obunanfuusi: 6:5-7

Essaala nga bweyasomesebwa Kristo: 7:7-11

Essaala y'omugenge: 8:1-4

Essaala y'omukulu w'ekitongole: 8:5-13

Essaala mukatyabaga: 8:23-27



Essaala y'abalalu: 8:28-34  
Essaala ya Yeyiro: 9:18-19  
Essaala ey'o mukazi wekikulukuto: 9:20-22  
Essaala yaba muzibe ababiri: 9:27-31  
Essaala y'abakukunguzi mu nnimiro: 9:37-39  
Essaala ya Kristo nga yeebaza Katonda: 11:25-27  
Essaala ku lusozi: 14:23  
Essaala ya Peteero munyiike: 14:28-30  
Essaala ey'omunamawanga omukazi: 15:21-28  
Essaala ey'omutabani omulalu: 17:14-21  
Essaala mu kukiriziganya: 18:19-20  
Essaala mu ngero: 18:23-25  
Essaala olw'ekifo ekye kitiibwa: 20:20-28  
Essaala y'okuwonya obuzibe: 20:29-34  
Essaala ey'okukkiriza: 21:18-22  
Essaala ey'okwegayaaza: 23:14, 25  
Essaala ey'okwewaayo: 25:20, 22, 24  
Essaala ey'okuwaayo okwagala kwo: 26:26, 36-46  
Essaala e Kalivaliyo: 27:46, 50

**Makko:**

Essaala eri dayimoni: 1:23-28, 32-34  
Essaala – enneeeyisa ya Kristo: 1:35, 6:41, 46  
Essaala kulwa muzibe n'ekiggala: 7:31-37  
Okusaba n'okusiiba: 2:18, 9:29  
Essaala ey'omukulembeze omuto: 10:17-22

**Lukka:**

Essaala ya Zakayo: 1:8, 13, 67-80

Essaala ng'okusinza: 1:46-55

Essaala ey'okwagala okusukkulumu: 2:10-20, 25-38

Essaala eggulawo obwengula bwe ggulu: 3:21-22

Essaala ey'okudduka okutegerebwa: 5:16

Essaala nabo ekkumi n'ababiri: 6:12-13, 20, 28

Essaala n'okwayakana: 9:28-29

Essaala ey'engero: 11:5-13, 18:1-8

Essaala y'omwana eyazaawa: 15:11-24, 29-30

Essaala okuva mu Geyeena: 16:22-31

Essaala eya bagenge ekkumi: 17:12-19

Essaala y'omufarisaayo n'omuwooza: 18:9-14

Essaala ya Peetero ey'okumulabirira: 22:31-34

Essaala y'okulumwa: 22:31-34

Essaala ne Mukama azuukidde: 24:30, 50-53

**Yokaana:**

Essaala kulwo Omwoyo: 4:9, 15, 19, 28, 7:37-39, 14:16

Essaala y'omukungu wa Gavumenti: 4:46-54

Essaala y'omugaati ogw'obulamu: 6:34

Essaala ey'okukkakasa: 11:40-42

Essaala ey'obwogi obubiri: 12:27-28

Essaala ng'ekyokwesiimisa: 14:13-15, 15:16, 16:23-26

Essaala mu ssaala: 17

**Ebikolwa bya batume:**

Essaala mu kisenge ekya waggulu: 1:13-14

Essaala ey'omusika: 1:15-26

Okusaba n'okusinza: 2:42-47  
Essaala ngekyokwekuuma: 3:1  
Essaala kulwo obuvvumu mu kubuulira enjiri: 4:23-31  
Essaala n'obuweereza bwe kigambo: 6:4-7  
Essaala ey'okufa kw'omujulizi eyasooka: 7:55-60  
Essaala ey'omusamaliya n'omufuusa: 8:9-25  
Essaala y'omukkiriza omuggya: 9:5-6, 11  
Essaala ya Doluka: 9:36-43  
Essaala ya Koluneriyo: 10:2-4, 9, 31  
Essaala ya Peetero mu kkomera: 12:5, 12-17  
Essaala y'okutikirwa: 13:2-3, 43  
Okusaba n'okusiiba: 13:2-3, 14:15, 23, 26  
Essaala kulubalama lw'omugga 16:13, 16  
Essaala mu bunny: 16:25, 34  
Essaala y'okuwaayo eri obuyinza: 20:36  
Essaala y'okumeeri: 27:33, 35  
Essaala kulw'eyakwatibwa omusujja: 28:8, 15, 28

#### **Abaruumi:**

Essaala kulw'olugendo olulungi: 1:8-15  
Essaala eruhhamiziddwa omwoyo wa Katonda: 8:15, 23, 26-27  
Essaala kulwa Yisirayiri: 10:1, 11:26  
Essaala ng'obuweereza obwa buli lunaku: 12:12  
Essaala y'okulowooza obumu: 15:5-6, 30-33  
Essaala kukuwangula sitaani: 16:20, 24-27

#### **2 Abakolinso:**

Essaala ng'eyomukisa n'obukuumi: 1:2-4  
Essaala y'okujjamu eriggwa: 12:7-10

**Abaefeso:**

Okusaba n'ekifo ky'omukkiriza: 1:1-11

Okusaba kw'okulaba n'amaanyi: 1:15-20

Essaala ng'okutuukirira Katonda: 2:18, 3:12

Essaala y'okujjuzibwa omuntu w'omunda: 3:13-21

Essaala n'oluyimba lw'omuntu w'omunda: 5:19-20

Essaala ng'eterekero ly'omulwany: 6:18-19

**Abafiripi:**

Essaala ng'okusaba kwesanyu: 1:2-7

Essaala n'emirembe mu birowoozo: 4:6-7, 19-23

**Abakolosaayi:**

Essaala ng'ettendo ly'okulaga okwagala: 1:1-18

Essaala ku lwo mukisa olw'ebiyondo omusanvu: 1:9-14

Essaala kwekusa ekimu: 4:2-4, 12, 17

**1 Abassessaloniika:**

Essaala y'okujjukira: 1:1-3

Essaala y'okukyaala kw'okuddayo: 3:9-13

Okusaba, okutendereza olw'okutuukirizibwa: 5:17-18, 23-24, 28

**2 Abassessaloniika:**

Essaala y'okusaanyiza okuyitibwa: 1:3, 11-12

Essaala y'okuzzaamu essubi n'amaanyi: 2:13, 16-17

Okusaba olw'ekigambo n'obukuumi: 3:1-5

**2 Timoseewo:**

Okusabira obuweereza bwa Timoseewo: 1:2-7

Essaala eri ennyumba ya Onesifolo.

Essaala eri ab'oluganda abakyamu: 4:14-18

**Abaebbulaniya:**

Essaala ng'ettendo eri obutonde: 1:10-12

Essaala kulw'ekisa n'okuganja: 4:16

Essaala n'obuweereza bwa Kristo: 5:7-8, 7:24-25

Essaala okwagala kwa Katonda kukolebwe: 12:9, 12, 15

Essaala y'okutuukirizibwa: 13:20-21

**Yakobo:**

Essaala ku lwa amagezi: 1:5-8, 17

Essaala etakwa: 4:2-3

Essaala emmalirira: 5:13-18

**1 Peetero:**

Essaala y'okwebaza eri obusika: 1:3-4

Essaala eri obufumbo: 3:7-12

Essaala y'okwetegeka n'okwegendereza: 4:7

Essaala y'okunywezebwa kw'omukristaayo: 5:10-11

**2 Peetero:**

Essaala y'okwkubisaamu kw'ekisa n'emirembe: 1:2

**3 Yokaana:**

Essaala gwe musingi gw'ekitiibwa: 1:4, 12

**Yuda:**

Essaala mu mwoyo: 20

**Okubukkulirwa:**

Essaala ng'ettendo eri endiga olw'okununulibwa: 5:9

Essaala ng'ekibya kya zaabu ekijjudde obubaane: 5:8, 8:3

Essaala y'abajulirwa abattibwa: 6:10

Essaala y'abannamawanga: 7:9-12

Essaala y'abakadde amakumi abiri: 11:15-19

Esaala ya Musa: 15:3-4

Essaala y'abatukuvu: 19:1-10

Essaala emaliriza Baibuli: 22:17, 20.

(Essaala y'okujulira kuno yajjibwa mu "Essaala zonna mu Baibuli" ekyawandiikibwa E. M Bounds.)

# OKUJULIZA OKWOKUBIRI.

## EBIKULUJHYAMYA MU KUSOMA: OKWEGAYIRIRA OKWA BAIBULI.

Okujuliza mu byawandiikibwa ku ssaala: \_\_\_\_\_

Ani yasaba essaala eno? \_\_\_\_\_

Ebikwata ku muntu ono bikuweereddwa mu bino wammanga:

### **Embala z'omwoyo ennungi ezirabikira mu bulamu bw'omwegayirizi ono:**

Wandiika embala ze ezaamufuula okuba omwegayirizi omulungi oba omubi. (Bino by'ebintu by'oyinza okukopa mu bulamu bwo):

### **Embala embi mu bulamu bw'omwegayirizi buno:**

Wandiika embala n'empisa ze ebyataataaganya obuweereza bwe obwokedwegayirira. (bino by'ebintu by'oyagala okwewala mu bulamu bwo):

### **Okusunsula kw'essaala:**

- Bintu ki ebyaliwo ebyasikiriza omuntu ono okusaba?
- Kiki ekikulu essaala ky'etunuulidde?
- Bintu ki eby'enjawulo ebisabibwa mu ssaala?
- Kitundu ki eky'essaala omuba okwegayirira? Okuwolereza? Okwatula? Okusinza n'okutendereza?
- Waliyo ebiraga okukkiriza oba obutaba n'akukkiriza mu muntu asaba?
- Byawandiikibwa ki ebiragibwa mu ssaala eno?
- Kiki kyojuliza eri Katonda, Yesu oba Omwoyo Omutukuvu?
- Leetayo ku bisuubizo bya Katonda ebisabibwa mu ssaala.
- Essaala yaddibwamu? Ddi? Etya?
- Bw'eba teyaddibwamu, lwaki nedda?
- Biki ebyava mu ssaala?
- Biki by'oyize ku ssaala eno okusobola okwegayirira mu ngeri etuukiridde?

## EBIDDIBWAMU KU BIBUZO EBY'OKWEGEZAAMU:

### ESSUULA ESOKA:

1. Musabe, munaaweebwa. Munoonye, munaazuula. Era mukonkone munaggulirwawo. Kubanga buli asaba aweebwa, n'oyo anoonya, azuula, n'oyo akonkona aggulirwawo. (Matayo 7:7-8)
2. Essaala kwekuwuliziganya ne Katonda. Kuba kwa ngeri nnyingi naye kusinga kubaawo ng'omuntu ayogera ne Katonda ne Katonda n'amwanukula.
3. Baibuli eraga nti essaala eddibwamu:  
Mbagirawo ebiseera ebimu: Isaaya 65:24  
Erwawo ko oluusi: Lukka 18:7  
Yanjawulo ku bye twetaaga: 2 Abakolinso 12:8-9  
Okussukuluma ku bwe tusuubira: Abaefeso 3:20
4. Yafuula essaala ekyetaago n'egoberera buli kintu kyonna eky'omugaso ekibaawo mu bulamu bwe. Laba ku kanyomero aka; "Obulamu bwa Yesu obw'okusaba" mu ssuula esooka.
5. Waliyo emitendera gy'essaala esatu: okusaba, okunoonya, n'okukonkona. Okusaba: kwe kusooka, era kwe kuwaayo by'oyagala eri Katonda n'ofuna okuddibwamu mbagirawo. Okunoonya: kwe kusaba okw'ebuziba mu ssaala yo. Guno gwe mutendera gw'essaala okuddibwamu we kutatera kulabikirawo ng'okyasaba. Okukonkona: Guno mutendera gwa munda nnyo. Y'essaala eremerako bw'oba nga tonnaddibwamu.
6. Okusinza n'okutendereza: okusinza kwe kuwa ekitiibwa n'okwewaayo. Okutendereza kwe kwebaza n'okulaga essanyu olw'ebyo Katonda by'akoze. Okwewaayo: Eno y'essaala y'okuwayo obulamu bwo eri okwagala kwa Katonda, omuli okwetukuza, okuwonga omulimu gwe, n'ebiruubirirwa bye. Okwegayirira kuno kukolebwa ku buli mutendera gw'essaala. Okwenenya: kuno kuba kusaba kisonyiwo ku lw'ekibi ky'okoze. Okwegayirira: omwegayirizi y'oyo atwala obuvunaanyizibwa ne yeegayirira ku lw'omulala.

### ESSUULA EYOOKUBIRI:

1. Era kyava ayinza okulokolera ddala abajja eri Katonda ku bubwe, kubanga abeera mulamu ennaku zonna okubawolereza. (Abaebbulaniya 7:25).
2. Okwegayirira kuyinza okunyonnyolwa nga kwe kusaba Katonda n'obutuukirivu, okukkiriza, n'okugumiikiriza ku lw'omulala eyeetaga ennyo okubeerawo kwa Katonda.
3. Baibuli mu ndagaano empya, obuweereza bw'okwegayirira businziira ku kuyitibwa kwa bakabona ba Katonda. Ekigambo kya Katonda kigamba nti bakabona tuli bakabona abatukuvu (1



Peetero 2:5), Bakabona b'obwakabaka (1 Peetero 2:9), n'obwakabaka bw'abakabona (Okubikkulirwa 1:5)

4. Yesu Kristo.
5. Abeegayirizi bagoberera enkola y'endagaano enkadde n'enkola ya Yesu ey'endagaano empya. Ayimirira mu masekkati g'omuntu omwonoonyi ne Katonda omutuukirivu.
6. Okwegayirira kwetaagisa kubanga Yesu yakikkatiriza mu buweereza bwe obwo ku nsi. Obukulu bwako bulagibwa mu Baibuli ejjudde embooji ku basajja n'abakazi abaafuna okubeerawo kw'amaanyi okuyita mu kwegayirira okutuukiridde. Era okuyita mu kwegayirira okutuukiridde omuntu asobola okugenda mu nsi yonna mu mwoyo.

#### **ESSUULA EYOOKUSATU.**

1. (Lukka 9:1) Awo olunaku lwali lumu Yesu n'ayita abayigirizwa be ekkumi n'ababiri bonna awamu, n'abawa obuyinza okugoba baddayimooni ku bantu n'okuwonya endwadde.
2. Obuyinza bwo eri omulabe bujja kuyita mu Kristo Yesu n'ekifo ky'olina mu Ye ng'omukkiriza. Amaanyi go eri omulabe gajja kuyita mu mwoyo omutukuvu.
3. Ekigambo "okusiba" kyava mu ky'olw'ebbulaniya "Asar" ekitegeeza okusiba, okuggalira, okutujja, okunyweza n'okugatta. Osobola okusiba amaanyi g'omulabe okukolera mu bulamu bwo, ennyumba yo, ekitundu kyo ne mu kkanisa.
4. Okusumulula kwe kuta. Osobola okusumulula abasajja n'abakazi okuva mu busibe bw'ekibi, ennyiike, n'okumalibwamu amaanyi okw'omulabe.
5. Matayo 16:19.
6. Erinnya lya Yesu lya maanyi kubanga bwe buyinza mwe tuyita okwegayirira Katonda. Laba Yokaana 14:14
7. Okuyita mu musaayi gwa Yesu, tusobola okutuuka eri Katonda kitaffe. Abaebbulaniya 10:19-22
8. Okusiiba okulamba kwe kwo mw'osiibira nga tolina ky'olya wadde ky'onywa, eky'okulabirako nga kino kiri mu Ebikolwa 9:9. Okusiiba okw'ekitundu kwe kwo mw'osiibira nga tolya bintu ebimu nga okwa: Danyeri 10:3

9. Okusiiba tekukyusa Katonda, kukyusa ggwe. Katonda akolagana naawe okusenziira ku nkolagana yo naye. Bw'okyuka, n'engeri Katonda gy'akolagana naawe ekyuka.
10. Isaaya 58, annyonyola okusiiba kwa Katonda oba okw'obwakabaka "okwalondebwa."
11. Bw'osiiba ekintu Katonda ky'asooka okukola kw'ekubikkulira obwakabaka bwe (Isaaya 58:9). Ebirala ebiva mu kusiiba biragibwa mu Isaaya 58: kwe kuyitimuka, okuluhhamkzibwa, obugabirizi, okuzzibwa obuggya n'okuddizibwa ebibyo.

#### **ESSUULA EYOOKUNA.**

1. (1 Yokaana 5:14-15). Noolwekyo tulina obuvumu nti bwe tugenda gy'ali ne tumusaba ekintu kyonna, ye nga bw'asiima atuwulira. Era bwe tutegeera nti atuwulira bwe tumusaba, buli kye tumusaba talema kukituwa.
2. Ddamu osome ekitundu ekikwata ku ngeri y'okwegayirira mu ssuula eyookuna.
3. Mu ssuula eyookuna ddamu osome ekitundu ekikwata ku biki byetulina okwegayirira mu ssaala.
4. Ddamu osome ennono z'okwegayirira okutuukiridde mu ssuula eyookuna.
5. Oyiga ebyo Katonda bye yasubiza, n'osaba okusenziira ku bisubizo ebyo, awo n'omaanya nti essaala yo eddibwamu. Enger y'okukola kino kwe kuyita mu Baibuli n'olamba ebisubizo bya Katonda olwo essaalazo ne zisenziira ku bisubizo bino.

#### **ESSUULA EYOOKUTAANO:**

1. Era ne bwe mubisaba, temubifuna kubanga ekigendererwa kyammwe kikyamu; mugenderera kubikozesa ku masanyu gokka. (Yakobo 4:3)
2. Ekibi ekyabuli kika, ebifaananyi ebiri mu mutima gwo, omwoyo gw'obutasonyiwa, n'ebigendererwa ebikyamu, okuyisa obubi munno mu bufumbo, okwetuukiriza, obutakkiriza, obutaba mu Kristo nakigambo kye, obutaba na kusaasira, enkwe, amalala, okuddihhana ebitagasa, obutasabira mu kwagala kwa Katonda, obutasabira mu linnya lya Yesu, ebya Sitaani, ebiziyiza by'emizimu, obutasooka kunoonya bwa Kabaka bwa Katonda: bw'oba tomanyi kusaba nga bw'oteekeddwa.
3. Katonda bw'akulagira okubaako ky'okola oteekwa okukolerawo ky'agambye n'otokozesa kweyagaliza ng'ekyekwaso okukulemesa okukola ekyo ky'alagidde.

## ESSUULA EYOOMUKAAGA.

1. Noolwekyo mumusabenga bwe muti nti, Kitaffe ali mu ggulu, Erinnya Lyo litukuzibwe. Obwakabaka bwo bujje. By'oyagala bikolebwe mu nsi, nga bwe bikolebwa mu ggulu. Otuwenga emmere yaffe eya buli lunaku. Tusonyiwe ebyonoono byaffe nga naffe bwe tusonyiwa abatwonoona. Totuganya kukemebwanaye tulokole eri omubi. (Matayo 6:9-13)
2. Matayo 6:9-13 ne Lukka 11:2-4
3. Essaala ye yatandika n'akagambo akalaga obungi "-affe" era mu ssaala eno tulaba ebigambo nga "otuwe," "otukulembere." Essaala y'ekyokulabirako ssaala y'akwegayirira kubanga osabira abalala nga naawe bwe weesabira.
4. Weeyongerera ddala okusaba. "Nsaba obwakabaka bwo bujje eri obulamu bwe, okwagala kwo kukolebwe. Omuwe obugabirizi olwaleero..." n'ebirala.
5. Amannya ga Katonda gakiikirira embala ye n'ekyo kyaali gye tuli era oyinza n'okusaba kino nga weegayirira ki lwabalala. Okugeza, saba Yakuwa omugabirizi abeeko gw'awa kye yeetaaga.

## ESSUULA EYOMUSANVU.

1. Abantu bange abatumiddwa erinnya lyanze bwe baneetowazanga, ne basaba, ne banoonya amaaso gange, ne bakyuka okuleka amakubo gaabwe amakyamu, kale nnaawuliranga nga nsinziira mu ggulu ne nsonyiwa ekibi kyabwe era ne mponya ensi yaabwe. (2 Ebyomumirembe 7:14)
2. Okussukuluma, oba omulimu gwa Katonda ogutali gwa bulijjo eri abantu be abayize ennono ze ate ne bazikola. Ennono ezibikkuliddwa ekigambo kya Katonda okuleetawo enkyukakyuka.
3. Tukwetegekera nga tugoberera ennono ezitubikkuliddwa mu kigambo kya Katonda. Okuzzibwa obuggya nkola ey'awamu ey'omwoyo wa Katonda n'okuddibwamu okuva ewa Katonda eri abantu.
4. Okuzzibwa obuggya kwetaagibwa ng'embeera y'okuseerera w'eri.
5. Geraageranya ky'ozzeemu n'ekifunze ky'ebyo ebiraga embeera y'okuseerera eri mu ssuula eyoomusanvu.
6. Geraageranya ky'ozzeemu ku nnono za Baibuli ezifunziddwa ku kuzzibwa obuggya mu ssuula ey'omusanvu.
7. Obukulembeze, okukuhhaana, n'ebiziyiza eby'awamu. Birabe mu ssuula eyoomusanvu.
8. 2 Ebyomumirembe 7:14

9. Weetowaze, saba, noonya obwenyi bwa Katonda, weereese enkolazo enkyamu. Birabe mu ssuula eyoomusanvu.

#### **ESSUULA EYOOMUNAANA.**

1. Naye ggwe bw'obanga osaba, oyingiranga mu nnyumba yo, ne weggalira mu kisenge kyo n'osabira eyo mu kyama. Kitaawo ategeera ebyama byo byonna alikuwa by'omusabye. (Matayo 6:6)
2. Eky'okuddamu kisinziira.
3. By'oddamu kuyinza okubaako: obutaba na budde, ebitaataaganya, obukoowu, obutaba na kwagala.
4. Eky'okuddamu kisinziira.
5. Eky'okuddamu kisinziira.
6. Eky'okuddamu kisinziira.

